Abafukeko Amafuta Mu Kiseera Eky'Enkomerero

Mwasuze mutyanno, abawuliriza? Ka twogereko ne Mukama waffe kaakano.

2 Katonda Omukulu, Omutonzi w'eggulu n'ensi, Ggwe mu ngeri y'Obwakatonda atuteekeddeteekedde akaseera kano enkya ya leero, okukusinzizaamu Ggwe. Tusaba, Mukama, tweweereyo ddala mu bujjuvu mu mitima gyaffe eri okukola okwagala Kwo okw'Obwakatonda n'eri okukola kw'Omwoyo Omutukuvu mu ffe, okusobola okuleeta ekyo ky'Oyagala tumanye. Kye tuyaayaanira kwe kubeera Abakristaayo abalungi okusingawo era abasigire Bo abasingako obulungi. Kino tusaba Okituwe enkya ya leero, nga bwe tukulindirira Ggwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

3 Mutuuleeko. [Waliwo abuuza nti, "Ebiremba eby'okusabirwa tubiggyewo?"—Omuk.] Yee. Tusanyuse nnyo okuddamu okuba wano ku makya gano, mu—mu buweereza bwa Kabaka omukulu. Naye tusaba mutusonyiwe, ffe, era, kubanga tetulina bifo bimala bantu, naye kye tukoze. . . Tujja kugezaako okukola kyonna kye tusobola, mu mbeera eriwo.

4 Kaakati, bangi abalina wano ebiremba n'ebyetaago ebirindiridde okusabirwa. Era byonna mbitadde ku ludda lumu; si lwa kuba ssibifuddeeko, naye mbisabira nga mmaze. . . okusingira ddala njagala nnyo. . . n'akawungeezi ka leero, ŋŋenda kubisabira enkya ya leero, n'akawungeezi, nate era, olwo nsabe nnindirire Omwoyo wa Katonda olw'okuwonya. Kale awo we njagalira okusabira ebi—ebiremba n'ebirala.

5 Ate ku byetaago eby'enjawulo, Billy, byonna, yabimpadde. Biwera nga ebikumi bisatu, era, nnaakava mu bisenge muli. Mulaba, mbiyitamu mu bwangu ddala, kimu ku kimu, byonna bye mba nsobodde. Era nja kubikwatako mu bwangu ddala nga bwe nsobola. Ssijja kusobola kubikolako byonna. Nja kukwatamu bukwasi, nzijemu kimu, ŋŋambe nti, "Mukama, kinaaba *kino,* oba kye *kino*?" Bwe ntyo, kubanga byonna, buli kimu ku byo, bya bwetaavu ddala, era byetaago byennyini; bintu, awatali kubuusabuusa, bye tusaanye okwogerako ffenna awamu. Ate nze. . . Okuggyako, omanyi, emirundi egimu Omwoyo Omutukuvu ayinza okwogera ku kimu ku byo kye mba nsomye, ne kisigala ku mutima gwange; nzirayo ku ekyo, ne nkinoonyereza okutuusa lwe nkiraba. Bwe kitaba bwe kityo, mbikwatako mu ngeri y'emu nga bulijjo.

6 Kati, n'ekirala kye twagala okwogera, enkya ya leero, kwe kulamusa abo abali mu bitundu by'eggwanga ebirala. Twagala okulamusa bannaffe enkya ya leero abatweyunzeeko okuyita mu mukutu guno ogw'essimu, abali mu Kibuga New York; Beaumont, Texas; Prescott, Arizona; Tucson, Arizona; San Jose, California; Connecticut; Gainesville, Georgia; ne New Albany, Indiana; wonna mu ggwanga. Tubalamusa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu.

7 Enkya ya leero, mu Indiana, makya malungi. Twafunye enkuba ekiro eyaweweezezza ku budde. Era tu . . . Ekkuŋŋaaniro likubyeko, era buli muntu alindiridde, mu kwesunga okuyitirivu ennyo, essomo ekkulu erya Ssande eno. Era nzikiriza nti emikisa gya Katonda egisingayo obugagga ginaababeerako eyo gye muli.

8 Era tusuubira, mangu ddala nga bwe kisoboka, okukolawo e—entegeka etusobozesa okufuna, engeri we tuyinza okukuŋŋaanira awamu ffenna, oba oli awo nga mu weema ennene, kubanga mpulirira ddala nga nnuŋŋamizibwa okubuulira ku Bibya bino Omusanvu ebisembayo ebiri mu Bayibuli.

9 Kale kaakati, olw'obutalwawo nnyo kiyitiridde enkya ya leero ku ssomo lino ekkulu . . . Nnanoonyezza Mukama, nga nneebuuza muli nti, "Nnaayogera ki?" nga mmanyidde ddala nti luno lwandiba olukuŋŋaana lwaffe olusemberayo ddala lwe tuyinza okuba nalwo. Okujja kwa Mukama kuli kumpi nnyo ddala!

10 Nkizudde nti, oluvannyuma lw'okuteebereza okwo okwakolebwa mu California, amayumba mangi eyo, n'ebifo, ebigenda bikka nga bikkira ku bwangu bwa inci asatu buli ssaawa, embaawo zaatika zikutuka nga bwe zigwaamu. Naye tebamanyi kwe kiva. Tuli ku nkomerero. Amaka agabalirirwamu emitwalo n'emitwalo gya ddoola, gagenda gakka mu ttaka. Nnafunyeyo ku mitwe emikulu egy'omu mpapula z'amawulire, n'ebifaananyi, bye nsuubira okuleeta akawungeezi, kubanga njagala kubaako kye njogera ekikwata ku ekyo akawungeezi ka leero.

11 Ate, n'ekirala, akawungeezi tujja kuba n'okusabira abalwadde. Mujje olw'eggulo, ku ssaawa nga kkumi n'emu, kkumi na bbiri, oba bwe zityo. Tujja kutandika nga bukyali, bwe ndowooza, abantu basobole okuddayo nga bukyali, era musobole n'okufuna kkaadi zammwe ez'ab'okusabirwa. Kale tujja kusabira abalwadde akawungeezi ka leero, Mukama ng'ayagadde.

12 Kati, oluvannyuma lw'okufumiitiriza nga nsaba nti, "Kiki kye nteekwa okukola?" nga mmanyidde ddala nti lumu nteekwa okwanukula olw'ebyo bye njogera wano . . . Kale nnasazeewo, manya nnawulidde nga nnuŋŋamizibwa Omwoyo Omutukuvu okwogera enkya ya leero ku bunnabbi, tusobole okubaako

bye tumanya. Olaba? Kye kintu kye tu. . . Ssinga tusangibwa nga tetumanyi, ne wabaawo ekintu kyonna ekigwaawo mu ngeri eya bulijjo, tusaanidde okuba nga tukimanyiiko. Omwoyo Omutukuvu yakitukwasa, okulabula abantu ku biba bigenda okujja. Mumanyi, Bayibuli egamba, nti, "Katonda takola kintu kyonna nga tasoose kukiraga baddu Be, bannabbi." Era—era nga ne Yesu bwe yalabula abantu, ku ebyo ebyali bigenda okubaawo; ne bannabbi nga bwe baalabulanga abantu, ku byali bigenda okubaawo. Kale naffe kitugwanidde kaakano, mu kiseera ekikulu kye tulimu, okulaba mulembe ki gwe tulimu, n'ebigenda mu maa-. . . n'ebigenda okubaawo mu mulembe guno. Kale erimu ku masomo gano agatali ga bulijjo oba oli awo lye tuyinza okuba nga tusomyeko emirundi emingi, lye lyanzigidde ku mutima oku—okulyogerako eri abantu enkya ya leero.

13 Kaakano ka tubikkule mu Bayibuli zaffe mu Matayo essuula ey'a 24, tusomeyo ekitundu okuva mu Kigambo [Ow'oluganda Branham agogola emimiro gye—Omuk.] (Munsonyiweko.) okugezaako o—okufuna ekinyusi ky'ekitundu kyaffe kye n'omutwe ogw'okuyigirizaako.

14 Kati, mujjukire nti kino tugenda kukiyigiriza nga abayiga Bayibuli, mpola. Mukwate ekkalaamu zammwe n'empapula. Nnina Ebyawandiikibwa bingi ebiwandiikiddwa wano, bye—bye muyinza okwetaaga okuwandiika. Muddeyo eka mubyekenneenye, kubanga wano tulinga abali mu ssomo lya Ssande sukuulu, tusobole okumanya, era tulabuke twetegekere essaawa zino kati ze tulimu.

15 Mu Kitabo kya Matayo Omutukuvu, [Ow'oluganda Branham agogola emimiro gye—Omuk.] (Munsonyiweko.) olunyiriri olw'a 24, manyanga, essuula ey'a 24, gye ntegeeza, okutandikira ku lunyiriri olw'e 15, we njagala okusoma ekitundu okuva mu Kigambo Kye.

> Kale *bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza, Danyeri nnabbi kye yayogerako, nga kiyimiridde mu kifo ekitukuvu, (asomamu, ategeere:)*
>
> *Kale abali mu Buyudaaya baddukiranga ku nsozi:*
>
> *Ali waggulu ku nju—ku nju takkanga kuggyamu bintu ebiri mu nju ye:*
>
> *Ali mu lusuku taddanga nate kutwala kyambalo kye.*
>
> *Naye ziribasanga abali embuto, n'abayonsa mu nnaku ezo!*
>
> *Nammwe musabe ekidduko kyammwe kireme okuba mu biro eby'empewo, newankubadde ku ssabbiiti:*
>
> *Kubanga mu biro ebyo waliba ekibonyoobonyo ekinene, nga tekibangawo kasookedde ensi ebaawo okutuusa leero, era, tekiribaawo nate.*

Ennaku ezo singa tezaasalibwako, tewandirokose n'omu alina omubiri: naye olw'abalonde ennaku ezo zirisalibwako.

Mu biro ebyo omuntu bw'abagambanga nti, Laba, Kristo ali wano, oba nti wano; temukkirizanga.

Kubanga walisituka bakristo ab'obulimba, ne bannabbi ab'obulimba, nabo balikola obubonero obukulu n'eby'amagero; n'okukyamya bakyamye n'abaalondebwa *bennyini, oba nga kiyinzika.*

Laba, mbalabudde.

Kale bwe babagambanga nti, Laba, ali mu ddungu; temufulumanga: laba, ali mu kisenge *munda; temukkirizanga.*

Kubanga ng'okumyansa bwe kuva ebuvanjuba, ne kulabikira ebugwanjuba; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.

Awaba ennyama ensu, awo empungu we zikuŋŋaanira . . .

16 Kati, olw'eky'okuyigako, njagala okutwala olunyiriri olw'a 24, okussa essira ku lunyiriri luno olw'essomo lyaffe ekkulu ery'olwa Ssande enkya ya leero. Era muwulirize bulungi, nga bwe nziramu okulusoma, nate.

Kubanga walisituka bakristo ab'obulimba, ne bannabbi ab'obulimba, nabo balikola obubonero obukulu n'eby'amagero; oba nga kiyinzika, n'okukyamya bakyamye n'abaalondebwa *bennyini.*

17 Kati eky'okuyigako enkya ya leero, manyanga, omutwe, njagala kwogera ku: *Abafukeko Amafuta Mu Kiseera Eky'Enkomerero.* Ekyo kye ky'okuyigako kye njagala okwogerako, oba gwe mutwe: *Abafukeko Amafuta Mu Kiseera Eky'Enkomerero.*

18 Nzikiriza nti tuli mu biseera eby'enkomerero. Ndowooza kyenkana omuntu yenna a . . . Omusomi w'Ebyawandiikibwa, oba n'oyo o—omukkiriza, akimanyi nti kaakano tuli ku nkomerero y'ebyafaayo by'ensi yonna. Tewaliba mugaso gwa kubiwandiika, kubanga tewaliba muntu yenna wa kubisoma. Tuli ku nkomerero ya biseera. Ddi lwennyini, ssimanyi. Ebuzaayo bbanga ki, ne Bamalayika ab'omu Ggulu tebamanyi ddakiika eyo wadde essaawa. Naye Mukama waffe Yesu yatugamba, nti, ebintu bino bye tulaba kaakano bwe biritandika okutuukirira, olwo tuyimuse emitwe gyaffe kubanga okununulibwa kwaffe kuliba kusembedde. Kaakati, ekyo nti "kuliba kusembedde" kye kitegeeza, ssikimanyi. Kiyinza okutegeeza . . .

19 Nga bannassaayansi bwe baagamba olunaku lwa luli, ku tereviizoni, nga boogera ku lwatika lw'ettundutundu

ly'ensi eriweza obuwanvu bwa mayiro nkumi na nkumi erinaatera okugwamu. Yabuuzibwa ekibuuzo nti, "Ky'ogamba kiyinza okugwamu?" Ekyo nno ye Los Angeles, Olubalama lw'Ebugwanjuba. Era bangi ku mmwe mwalaba engeri gye baalulondoolamu nga bakozesa ekyuma ekiketta amayengo ga musisi, nga luyitiramu ddala . . . ne luggukira wansi wa San Jose, ne luyitamu ne lugguka mu Alaska, okuyita mu Bizinga bya Aleutian, mayiro nga ebikumi bibiri wansi mu nnyanja, ne luwetamu eyo wansi ne ludda mu San Diego, ne lwetooloola emabega wa Los Angeles, ate ne lubbulukukira engulu eyo, ne lukola empompogoma ennene.

20 Era ne musisi ono yenna gwe tubadde tufuna kubadde kutokota kw'olunyata wansi eyo nga lwekoona ku bisenge by'oluwompompogoma luno olunene, nga, okuva munda eyo. Ssijjukira linnya lye—lye baakiyita. Naye, bwe kinyeenya, kye kivaako musisi ono yenna gwe tubadde naye okumala emyaka ku Lubalama lw'Ebugwanjuba. Kati nno kyonna kyesaliridde okwetooloola wonna. Era bannassaayansi baagamba, omu . . .

Omusajja yabuuza munne nti, "Ky'ogamba kiyinza okugwamu?"

N'addamu nti, "Si 'kuyinza buyinza,' naye kijja kugwamu."

N'agamba nti, "Naye si mu mulembe gwaffe, oba oli awo?"

N'agamba nti, "Mu ddakiika ttaano okuva kati, oba mu myaka etaano. Tetumanyidde ddala ddi."

21 Wiiki eno, bampeerezza olupapula lw'amawulire nga luliko omutwe, ogwogera ku mayumba amanene ag'ebbeeyi agabalirirwamu emitwalo n'emitwalo gya ddoola agagenda geekaaka nga bwe gaatika, nga abantu bagasengukaamu. Kyokka tebamanyi na ngeri ya kukiziyizaamu. Tewali ngeri ya kukiziyizaamu. Mulaba, Katonda asobola okukola kyonna ky'Ayagala, era tewali muntu yenna asobola kumulagira ngeri ya kukikolamu.

22 Muzimba amayumba, musobola okukola ebintu ebya ssaayansi, naye Katonda ye Mutonzi wa ssaayansi. Mugenda kumuziyiza mutya? Asobola okuzikiriza ensi amakya ga leero nga akozesa enkukunyi ssinga aba ayagadde. Mukimanyi nti, asobola okwogera obwogezi enkukunyi ne zibaawo, era ne zigulumira waggulu mayiro ana okuva ku ttaka mu kitundu butundu eky'essaawa, mukiraba, teri na . . . ne ziryoka zirya abantu okubamalawo ku nsi. Ye Katonda. Akola nga bw'Ayagala. Alina obuyinza bwonna, mu Ye.

23 Kati, okusinziira ku nkuyanja y'obujulizi buno bwonna, obulaga ebiseera bye tulimu kaakano, ndowooza kirungi okwejjukanya ebintu bino n'okubigaziya, nga Obubonero bwe bubikkuddwa, twetegereze amazima g'ebintu bino, nga Katonda bw'abadde omwesigwa ennyo gye tuli, olw'ekisa Kye, okutulaga ebintu bino.

24 Njagala mwetegereze wano mu Matayo 24, Yesu yakozesa ekigambo "Bakristo," B-a-k-r-i-s-t-o, "Bakristo." Si Kristo, naye "Bakristo," bangi, si omu. "Bakristo." N'olw'ekyo, ekigambo *Kristo* kitegeeza "Oyo afukiddwaako amafuta." Kale nno, bwe kiba nti "abafukeko amafuta," tajja kuba omu yekka, wabula abafukeko amafuta bangi, "abo abafukeko amafuta." Mukiraba?

25 Kubanga, ssinga yayagala kwongera kukinnyonnyola mu ngeri emu oba endala tukitegeere okusingawo, Yandigambye nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma walijja abafukeko amafuta, ab'obulimba." Kati, ekyo kirabika nga ekitasoboka kubaawo, laba, kirabika nga ekitafaanana makulu ga "kufukibwako mafuta." Naye weetegereze ebigambo byennyini ebiddirira, "era ne bannabbi ab'obulimba," b-a-n-n-a-b-b-i, mu bungi.

26 Kati, *omufukeko amafuta*, ye oyo, "alina obubaka." Era engeri yokka obubaka gye buyinza okuleetebwamu buyita mu muntu oyo *afukiddwaako amafuta*, era oyo aba alina kuba nnabbi, afukiddwaako amafuta, "waliyimuka abayigiriza abafukeko amafuta, ab'obulimba." Nnabbi ayigiriza obubaka bwe kye bugamba. Abayigiriza abafukeko amafuta, wabula nga bantu abafukeko amafuta abalina enjigiriza enkyamu. Abafukeko amafuta, "Bakristo," mu bungi; "bannabbi," mu bungi. Era nga bwe kiri nti waliyo a—ayitibwa Kristo, omu, kitegeeza bano balina kuba "abafukeko amafuta," kibeere nti obunnabbi bwabwe obw'ebyo bye baliba bayigiriza kwe bajja okwawulirwa, kubanga beebo abafukeko amafuta, abaafukibwako.

27 Kaakati, lino lye ssomo lya Ssande ekkulu, twagala tu—tugezeeko okulyeerulira ddala, okuyita mu Byawandiikibwa, si kuyita mu muntu omu kye yakyogerako, wabula nga tusoma busomi Byawandiikibwa.

Oyinza okugamba nti, "Kino kiyinzika kitya? Abafukeko amafuta bayinza . . . ? Kiki kye baali?"

"Bakristo," B-a-k-r-i-s-t-o. "Bakristo abafukeko amafuta, ne bannabbi ab'obulimba." Nga baafukibwaako amafuta, wabula nga bannabbi ba bulimba!

Yesu yagamba, nti, "Enkuba etonnya ku balungi ne ku babi."

28 Kati, omuntu omu ayinza okumbuuza nti, "Ggwe okkiriza nti amafuta agali ku bantu abo ddala ge mafuta ag'Omwoyo Omutukuvu?" Yee, ssebo, Omwoyo Omutukuvu yennyini omutuufu owa Katonda nga y'asse ku muntu, kyokka nga omuntu ye mukyamu.

29 Kati wuliriza n'obwegendereza olabe Ye kye yagamba. "Era balikola obubonero n'ebyewuunyo, n'okukyamya bakyamye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Kyokka nga bafukiddwaako amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu omutuufu yennyini. Kino nkimanyi nti kiwulikika nga eky'obusiru ennyo,

naye tugenda kutwala akaseera tukinnyonnyole okuyita mu Kigambo, tukakasize ddala nti kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, era ge Mazima.

30 Kati ka tubikkuleko mu Bayibuli zaffe, mu kaseera katono, mu Matayo essuula ey'o 5, tutandikire ku—ku lunyiriri olw'a 45, tulabe kaakati nga bwe tusoma Ebyawandiikibwa bino okumala akaseera. Era kati, bwe tunaaba tuvudde wano, kale, tujja kubawa. . . Olwo ggwe, ssinga tunaalemwa okubisoma okubimalayo byonna, ojja kukwata Bayibuli yo; naawe—naawe osobole okubyesomera nga tuvudde wano nga ozzeeyo eka, era—era osome kiki Bayibuli ky'ekyogerako.

31 Kati tugenda kugenda mpola, tusobole okufuna a—amazima kwe twesigama, kubanga ekigambo kye njogera wano kiwuniikiriza. Omwoyo Omutukuvu ayinza atya okufuka amafuta ku muyigiriza ow'obulimba? Naye ekyo kyennyini Yesu kye yagamba nti kye kiribaawo.

Kati, Matayo, essuula ey'oku 5, olunyiriri olw'a 45, leka tusome kaakano. Leka, tutandikireko wa—waggulu waalwo, ku lw'a 44.

> *Naye nange mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe, musabirenga ababakolimira, muyisenga bulungi abo ababakyawa, . . . mubasabire abo ababanyooma, ne babayigganya;*
>
> *Mulyoke mubeerenga abaana ba Kitammwe ali mu ggulu: kubanga enjuba ye agyakiza ababi n'a . . . abalungi, era abatonnyeseza enkuba abatuukirivu n'a . . . abatali batuukirivu.* (Enkuba bw'etonnya ku babi bw'etonnya ne ku balungi.)

32 Kati kino okukirondoola, okukikwataganya n'obunnabbi obulala obukwata ku nsonga eno, ka tubikkule kati Abaebbulaniya essuula ey'o 6, ku lunyiriri olulala olukwata ku nsonga eno, awo Pawulo w'atujjukiriza ekintu kye kimu ekyo Yesu kye yayogera. Pawulo, nga ayogera kaakano. Nga bwe mukyakinoonya. . . Mmwe abali ku mpewo, Bayibuli zammwe muzisse kumpi mufune n'olupapula, munoonye kino kaakano. Abaebbulaniya, essuula ey'o 6, Pawulo nga awandiikira Abaebbulaniya, nga abalaga ebisiikirize n'ebifaananyi, nga abaggya mu nzikiriza y'Ekiyudaaya okubaleeta mu Bukristaayo, nga abalaga nga ebintu byonna eby'edda bwe byali ebisiikirize by'ebintu ebyali bigenda okujja. Kaakati Pawulo nga ayogera, Abaebbulaniya 6.

> *Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo* (K-r-i-s-t-o, omu), *tuyitirire okutuuka ku bukulu; obutateekawo mulundi gwa kubiri musingi kwe kwenenya . . . ebikolwa ebifu, n'okukkiriza eri Katonda.*

Eby'o . . . kuyigiriza okw'okubatiza, n'okuteekako emikono, n'okuzuukira kw'abafu, n'omusango ogutaggwaawo.

Era bwe tunaakola bwe tutyo, Katonda bw'anaayagala.

Kubanga abo abaamala okwakirwa, ne balega ku kirabo eky'omu ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,

33 Mbasaba mwetegereze katono wano. Mukirabye? Nti ekyo kiri "kirabo"; so si "birabo, si abalega ku birabo eby'omu ggulu"; wabula, "ekirabo eky'omu ggulu," kimu; "Kristo," omu; "ekirabo," kimu.

. . . ekirabo eky'omu ggulu, ne . . . bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,

Ne balega ku . . . *kigambo kya Katonda, . . .* (ne balega ku ki?) . . . ku *kigambo kya Katonda, ne ku* maanyi *ag'emirembe egigenda okujja,*

Ne bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo okwezza *obuggya olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda, ne bamukwasa ensonyi mu lwatu.*

Kubanga, (wuliriza) *ensi . . . enywa enkuba egitonnyako emirundi emingi,* okusobola okubala *enva ezibasaanira abo b'erimirwa, efuna* emikisa *okuva eri Katonda:*

Naye bw'ebala amaggwa . . . ne ssere tesiimibwa, era eri kumpi n'okukolimirwa; enkomerero yaayo kwokebwa.

34 Kaakati ekyo ddamu okigeraageranye ne Matayo 5:24. Wekkaanye, Yesu yagamba nti enkuba n'omusana bijja ku nsi, era nti Katonda abisindika okutegekera abantu abali ku nsi emmere n'ebirala. Era enkuba esindikibwa lwa mmere, na nva ezimera. Naye eŋŋaano ey'omu nsiko, ebiddoddo, nga nabyo bwe biba mu nnimiro, nabyo bifuna ekintu kye kimu. Enkuba y'emu ekuza eŋŋaano y'enkuba y'emu ekuza n'omuddo.

35 Nga lumu nnafuna eky'okuyiga ku nsonga eyo, omulundi gwe nnasooka okusisinkana Abapentekoote! Era kyali kyakuyiga kya maanyi nnyo gyendi. Nnalaba abasajja babiri, nga omu . . . Nnali ssiwulirangako nnimi nga zoogerwa. Omu yali ayogera mu nnimi, ate oli omulala n'azivvuunula, nga bwe bawaanyisiganya. Ate nga bye boogera bituufu, nga bagamba nti, "Wano waliwo bangi abasaanye okwenenya akawungeezi kano. Waliwo abakazi n'abasajja, bonna wamu." Era abantu ne basituka ne bagenda ku wolutaali.

Muli ne ndowooza nti, "Nga kya kitiibwa!"

36 Oluvannyuma nga nkozesa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu ekitonotono, nnayogerako n'abasajja abo, mu ngeri, omanyi, mu ngeri y'okumanya eby'omu buziba bw'omu mitima, okugezaako okukitegeera. Era omu ku bo yali Mukristaayo yennyini omutuufu, era nga muweereza wa Kristo yennyini, naye omulala yali munnanfuusi. Era omu ku bo, oli eyali munnanfuusi, yalina omukazi ow'enviiri enzirugavu, naye ate nga alina gw'apepeya naye ow'enviiri eza kyenvu era nga yamuzaalamu n'abaana. Kale, nga nkirabira ddala mu kwolesebwa awo wennyini; nga tekiyinza kuwakanyizibwa. Ne njogerako naye ku nsonga eyo. N'antunuulira ne yeetooloola n'abulirayo emmanju w'ekizimbe.

37 Kati mu butuufu, nnatabulwa. Nnali ndowooza nti ntuuse mu bamalayika, wabula nneebuuza oba nnali ssiri mu masetaani. Kino kisoboka kitya? Kyannema okutegeera. Era nnakyesonyiwa okumala emyaka egiwerako, okutuusa lumu bwe . . .

George Smith, omuvubuka ayogereza muwala wange, jjo bwe twayambuse, eri ku kyuma ky'obuwunga ekikadde bulijjo gye ŋŋenda okusaba.

38 Waayitawo ennaku eziwerako nga ndi munda eyo, Omwoyo Omutukuvu n'ankomezaawo Ekyawandiikibwa kino: "Kubanga enkuba etonnya bulijjo ku nsi okumeza enva z'ebikoola, naye n'amaggwa n'omwennyango enkuba y'emu eyo y'ebibeezaawo, kyokka nga byo enkomerero yaabyo kwokebwa." Bibeererawo ku nsibuko y'obulamu y'emu eya Katonda. Ne ndyoka nkitegeera, nti, "Bategeererwa," Yesu yagamba nti, "bategeererwa ku bibala byabwe."

39 Kati, n'olwekyo, enkuba etonnya ku bimera eby'oku nsi, kifaananyi kya nkuba ey'Omwoyo ereeta Obulamu Obutaggwaawo, nga etonnya ku Kkanisa, kubanga tugiyita enkuba eya ttoggo n'enkuba eya ddumbi. Kale eba nkuba, nga efukibwa okuva mu Mwoyo wa Katonda, ku Kkanisa Ye.

40 Weetegereze, wano waliwo ekintu ekyewuunyisa ennyo. Olaba? Ensigo ezo we zaagendera mu ttaka, mu ngeri yonna gye zaagendamu, okusooka kwa byonna zaali za maggwa. Naye ate n'eŋŋaano eyasigibwa mu ttaka, n'enva ezimera, nazo zaali nva ezimera okusooka kwa byonna. Era buli muddo bwe gwagenda guddamu okwezaala, nga guzaala ekika kyagwo kyennyini, kyalaga ekyo kye gwali okuva ku lubereberye.

41 "Era balikyamya n'Abalonde ssinga kyali kisoboka," kubanga bafuna enkuba y'emu, omukisa gwe gumu, boolesa obubonero bwe bumu, ebyewuunyo bye bimu. Mukiraba? "Balikyamya, oba baakukyamya n'Abalonde ssinga kyali kisoboka." Kaakati, eriggwa terisobola kwewala kubeera liggwa, n'eŋŋaano nayo tesobola kwewala kubeera ŋŋaano; buli kimu kiba ekyo Omutonzi kye yategeka kibe ku lubereberye. Abo be Balonde. Enkuba y'emu!

42 Enjuba bulijjo evaayo ku makya n'eyaka ku nsi wonna, nga bw'eyasenga ku nsi ne mu mulembe guno gwe tulimu. Era enjuba, enjuba y'emu eviirayo e Buvanjuba ye njuba y'emu egwa e Bugwanjuba. Era enjuba eyo esindikibwa okwengeza ensigo ku nsi, emibiri gyaffe mwe gikolebwa.

43 Ffe okubeera abalamu tulya bintu ebiba bifudde. Eyo ye ngeri yokka gy'oyinza okubeera omulamu. Kale oba nga walina okubaawo ekintu ekifa buli lunaku ggwe osobole okuba omulamu, mu by'obutonde, kati olwo ssi kituufu nti nga o—omubiri gwo bwe gwetaaga okukozesa ebintu ebiba bifudde okubeerawo, okubeezawo obulamu obwa bulijjo, naawe mu ngeri y'emu wateekwa okubaawo Ekintu ekifa, mu ngeri y'omwoyo, okusobola okulokola obulamu bwo obw'omwoyo. Era Katonda, yayambala omubiri, omuntu, n'afa tusobole okubeera abalamu. Teriiyo kkanisa, teri kintu kirala kyonna ku nsi kiyinza kukulokola okuggyako Katonda. Babeerawo lw'ekyo kyokka.

44 Kati yita mu Byawandiikibwa. Yesu ye Kigambo. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeera wamu naffe. Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo yali ne Katonda. Kigambo n'afuuka omuntu, Oyo eyaliwo, eyabeera awamu naffe." "Era omuntu taabenga mulamu na mmere yokka," ey'omubiri, "naye anaabangawo olwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Kati awo, okiraba, tubeerawo ku bwa Kigambo, era ekyo ye Katonda.

45 Kati akasana kajja ne kengeza empeke. Wabula, tekayinza kugyengeza yonna mulundi gumu. Wabula nga bwe yeeyongera, okukula, egenda eyengera okutuusa lw'efuukira ddala ekirimba ekijjuvu.

46 Bwe kityo bwe kiri, ne leero, eri Ekkanisa. Yatandika nto, emabega eri mu mulembe gw'ekizikiza, mu kiseera we yabeerera mu ttaka. Kaakano ekuze emaze okukakata. Era tusobola okulabira, ddala, engeri Katonda bulijjo okuyita mu butonde . . .

47 Tosobola kutaataaganya butonde. Ogwo gwe mutawaana oguliwo ennaku zino. Tukasuka zi bbomu, ewala eyo mu liyanja eryo, ne tulisiikuula ne tulitabangula lyonna ne bbomu zi nnamuzisa. Awo wonna oba oyongera bwongezi kumogolako ttaka liri, nga ligwaamu. Bw'otemawo emiti; emiyaga gijja kukutwala. Bw'ozimba ebbibiro ku mugga; gujja kwanjaala.

48 Olina okuzuula engeri ya Katonda gy'akolamu ebintu era oginyweereremu. Abantu mu makanisa tubakozeemu ebibiina by'amadiini n'obubondobondo; laba bye tufunyeemu! Ggwe nywerera mu kkubo lyakyo Katonda lye yakiteerawo.

49 Naye, olaba, "Aweereza enkuba," bwe tuddayo ku ky'okuyiga kyaffe, "eri abalungi n'ababi." Yesu kati wano akugamba, mu Matayo 24 nti, kaliba kabonero mu biseera eby'enkomerero.

50 Kaakati, akabonero kano bwe kaba ka kumanyibwa mu kiseera kya nkomerero wokka, kitegeeza kateekwa kubaawo

luvannyuma lwa kubikkulwa kwa Bubonero obwo. Olaba? Kabonero ka nkomerero. Era kalibeerawo, nga ebintu bino bigenda mu maaso, kalibeerawo mu kiseera kya nkomerero. Era kaliba kabonero, kibeere nti, Abalonde baleme kutabulwa mu bintu bino. Ekyo mukiraba? Kale nno, kateekwa okubikkulwa, kaasanguzibwe.

Weetegereze, byombi eŋŋaano n'omuddo bikulira ku Mafuta ge gamu agava mu Ggulu. Byombi bigasanyukira.

51 Kino nkijjukira, nga njuliza ekintu ekyo ekyaliwo engulu eri ku olwo ku Green's Mill. Nna—nnalaba okwolesebwa okwo nga kubaawo. Waaliwo ensi engazi, yonna nga ekabaddwa bulungi. Ne wafuluma Omusizi, okusooka. Ekyo njagala mukisseeko ebirowoozo. Mwetegereze ekisooka okuvaayo, ate n'ekikiddirira. Era Omusajja ono eyali ayambadde ebyeru bwe yavaayo nga yeetooloola ensi, nga asiga ensigo, oluvannyuma emabega We ne wajja omusajja, nga ayambadde biddugavu, nga alabika agenda yebbirira bwebbirizi, agenda amulondoola emabega We, nga asiga ensigo z'omuddo. Era kino bwe kyabaawo, oluvannyuma ne ndaba ebimera eby'engeri zombi nga bitutunukayo. Era bwe byamera, ebimu yali ŋŋaano ate ebirala nga muddo.

52 Awo ekyeya ne kijja, olwo, byombi ne birabika, nga ebikotese emitwe gyabyo nga bikaabira enkuba. Awo ne wajja ekire ekinene ne kibuutikira ensi, enkuba n'etonnya. Kale eŋŋaano n'eyimuka n'egamba nti, "Mukama atenderezebwe! Mukama atenderezebwe!" N'emiddo nagyo ne gisituka ne gireekaana nti, "Mukama atenderezebwe! Mukama atenderezebwe!" Ebyavaamu bye bimu. Byombi byali bizikirira, nga byombi biggwaawo. Eŋŋaano n'emera n'efuna ennyonta. Naye engeri gye byali mu musiri gwe gumu, mu nnnimiro y'emu, mu kifo kimu, nga bifukirirwa amazzi ge gamu, eŋŋaano ennungi yavaayo n'eŋŋaano ey'omu nsiko n'evaayo nga ziyambibwa ekintu kye kimu kyennyini. Weetegereze, okufukibwako amazzi kwe kumu okumeza eŋŋaano, kwe kumeza n'omuddo.

53 Omwoyo Omutukuvu y'omu afuka amafuta ku Kkanisa, oyo abawa okuyaayaana okw'okulokola emmeeme z'abantu, oyo abawa amaanyi okukola eby'amagero, Akka ku batali batuukirivu ne ku batuukirivu mu ngeri y'emu. Omwoyo y'omu yennyini! Kati, tosobola kukikwata bulala ate n'otegeera Matayo 24:24. Yagamba nti, "Walijja Bakristo ab'obulimba," abafukeko amafuta, ab'obulimba. Abafukiddwaako amafuta n'Ekintu ekya nnamaddala, naye ate babeere bannabbi baakyo ab'obulimba, nga bayigiriza baakyo ab'obulimba.

54 Kiki ekyandireetedde omuntu okwagala okuba omuyigiriza ow'obulimba ku kintu eky'Amazima? Kati mu kaseera katono tujja kutuuka ku kabonero k'ensolo, era mujja kulaba nti kibiina kya ddiini. Olaba? Abayigiriza ab'obulimba; abafukeko amafuta ab'obulimba. Bakristo abafukeko amafuta, wabula

nga bayigiriza ba bulimba. Eyo ye ngeri yokka gy'oyinza okukitegeeramu.

55 Nga ekyaliwo wano gye buvuddeko, nnali nkyogeddeko. Era nnyinza okukinokola kubanga tuyungiddwa ku mpewo mu ggwanga lyonna. Lumu nnali njogera ne mukwano gwange, kino kye njogerako amakya ga leero gye kyabeererawo, eri mu Arizona. Era yalina e—essamba y'ebibala ebiri mu kika ky'emicungwa. Mu yo yalinamu omuti nga mucungwa nga gubaze emizabbibu, enniimu, mangada, ne sseccungwa. Nneerabidde n'okwerabira ebika by'ebibala eby'enjawulo ebyali ku muti ogwo ogumu. Era nnagamba o—o—omusajja, nnamubuuza nti, "Kino kijja kitya? Ogwo muti gwa ngeri ki?"

N'aŋŋamba nti, "Omuti, ku bwagwo, gwa mucungwa."

Ne ŋŋamba nti, "Kijja kitya okuba nga guliko emizabbibu? Lwaki guliko nniimu?"

N'agamba nti, "Byagukookerwako bukookerwa."

56 Ne ŋŋamba nti, "Nkitegedde. Kale, kaakati," ne ŋŋamba nti, "ekitegeeza, omwaka ogujja omuti ogwo bwe gulibala ebibala ebirala," kuba byonna byengerera kumpi mu kiseera kye kimu, ne ŋŋamba nti, "ekitegeeza gulibala micungwa gyokka. Bwe guba muti gwa mucungwa ogwa kakundi, gulibala micungwa gya kakundi, si bwe kiri, ssebo?"

N'agamba nti, "Nedda, ssebo. Buli ttabi ekkookereko lijja kubala bibala bya kikula kyalyo."

Ne ŋŋamba nti, "Ky'otegeeza nti ettabi ly'omulimaawa eryo liribala nnimaawa nga ligijja mu muti ogwo ogw'omucungwa?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo."

"Nery'omuzabbibu linaabala zzabbibu nga eva mu muti ogw'omucungwa?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo. Obwo bwe butonde bw'ettabi eryagukookerwako."

Ne ŋŋamba nti, "Katonda atenderezebwe!"

N'ambuuza nti, "Kiki ky'otegeeza?"

Ne ŋŋamba nti, "Nninayo ekibuuzo ekirala kimu. Kakaati, omuti ogwo ogw'omucungwa guliddamu nate ne gubala emicungwa?"

57 N'agamba nti, "Bwe gulissaako ettabi eddala eryagwo." Bwe *gulissaako* ettabi eddala eryagwo, nga terikookeddwaako bukookerwa. Wabula, bino byonna bibala ebiri mu kika ky'emicungwa, era biriisibwa bulamu bwa mucungwa obuli mu muti ogw'ekika ky'emicungwa.

58 Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo kyennyini! Abamesodisiti bajja kuzaala Bamesodisiti, bulijjo. Ababaputisiti bajja kuzaala Babaputisiti, bulijjo. Abakatuliki bajja kuzaala Bakatuliki, bulijjo. Wabula Ekkanisa ya Katonda omulamu ejja kuzaala

Kristo okuviira ddala ku kikolo, kye Kigambo bulijjo, ssinga esibuka ettabi eddala ery'omuzabbibu ogw'ekika Kyalyo."

59 Kati, osobola okulikookerako okwo, okiraba. Buli zzabbibu lyonna, enniimu, sseccungwa, mangada, buli kika kya bibala ebiri mu kika ky'emicungwa, buli kimu ku byo kisobola okukulira ku muti ogwo; wabula nga biwa obujulizi obw'obulimba ku ekyo omuti kye guli, ate nga ku muti kwe birya. Mukiraba? Bikulira era byeyagalira ku bulamu obwa nnamaddala obuli mu muti ogwo.

60 Kati nno, ekyo kye kiri mu Matayo 24:24, nga babeerawo ku Bulamu bwe bumu, wabula nga bakyamu okusooka kwa byonna. Nga obujulizi bwe bawa ku Muti ogwo bwa bulimba! Omuti nga gwo gwa mucungwa, era guli mu luse lwa bibala ebyefaananyiriza omucungwa. Era bagamba mbu, "Ekkanisa eno, ekibiina ky'eddiini kino kijulira Kristo." Naye ate nga kirina embatiza enkyamu, kijuliza Ekigambo mu bukyamu, nga kigezaako okugamba mbunno amaanyi ga Katonda gaali ga bayigirizwa bokka?

61 Yesu, Mwene, yagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri buli ttabi lyonna eriri . . . omuti lye gulibala, buli ttabi eriribeera mu muti. Era obubonero buno buligoberera amatabi gennyini amatuufu." Ludda wa? Kasita guba nti Muti, kasita guba nga Gukyamera amatabi, okutuuka ku nkomerero y'ensi. "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; baanayogeranga ennimi empya; banaakwatanga emisota; banaanywanga ebitta; banaateekanga emikono ku balwadde nabo banaawonanga." Mulaba akaseera ke tulimu? Mulaba Yesu kye yagamba?

Mujjukire nti, kino kya kubaawo mu biseera bya nkomerero, so si mabega eri mu biseera bya Wesley. Kati, ku nkomerero, kino we kyalina okubeererawo.

62 Kati weetegereze Ebyawandiikibwa; ka Biwe obujulizi. Yesu yagamba nti, "Mukebere mu Byawandiikibwa, kubanga mu Byo mulowooza, oba mukkiriza nti, mmwe mulina Obulamu Obutaggwaawo, ate nga Bye bimu Ebyo ebinjogerako." Amakulu nti, omuti guno bwe gulimala ne gussaako ettabi . . . "Nze Muzabbibu, Omuti; mmwe matabi. Oyo akkiriza Nze, emirimu gye nkola naye aligikola," Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12.

Kati, "Oyo abeera mu Nze, oyo . . . oyo eyali mu kikolo Kyange ku lubereberye."

63 Eyo ye nsonga lwaki Yesu yali byombi Ekikolo era Muzzukulu wa Dawudi. Yaliwo nga Dawudi tannabaawo, n'abeera mu Dawudi, n'abaawo n'oluvannyuma lwa Dawudi, yali byombi Ekikolo era Muzzukulu wa Dawudi; Emmunyeenye y'Enkya, Ekimuli kya Roza ekya Saloni, Eddanga ery'omu Kiwonvu, Alufa era Omega; Kitaffe, Omwana, era Omwoyo Omutukuvu. "Mu Ye mwe mutuula obulamba bwa Katonda

mu bujjuvu nga bwambadde omubiri." Byombi Ekikolo era Muzzukulu wa Dawudi!

64 "Oyo nga bwe Bulamu obwalondebwa, Obulamu obwateekerwateekerwa obuli mu Nze," era Ye Kigambo, "okuva ku lubereberye; bw'alirabika, alibala ebibala Byange." Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12.

Naye abalala bajja kubeerawo ku kintu kye kimu, nga beeyita Bakristaayo era bakkiriza. "Si bonna abagamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange,' nti baliyingira."

Kati, kino kya kubaawo era kya kulabisibwa mu nnaku ez'oluvannyuma, "ebyama bya Katonda we birina okutuukiririra," nga bwe tunaakituukako oluvannyumako.

65 Emiti gino, omuzabbibu omutuufu n'omuzabbibu ogw'obulimba! Bulijjo mubadde mumpulira nga nkibuulirako okuva edda, emyaka mingi egiyise, nga bwe gizze gikulira awamu. Nga gyombi ngiraga engeri gye gikolera mu bantu, okuva ku Kayini ne Abeeri, emizabbibu ebiri egyasisinkanira ku kyoto; nga bombi basinza, bombi baliko amafuta, bombi bayaayaanira obulamu, era nga basinza Katonda y'omu. Naye omu n'agaanibwa ate omulala n'akkirizibwa.

66 Era engeri yokka oyo eyakkirizibwa gye yasobola okukola eky'enjawulo okuva ku kya muganda we: ye kyamubikkulirwa bubikkulirwa. Kubanga Bayibuli egamba nti, "Olw'okukkiriza . . ." Abaebbulaniya, essuula ey'e 11, "Olw'okukkiriza Abeeri yawa Katonda ssaddaaka esinga obulungi okukira eya Kayini, Katonda kwe yamutegeereza nti yali mutuukirivu."

Yesu, yayogera, ku kubikkulirwa okw'omwoyo okw'ekyo kye Yali! "Abantu Nze Omwana w'omuntu bampita ani?"

Yagamba, Peetero n'agamba nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

67 "Olina omukisa ggwe, Simooni—Simooni, mutabani wa Yona; omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino. Kitange ali mu Ggulu y'Akibikkudde. Ku lwazi luno kwe ndizimba Ekkanisa Yange," (ku ki?) ku kubikkulirwa okutuufu okw'Ekigambo. Omuzabbibu ogw'amazima gwegwo nate. "Abeeri, olw'okukkiriza!"

Wandigamba nti, "Tekwali kubikkulirwa."

68 Okukkiriza kye kiki? Okukkiriza kye kintu ekikubikkulirwa; nga tekinnabaawo, wabula nga ggwe okkiriza nti kijja kutuukirira. Okukkiriza kwe kubikkulirwa kw'ebyo Katonda by'ayagala bikolebwe. N'olw'ekyo, kwali kubikkulirwa!

69 Naye amakanisa ensangi zino tegakkiririza na mu kubikkulirwa okw'omwoyo. Baliko enjigiriza enjiiye obuyiiye ez'enkola ez'obuntu ze bakkiririzaamu. "Olw'okubikkulirwa Abeeri yawa Katonda ssaddaaka esinga obulungi okukira eya

Kayini, Katonda kwe yamutegeereza nti yali mutuukirivu." Amiina. Nsuubira nti ekyo mukiraba. Mulaba we tuli? Essaawa mugiraba?

Nnali njogera n'o—n'omwami omu ebbanga si ddene eriyise, Omukristaayo omuyivu mu by'eddiini era ow'eggonjebwa. N'agamba nti, "Mw. Branham, ffe buli kubikkulirwa kwonna tukugaana."

Ne ŋŋamba nti, "Awo nno mulina n'okugaana Yesu Kristo, kubanga Ye kwe kubikkulirwa kwa Katonda, Katonda nga abikuliddwa mu mubiri gw'obuntu." Ekyo bw'oba tosobola kukiraba, wabula.

70 Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga mukkirizza nti Nze Ye, mulifiira mu bibi byammwe." Ye kwe kubikkulirwa kwa Katonda, Omwoyo wa Katonda alabisiddwa mu ndabika ey'obuntu. Ekyo bw'olemwa okukikkiriza, oba obuze. Bw'omufuula omuperesoona ow'okusatu, oba omuperesoona ow'okubiri, oba omuntu omulala yenna atali Katonda, oba obuze. "Bwe mutakkirizza nti Nze Ye, mulifiira mu bibi byammwe." Kubikkulirwa!

71 Kye baava balemwa okumulaba. "Teri muntu asobola okujja gyendi okuggyako nga Kitange amuwaludde. Era bonna Kitange be yampa," mu kikolo, "balijja gyendi." Mukiraba? Mukitegeera? O, nga kitugwanidde okumwagala ennyo, ne tumugulumiza, ne tumutendereza; okuba nti tusobola okulaba ekibala ky'Omwoyo mu nnaku ez'oluvannyuma, n'Omuti Omugole nga gutanudde okwengera ku ntikko y'ebiseera!

72 Omuzabbibu ogw'amazima n'omuzabbibu ogw'obulimba, gyombi gyalina amafuta ge gamu. Amazzi gaagitonnyako gyombi. Ky'ova olaba Yatulabula nti, "Gwandikyamizza n'Abalonde bennyini ssinga kyali kiyinzika."

Weetegereze, gifaanagana. Gyafukibwako amafuta ge gamu. Naye labayo, "Olw'ebibala byagyo . . ." Wali wa kugimanyira ku ki?

73 Omanyira ku ki nti eryo ettabi si lya mucungwa? Kubanga libaze zabbibu. Ettabi eryo ery'omuzabbibu lyo teririiko kabi, liri mu muti, naye libala zabbibu. Terifaanana nga liri eryasooka.

74 N'ekkanisa bw'egamba nti "bakkiriza nti Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," ate ne beegaana Amaanyi Ge, ne beegaaana emirimu Gye, ne beegaana Ekigambo Kye; ssinga—ssinga . . . Ekkanisa ekkiririza mu Yesu Kristo, ejja kukola emirimu gya Yesu Kristo, ejja kubeera n'Obulamu bwa Yesu Kristo. Era bwe kitaba bwe kityo, Obulamu ne bwe bugifukibwamu, bw'eba teyateekerwateekerwa, okuva ku kikolo, ejja kubala zzabbibu buli mulundi, oba ekirala kyonna. Naye bwe kiba nga Obulamu obwateekerwateekerwa, bwe buli mu kikolo, ejja kubala Yesu Kristo oyo omu jjo, leero,

n'emirembe gyonna, bwe kiba nga Kigambo kye kiviira ddala mu Kikolo. Nga, Ye kye Kikolo, entandikwa y'ebiseera.

75 Weetegereze, naye ekyo ekibavaamu kw'olabira enjawulo. "Ku bibala byabwe," Yesu bwe yagamba nti, "kwe mulibalabira." "Abantu tebanoga zzabbibu ku mwennyango," omwennyango ne bwe guba nga ddala gwakookerwa ku muzabbibu. Ekyo oba oli awo kisoboka, naye ebibala bijja kubyawula.

76 Ebibala kye kiki? Kye Kigambo, ky'ekise-. . . bye bibala eby'omu kiseera ekyo. Ekyo kye kitegeeza, ye njigiriza yaabwe. Enjigiriza ku ki? Enjigiriza y'omu kiseera ekyo, ekiseera ekiba kiriwo. Abaffe, njigiriza za bantu, njigiriza za bibiina bya madiini, oba Kigambo kya Katonda eky'ekiseera ekyo?

77 Kati, obudde budduka nnyo, naye ekyo twandikiruddeko nnyo. Naye nkakasa nti mmwe abali wano kati, era nkakasa nti nammwe abali eyo mu ggwanga lyonna, musobola okulaba kye ngezaako okubabuulira, kubanga tetulina budde bumala kukirambululira ddala.

78 Naye musobola okukiraba nti Amafuta gakka ku babi, abayigiriza ab'obulimba, ne gabaleetera okukolera ddala ekyo Katonda kye yabagaana okukola; naye mu ngeri yonna, bajja kukikola. Lwaki? Tebayinza kukyebeera. Omwennyango guyinza gutya okuba ekintu ekirala kyonna ekitali mwennyango? Enkuba ennungi ne bw'egutonnyako okwenkana wa, gusigala mwennyango. Eyo ye nsonga lwaki Yesu yagamba nti, "Biriba bifaanagana nnyo n'okutuuka okulimba Abalonde bennyini," abo abasibukira ddala mu kikolo, "ssinga kyali kisoboka," wabula tekisoboka. Eŋŋaano teyinza kukola kirala okuggyako okubala eŋŋaano; kye kyokka ky'eyinza okubala.

79 Mwetegereze. Mujjukire nti, Katonda si ye mutandisi w'ebibiina ebigunje. Ssetaani ye mutandisi w'ebibiina ebigunje. Ekyo nkikakasizza okuyita mu Kigambo, buli ludda, ne nkiddiŋŋana; tekyetaagisa kukiyingiramu nate ku makya gano. Tumanyi nti Katonda takolangako bibiina bya bantu bigunje bw'atyo, okukola ekibiina ekigunje kyonna. Waamala kuyitawo myaka bikumi na bikumi oluvannyuma lw'okufa kw'omutume eyasembayo, ne balyoka bakola ekibiina ekigunje ekyasooka. Byakakasibwa kuva dda nti byalemwa. Bwe kiba si bwe kiri, lwaki ffenna tetuli bumu mu kwagalana leero, Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abakatuliki n'abalala bonna? Lwaki emirimu gya Katonda tegitugoberera, nga ate, buli kkanisa eri ku kintu kye kimu, Ekigambo? Ebintu ebyo ebyawulayawula mu bantu, obw'oluganda. . . Tweyongedde wala nnyo okuva ku Katonda okusinga bwe twali tubadde, amakanisa, ge njogerako.

80 Kati, tugambibwa nti, "Ebintu byonna eby'edda byaliwo nga bya kulabirako, bya kutuyigiriza, kutugolola, awamu

n'okutuzimba." Nti, ebintu byonna eby'edda eby'Endagaano Enkadde ebyaliwo, byali bisiikirize, okutulaga ebyo ebyali eby'okubaawo mu Ndagaano Empya, mu nnaku zaffe.

81 Kiringa ssinga oba tolabanga ku mukono gwo, n'otunula waggulu n'olaba ekisiikirize ku kisenge, nga omukono gwange bwe gwandirabise mu kitangaala. Bwe guba n'engalo ttaano wano mu kisiikirize (nga kye kyeziyezi), oluvannyuma n'oyimusa emikono gyo okugyolekeza eno (nga kye kya nnamaddala), n'ogyolekeza kiri—n'ogyolekeza kiri ekyeziyezi, guteekwa okuba n'engalo ttaano.

82 Nga Bayibuli bw'etugamba, ku, "Ndagaano Enkadde bw'eri ekisiikirize, ekifaananyi ky'ebintu ebiggya, oba ebyo ebyali bigenda okujja; si ebyo byennyini ebiriwo, naye kisiikirize, kifaananyi kya bintu ebyo ebigenda okujja."

83 Ka tuddeyo emabega tulabe oba ekintu kino kyali kibaddewokko mu mulembe omulala gwonna. Muli beetegefu? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Tusobole okumanya, kino engeri y'okukikakasaamu, nga tujuliza wano ne wali, nga tukozesa Kigambo; so si ndowooza ya muntu yenna, oba endowooza ey'engeri yonna.

84 Ssifaayo ne bw'aba ani; omuntu omulala yenna, nze mwene oba omuntu omulala yenna, "Bw'atayogera kusinziira ku mateeka ne bannabbi, nga mu ye temuli Musana." Mukiraba? Ekyo Bayibuli ky'egamba. "Ekigambo kya buli muntu bubeerenga obulimba, Ekyange kibeere amazima," ka abe ani yenna.

Kati ka tuddeko emabega tulabe oba kino kyali kibaddewokko, kitulage eky'okulabirako.

85 Tuyinza okuddako emabega wano kati mu Kitabo ky'Okuva ne twogera ku muntu ayitibwa Musa, eyali nnabbi aliko amafuta eyatumibwa Katonda, nga alina Ekigambo kya Katonda n'ebyo Katonda bye yali ayagala bikolebwe mu mulembe gwe. Nga Ekigambo kya Katonda bulijjo bwe kitakubagana mpawa, Yagamba nti, "Talina kye yali akoze nga tasoose kukibikkulira bannabbi Be." Awo n'Alyoka akikola. Uh-huh.

Kati, Ye tayinza kulimba. Tayinza kulimba ate n'aba Katonda. Nedda, ssebo. Alina kusigala nga wa mazima. Mu Ye temuli bulimba. Ye ye . . .

86 Ate era tayinza kukikyusa. Bw'Akikola, taba Katonda; Aba yakola ensobi. Alina kuba nga amanyi byonna. Ate oyo amanyi byonna tayinza kukola nsobi. Mukiraba? N'olw'ekyo buli kyonna Katonda ky'ayogera, kiba kituufu Emirembe egitaggwaawo. Mukiraba? Era ekyo yakisuubiza. Kale, mwekkaanye, tewaliiwo wantu wonna mu Bayibuli we kikubagana mpawa wabula lubeerera kikwataganira ddala.

87 Kati, Katonda yali yasuubiza Ibulayimu nti ezzadde lye baali ba kugenda mu—mu nsi etali yaabwe okumala emyaka ebikumi bina, oluvannyuma Alyoke amuggyeyo n'omukono ogw'amaanyi n'obuyinza, alage obubonero Bwe n'ebyewuunyo mu bantu be baali nabo. Ekiseera ky'ekisuubizo kyasembera. Abantu baali baakyerabira. Baalina Abafalisaayo n'Abasaddukaayo, n'abalala, ebibiina by'amadiini. Naye, amangu ago, Katonda n'ajja yekka, n'abaako gw'aggyayo, nga tayitidde wadde mu kimu ku byo.

88 Katonda, tewabangawo lunaku lwonna oba kiseera kyonna, lwe yali ayimusizza nnabbi mu kibiina kya ddiini. Nedda, ssebo. Oyo aba yakyamizibwakyamizibwa yenna, nga tasobola kukikola; aba alina kunywerera ku kibiina kya ddiini ekyo.

89 Musa, omusajja eyatumibwa okuva eri Katonda, ng'alina Ekigambo kya Katonda, wabula mu lugendo nga atwala Isiraeri mu nsi ensuubize, nga atambulira ddala ku biragiro bya Katonda, yasisinkana nnabbi omulala, omufukeko amafuta omulala eyaliko amafuta gennyini amatuufu ag'Omwoyo Omutukuvu y'omu eyali ku Musa. Ky'ekyo kyennyini. Yali nnabbi. Omwoyo Omutukuvu yali ku musajja ono. Erinnya lye yali ayitibwa Balamu. Ffenna twali tumuwuliddeko. Era, ebintu byennyini, bye bimu, ebintu ebyo—ebintu ebyo omusajja oyo bye yayogera, bikyatuukirira, oluvannyuma lw'emyaka nga enkumi bbiri mu lunaana egiyise. "Ggwe olinga enkula, Ayi Isiraeri. Oyo yenna akuwa omukisa anaweebwa omukisa. Oyo yenna akukolimira anaakolimirwa. Amaanyi go, n'obuyinza bwo, nga ensiisira zo za butuukirivu, Ayi Yakobo!" Mulabeeyo, yali tayinza kukyebeera. Yajja amaliridde mu mutima gwe okukolimira abantu abo.

90 O, bayigiriza mmwe ab'obulimba abazze nga muwuliriza entambi zino emyaka gino gyonna, era ne mulaba Katonda nga akakasiza ddala bye yagamba, ne mutuula mu busenge bammwe gye mweetegekera ne mubisoma nga mumanyidde ddala nti ge Mazima; naye olw'entaputa z'ebibiina by'amadiini gammwe ezikubagana empawa, ne mubiwakanya ne mugamba abantu bammwe mbu si bituufu. Zibasanze! Bubakeeredde.

91 Balamu, yafukibwako Omwoyo y'omu eyali ku Musa. Naye enjawulo yali wa? Enjigiriza ya Musa teyaliiko kamogo. Bayibuli egamba wano mu Peetero Eky'okubiri, nti yali "njigiriza ya Balamu" Isiraeri gye baafuna, Katonda gy'ataabasonyiwa. Ekibi ekitasonyiyibwa! Teri n'omu ku bo eyalokolebwa, newankubadde nga baali bafulumidde mu mikisa gya Katonda, nga balabye omukono gwa Katonda nga gutambula ne nnabbi ono ow'amaanyi, era ne babirabira ddala nga bikakasibwa Katonda. Naye, olw'okuba, wajja nnabbi omulala n'enjigiriza, ekontana, n'awakana ne Musa, n'agezaako n'okulaga abantu nti Musa yali mukyamu. Era Dasani, Koola, n'abalala bangi ku bo, bakkiriziganya naye era ne bayigiriza abaana ba Isiraeri okukola

obukaba, okugoberera ekibiina kye ekigunje, nga bagamba mbu, "Ffenna tuli kye kimu."

"Oba tuli Bamesodisiti, Babaputisiti, Bapulesibeteriyani, oba Bapentekoote, n'abalala bonna, ffenna tuli kye kimu."

92 Tetuli kye kimu! Muli bantu abaayawulwa, abatukuvu eri Mukama, abaawongebwayo eri Ekigambo n'Omwoyo wa Katonda, okubala ebibala eby'ekisuubizo Kye eky'ebiro bino. Era temuli kitundu ku bo! Mmanyi ekyo kisusse obukalubo, naye ate ge Mazima gennyini. Abeewaddeyo mu buweereza obw'enjawulo mu nnaku zino ez'oluvannyuma! "Mukifulumemu."

93 Kati, "enjigiriza ya Balamu," si obunnabbi bwa Balamu. Obwo tebwaliko mutawaana. Obwo yali Katonda. Bameka abakikkiriza ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Obunnabbi bwa Balamu bwali butuufu ddala, kubanga yali tayinza kwogera kikontana. Amafuta ga Katonda gaali tegayinza kwogera kikontana, era Katonda yabunyweza nga abukakasa nti gaali Amazima. Naye entabwe yali ku "njigiriza ya Balamu."

Kaakati ekyo kigeraageranye ne Matayo 24:24. Abafukeko amafuta, wabula nga enjigiriza yaabwe nkyamu. Enjigiriza y'obusatu, n'ebintu byonna ebiri ng'ebyo; bikyamu, mulabe-wa-Kristo!

94 Ka nsuubire nti tekiibalumye mitima. Ate temuggyaako mikutu gyammwe, egy'amasimu kwe muyungiddwa. Era temusituka kufuluma. Mutuule mukkalire, tulabe oba Omwoyo Omutukuvu taakitubikkulire, n'okukitukakasa. Oyinza okugamba nti, "Naye ekyo . . ." Kyonna kyonna ky'okkiriza, tuula okkalire owulirize. Osabe Katonda aggule omutima gwo, ojja kusobola okulaba oba oli liggwa, oba mwennyango, oba wonna w'ogwa. Mukiraba?

95 Kati, ne Yuda, "eyayawulirwa omusango olw'ekyo kye yali," yatuula awo mu maaso ga Yesu. Yesu n'amugamba nti, "Ye ggwe. Kyonna ky'ogenda okukola, era kyonna ky'oteekwa okukola, genda okikole mangu." Nga amanyidde ddala bulungi kye yali akola, naye, olw'ebitundu bya ffeeza ebyo amakumi asatu, n'okwagala okufuna ettutumu, yatunda Mukama waffe Yesu Kristo. Omu ku bayigirizwa Be, omuwanika w'ekkanisa, Yesu yamuyita na "mukwano" Gwe. Mukiraba? Bayibuli egamba nti, "Yazaalibwa nga mwana wa kubula," mu ngeri y'emu ddala nga ne Yesu bwe yazaalibwa nga Omwana wa Katonda. "N'okukyamya bakyamye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka."

96 Mwetegereze n'obwegendereza nga bwe tugenda mu maaso n'okuyiga. Ka tulabeyo n'eky'okulabirako ekirala, ekiri mu Kitabo kya Bassekabaka. Waaliwo nna—nnabbi, erinnya lye nga

ayitibwa Mikaaya. Yali mutabani wa Imula, era yali nnabbi. Ekyo kye yali.

97 Era waaliwo ne nnabbi omulala, eyali akulira ekibiina kya bannabbi, abafukeko amafuta. Bayibuli egamba nti baali "bannabbi," okufaananako nga bwe Yagamba nti Balamu yali nnabbi, abafukeko amafuta.

Kwaliko omu ku bo eyali ayitibwa Mikaaya, eyali yafukibwako Katonda amafuta era Katonda gwe yatuma, nga alina Ekigambo kya Katonda.

98 Waaliwo omulala, Zeddekiya, eyalowooza mbu Katonda ye yamutuma. Katonda ye yamufukako amafuta, wabula enjigiriza ye yali ekontana n'Ekigambo kya Katonda. "Walisituka, Bakristo ab'obulimba, baliraga obubonero obw'ekitalo, balikyamya n'Abalonde ssinga kyali kisoboka."

99 Mubekkaanye, bombi, bombiriri baaliko amafuta. Kati, wandiyinzizza otya okumanya ani mutuufu, ani mukyamu? Weetegereze kiki Ekigambo kye kyasuubiza Akabu. Nnabbi eyamusooka, nga oyo yali Eriya, omu ku bannabbi abaali basingayo ab'omu mulembe ogwo, eyali yakakasibwa okuba nnabbi. Nnabbi oyo eyali yakakasibwa yagamba, nti, "Kubanga Akabu yali akoze ekivve kino, embwa zirikomba omusaayi gwe; olw'okuggyawo obulamu bwa Nabosi. Era nti embwa zaali za kulya Yezebeeri, era ne. . . n'omulambo gwe gwali gwa kuba mpitambi mu nnimiro." Kati, oyinza otya okusabira omukisa ekyo Katonda ky'akolimidde? Oba oyinza otya okukolimira, nga Balamu bwe yagamba, ekyo Katonda ky'awadde omukisa? Mukiraba?

100 Naye bannabbi bano baali beesimbu. Tewaali kubuusabuusa nti baali basajja balungi, abasajja abassibwamu ekitiibwa. Kubanga, okuba nnabbi mu Isiraeri, walina kuba muntu assiibwamu ekitiibwa, nga oggyeeko okubeera obubeezi Omuisiraeri. Wakubibwanga amayinja, bw'otaabanga bw'otyo. Baali basajja abassibwamu ekitiibwa. Baali basajja bagezi. Baali basajja bayivu. Baali abo abaalondebwa Akabu, mu ggwanga lyonna. (Ekyo okiraba, Mwannyinaffe Wright?) Abalondemu mu ggwanga, abasaanira oku-. . .

Era kati, Mikaaya bwe yalaba okwolesebwa kwe, yali amanyi mu mutima gwe Ekigambo kye kyali kyagamba, naye yayagala okulaba kiki Omwoyo ogwamulimu kye gugamba.

101 Kale ne bamugamba, ne bagamba nti, "Ggwe yogera ekintu kye kimu bannabbi bano abalala kye boogera. Era bw'onookikola, mazima ddala, tewali kubuusabuusa, ojja, tujja kukukomyawo mu kkanisa, nate. Mukiraba? Tujja kukufuula omu ku ffe. Tujja kukukomyawo mu kibiina kyaffe eky'eddiini. Oli. . . Tukumanyi nga oli nnabbi, naye bulijjo olaamiriza bikolimo byereere. Bulijjo okolimira Akabu. Kati, Zeddekiya, omukulu ow'oku ntikko, paapa, oba. . . " kyonna kye yali.

"Kaakati awadde Akabu omukisa, era amugambye nti, 'Genda okikole.' Kati naawe yogera ekintu kye kimu, Imula. Kubanga, ndaba oli musajja munaku. Kumpi, tolina na kibiina kya bagoberezi kyonna, n'akatono. Ate nga abasajja bano bo balina abagoberezi bukadde na bukadde. Eggwanga lyonna ligoberera bo. Kati ggwe yogera kye kimu nga bo, olaba ky'olina okukola, ojja—ojja kulya obugagga obw'ensi." Awo yali ayogera na muntu mukyamu!

Kyandibadde kitya ssinga kyabuuzibwa nti, "Mikaaya, Zeddekiya omulabamu ensobi yonna?"

"Nedda."

"Wali omugwikirizzaako nga ayonoona?"

"Nedda."

"Wali omuwuliddeko nga avuma omuntu yenna?"

"Nedda."

"Wali omusanzeeko nga atamidde?"

"Nedda."

"Oyinza okubuusabuusa obuyigirize bwe?"

"Nedda."

"Olowooza ddiguli ye ey'obwa ddokita nkyamu?"

"Nedda."

"Okkiriza nti—nti Ph.D. gy'alina ntuufu?"

"Awatali kubuusabuusa. Yakakasibwa Akakiiko k'eddiini akakulu, nzikiriza nti ke . . . kakiiko, nzikiriza ntuufu ddala."

"Kati, lwaki, tomwegattako?"

"Kubanga yava ku Kigambo!"

102 Kati nno, kirabika, tugenda kuba n'okwolekanya obwanga mu nsonga eyo, nga Eriya nnabbi bwe yakola nga bino tebinnabaawo. Era bw'oba oli mwana wa Katonda, ojja kunyweerera ku nnabbi wa Bayibuli eno. Kye Kigambo. Mwetegereze essaawa, entuuko.

Kale, kati watya ssinga Zeddekiya yagamba nti, "O, ekyo nkimanyi nnabbi yakyogera, naye ekyo kya mulembe ogujja eyo mu maaso. Ekyo ekiseera kyakyo kikyali wala nnyo eyo mu maaso"?

Yagamba nti, "Mulindeeko okutuusa lwe nnaalaba okwolesebwa okuva eri Katonda, olwo ndyoke mbabuulire."

N'amubuuza nti, "Kati olwo naawe onaayogera kye kimu?"

N'agamba nti, "Nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'agamba; so si kirala kyonna, era ssijja kwongerako. Ssiyinza kugattako kigambo wadde ekimu bwe kiti ku Kyo, oba okuggyako Ekigambo n'ekimu ku Kyo."

Kale ekiro ekyo, mu kusaba, Mukama n'ajja gy'ali mu kwolesebwa. Enkeera n'afuluma, n'agamba . . .

Wano waliwo bannabbi babiri!

103 Omusajja eyali asingira ddala obukulu mu ggwanga, mu by'amagye ne mu kuba n'ekitiibwa mu ggwanga, yali Zeddekiya. Ye yali akulira bannabbi, nga yalondebwa kabaka. Ye yali akulira bannabbi bali abalala bonna, okusinziira ku kibiina kyabwe. Yali yalondebwa, ekibiina kye, okuba nga y'akulembera abalala bonna; oba oli awo ye yali yasoma okubasinga, nga y'asinga obuyigirize, era nga mu bonna y'asaanira omulimu ogwo. Era yaliko amafuta g'Omwoyo Omutukuvu, kubanga yali ayitibwa "nnabbi." Kituufu, teyali nnabbi wa bulijjo, yali nnabbi Omwebbulaniya. Kati mumwekkaanye.

104 Zeddekiya n'agamba nti, "Mukama yayogedde nange nti, 'Nkolera amayembe gano abiri ag'ekyuma,' nga akabonero." Nnabbi atera okukozesa obubonero. "Yagambye nti, 'Kola amayembe gano ag'ekyuma.' Omwoyo Omutukuvu yaŋŋambye nti, 'Gano g'oba otwala,' okufukibwako Amafuta kwennyini nange okwampa omukisa." Temulowooza nti galina akakwate ne ssaddaaka, wabula nnina kye ngezaako okubalaga. "Omwoyo Omutukuvu oyo ayogera ennimi okuyita mu nze, Oyo eyankakasa, Ye yaŋŋambye nti, 'Twala amayembe gano, era, kozesa gano, ogambe kabaka nti ajja kuwereekereza Obwasuuli abugobere ddala mu kitundu ekyo. Era nja kumuddiza ekitundu ekyo Isiraeri ky'erinako obwa nnannyini, ekkanisa.'"

105 Ow'oluganda, ago ddala gaali mazima, okufaananako nga ne Balamu bwe yali wano. Balamu yali ayogerera ddala okusinziira ku nnono era nga ne Musa bwe yakolanga. Musa . . . Omuwendo gwa Katonda omutuufu guli musanvu. Ne Balamu yagamba nti, "Munzimbire ebyoto musanvu; ssaddaaka ennongoofu musanvu, ente ennume, n'endiga ennume musanvu." Ekyo nga kyogera ku kujja kw'Omwana wa Katonda. Okusinziira ku nnono, yali mutuufu ddala nga omulala yenna ku bo.

106 Ne Zeddekiya wuuno wano, nga mutuufu ddala okusinziira ku nnono, "Kubanga ensi eno ddala yaffe. Lwaki, Abasuuli n'Abafirisuuti bali eyo nga bakkusa embuto zaabwe, n'ez'abaana baabwe n'abalala, abalabe baffe, nga balya emmere abaana baffe gye batafuna! So nga ate, Katonda ensi eno yagituwa!"

107 Ow'oluganda, eyo nno nsonga erimu eggumba. Ndowooza ekyo yali ayinza okukyasanguza mu maaso ga Isiraeri, ne baleekaanira waggulu nga bwe basobola. Kaakati, njogera ku nnaku zino kaakano. Ka nsuubire nti mungoberera. Okuleekaana kwonna, n'okuwowoggana!

108 Mujjukira Dawudi ku Ssande ewedde? Mulaba? Mmwe abali eyo abawuliriza ku leediyo mu ggwanga, oba abayungiddwa ku mukutu gw'essimu guno; bw'oba tewafuna Bubaka bwa Ssande ewedde, kakasa nti obufuna. *Okugezaako Okuweereza Katonda*

Nga Tewayawulirwa Kukikola, si nsonga ne bw'oba mwesimbu otya, oba mulungi otya, eri Katonda tekukkirizibwa n'akatono. Okiraba?

Kati, Zeddekiya wuuno wano, nga alowooza nti mutuufu.

Mikaaya n'agamba nti, "Ka nneebuuze ku Katonda." Bw'atyo n'ajja enkeera ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Okwolesebwa kwe n'akugeraageranya n'Ekigambo.

Kati ssinga yagamba Zeddekiya nti, "Omanyi nnabbi wa Bayibuli kye yayogera wano ekyali eky'okutuuka ku musajja ono?"

109 "Naye si mu kiseera kino, kubanga omusajja ono musajja wa kitiibwa. Agezaako." Kino tekibayitako. "Agezaako okuddiza ekkanisa ebintu byayo. Agezaako okugiddiza ebyayo," si ebyo eby'Omwoyo; kuba ssinga bwe kyali, yandiyuugumizza eggwanga eryo lyonna nga Eriya bwe yakola. Naye, yali agezaako okubawa ebintu bino ebikwatikako, "Tulina eby'obugagga. Tuli kibiina kya maanyi. Ffenna mwe tugwa. Ffe ffenna, mmwe bantu mmwe mwenna, mmwe Abapolotesitante, mwenna musaanye mutwegatteko." Uh-huh.

110 Ekyo tugenda kukituukako mu kaseera katono. "Ffenna tuli baami na bakyala ab'oluganda, mu buli ngeri." Si bwe kiri! Tekibangawo era tekiribaawo, mu Kkanisa entuufu yennyini eya Katonda. Tekisoboka kuba!

111 Mweetegereze, yalaba okwolesebwa. Era bw'atyo n'agamba nti, "Katonda yayogedde nange." Kati, mulabeeyo, omusajja yali mwesimbu. Yagamba nti, "Yagambye nti, 'Kola amayembe gano, ogende mu maaso ga kabaka ogatomeze nga odda ebugwanjuba,'" oba okwolekera oluuyi ekitundu ekyo kye lwaliko okuva awo we baali bayimiridde. "'Otomere, era kijja kuba BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nti ajja kuwangula era akomewo, n'obuwanguzi eri ekkanisa.' Agenda kubagobamu!" Ekyo kyenkana kituufu, si bwe kiri? Naye obuzibu bwali ludda wa?

Mikaaya n'aserengeta. Ne bamugamba nti, "Kaakati naawe yogera obunnabbi bwo."

"Okwambuka yambuka! Naye ndabye Isiraeri nga balinga endiga, ezisaasaanye, nga tezirina musumba." Hyu! Nga kikontanira ddala n'ebya bali.

112 Kati, mmwe kibiina. Kati omutuufu ku bo ye ani? Bombi, bannabbi. Engeri yokka gy'oyinza okubaawula, kwe, kukikebera nga okozesa Kigambo.

Ne bamugamba nti, "Kino wakifunye otya?"

N'agamba nti, "Nnalabye Katonda nga atudde ku Ntebe y'obwakabaka." N'agamba nti, "Nnalabye akakiiko konna nga kamwetoolodde."

113 Kati mujjukire, ne Zeddekiya yaakagamba nti, naye, yalabye Katonda, nga Mwoyo y'omu amumulaga. "Nnalabye Katonda. Yaŋŋambye nkole amayembe gano mu—mu kyuma. Fuluma ogende osindiikirize amawanga ago bave wano, kubanga waffe. Abalala tebalinaawo bwannannyini." Bandibadde nabwo ssinga baanyweerera ku Katonda. Ekifo ekyo bandibadde nakyo, naye baava ku Katonda.

114 N'ebibiina bwe bityo bwe biri, ekkanisa. Erina obwannanyini ku bintu bino, naye byabanyagibwako, kubanga mwava ku Kigambo kya Katonda n'Omwoyo wa Katonda, amafuta, ag'okukakasa Ekigambo ky'ekiseera. Obubaka buno tebubayitako.

115 Kati mulabeeyo ekyaddirira. Yagamba nti, "Nnalabye Katonda," Mikaaya nga y'agamba, "nga atudde ku Ntebe y'obwakabaka mu Ggulu. Akakiiko Ke nga kamwetoolodde. N'agamba nti, 'Tunaatuma ani akke asendesende Akabu, ebigambo bya Eriya biryoke bituukirire, nnabbi Wange oli eyakakasibwa. Nnayogera nti yali wa kujja. Era Eriya yalina Ekigambo Kyange. Era eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremererwa. Ssifaayo ne bwe bafuuka ba mulembe okwenkana wa, oba ne balungiwa okwenkana wa, oba ne basoma okwenkana wa, oba banene okwenkana wa, Ebigambo Byange tebiriremererwa.'

116 "Awo omwoyo gw'obulimba ne guva mu ggeyeena, ne gufukamira ku maviivi, ne gugamba nti, 'Ssinga Ompa olukusa, nsobola okubafukako amafuta gange, ne mbakozesa buli kabonero aka buli ngeri oba ekyewuunyisa kyonna, kasita mbaggya ku Kigambo. Tajja na kumanya nti Ekyo kye Kigambo Kyo. Ajja kukibuusa amaaso, olw'okwagala okufuna ettutumu.'" Ow'oluganda, ebiseera tebikyukanga. Ow'oluganda Neville, ago mazima. Ojjukira nti, mazima. "'Nja kumukkako, mmukozese ebintu bye bimu abalala bonna bye bakola. Nja kumuleetera okulagula, alimbe.'" Kyali kisobola kitya okuba obulimba? Kubanga kyali kikontana n'Ekigambo.

117 Ggwe leeta ku mbatiza zino enkyamu, n'ebintu *bwebiti ne bwebiti ne bwebiti* ebikyamu, ssifaayo ne bwe biba biwulikika bitya nga ebituufu, ne bwe bagezaako batya okugeegeenya, busigala bulimba kasita kiba nga kikontana n'Ekigambo kya Katonda eky'ekiseera kino. Bwe kiri.

Oyinza okugamba nti, "Kale, ffe ewaffe, kale, twakola *kino*, era tukola na *kino*, era ekkanisa yaffe eri *bw'eti* ne *bw'eti*."

118 Ssifaayo kiki ky'eri. Bw'eba nga ekontana n'Ekigambo ekiwandiike eky'ekiseera kino, buba bulimba. Katonda tajja kukolagana nayo, ne bw'eba ya mazima okwenkana wa, nga ya buyigirize obwenkana wa, nga ya bugunjufu, ka ebeere nga ewulikika nga entuufu, ne bw'ewulikika nga entegeevu ekyenkana wa, kasita eba nga ekontana

n'Ekigambo eky'ekiseera kino. Ekyo tujja kukigendako mu buziba okusingako awo mu ddakiika ntonotono, bwe tunaaba n'obudde. Bwe tutaabe nabwo, tujja kuddamu tukyongereko akawungeezi ka leero.

119 Weetegereze, yali mwesimbu, nga musajja mulungi, ddala. Era yagamba . . . Kati awo, osanga, Mikaaya yamugamba, nga si kumugamba butereevu, naye oba nga ky'ategeeza nti, "Oliko omwoyo ogukyamya." Ekyo tekyandibadde kizibu okukigamba omulabirizi omulamba? Naye yakikola.

120 Bw'atyo omulabirizi ono yeesowolayo n'amugamba nti, "Tojja kuddamu kukolagana naffe mulundi mulala," n'amukuba oluyi mu maaso. N'agamba nti, "Okimanyi nti ndi musajja eyakakasibwa. Ekkanisa yange yannonda okubeera omusaale waayo, mu kino. Okusalawo kw'abantu ba Katonda abasinga obungi kwe kwanfuula kino. Ekibiina kyange kye kyanfuula kino. N'ekirala ensi eno Katonda yagituwa, era kigendererwa Kye nti esigale mu mikono gyaffe. Era nnina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." N'amukuba oluyi, n'agamba nti, "Omwoyo wa Katonda yakutte wa bwe yanvuddeko?"

121 Mikaaya n'agamba nti, "Ojja kulabayo, olumu ku nnaku zino," nga California kisse wansi ku ntobo y'ennyanja, n'ebintu bino byonna. Mulaba? "Onaalaba gye Yakutte, nga otudde mu kkomera ery'omunda."

122 Kati, Akabu, onooyogerawo ki awo? "Nzikiriza nnabbi wange," bwe yagamba. Kyandibadde kitya ssinga yakebera bukebezi mu Kigambo? Mulaba, teyayagala kwezuula nti mukolimire. Mumpulirize! Teyayagala kwezuula nti mukolimire. Teri n'omu akyagala.

123 Era munnaki- . . . muganda wange munnakibiina ekigunje, ogwo gwe mutawaana gw'olina. Oyagala okwebala nti oli mutuufu, so nga, okimanyi bulungi mu mutima gwo nti, bw'obatiza nga okozesa erinnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Omutukuvu," oba olimba. Okimanyi bulungi nti bw'oteeber- . . . bw'oyogera ebintu ebyo by'okola, era n'oteekawo ne ky'oyita obukakafu obusinzirwako, n'ebirala byonna ebiri nga ebyo, oli mukyamu. Kiyinzika kitya okuba nti okwogera mu nnimi bwe bukakafu obusinzirwako, ate n'owakanya ekisuubizo kya Katonda eky'ekiseera kino? Kiyinzika kitya? Toyagala kikolimo, si bwe kiri? Naye *Wano* kyawandiikibwa, era bwe kityo bwe kiriba. Ako ke kabonero k'ensolo, kiriba kikyefaananyiriza nnyo n'okulimba kirimbe n'Abalonde ssinga kyali kisoboka.

124 Buli kabonero, buli kyewuunyo, buli omufukeko amafuta, obunnabbi, ebintu ebya buli ngeri nga ebigenda mu maaso; obubonero obwa buli ngeri, ebyewuunyo ebya buli ngeri, onoobyawulira ku ki? Tunuulira Ekigambo ky'ekiseera kino. Bw'otyo bw'ofuna . . .

Tunuulira Musa, engeri gye yasobola okwawulamu Balamu. Tunuulira Mikaaya wano, tumanya tutya nti ye yali omutuufu? Ekigambo, ekyamusooka, kyali kyalagula bwe kityo ku Akabu.

125 Naffe Ekigambo, ekyatusooka, kyalagula ku bibiina bino ebigunje eby'ensangi zino, n'ekikolimo kino ku byo. Era n'ebintu ebiribaawo nga bikolebwa Ekkanisa Ye entuufu eriko amafuta, nti eriba n'Ekigambo, Omugole ow'Ekigambo. Tuutuno. Yiino wano, leero, era nga bwe yali mu biseera biri.

126 Bayibuli egamba nti, "Mu kamwa k'abajulirwa ababiri oba abasatu buli kigambo kikakate." Njogedde ku Balamu, njogedde ku Balamu ne Musa. Era nnaakava okwogera kati ku Mikaaya ne Zeddekiya. Kati ŋŋenda kuleetayo omulala omu. Bawera, bikumi na bikumi, naye omulala omu, okuweza abajulirwa abasatu. Nnina lukalala lulamba olw'abo lwe nnawandiise wano; naye olw'okukwata ebiseera.

127 Yeremiya eyali yakakasibwa, omuboole, kyokka nga yali nnabbi wa Katonda eyakakasibwa. Omusajja oyo baamukyawa. Baamukasukira ebita-. . . ebibala ebivundu, na buli kimu. Naye n'abakolimira. Era ebintu bye yakola, ne yeebakira ku lubiriizi lwe, n'ebirala, n'awa n'obubonero obulaga nti Isiraeri yali ayonoonye.

128 Buli nnabbi, nnabbi yenna omutuufu eyali ayimuse mu nsi, yakolimiranga ebibiina by'amadiini ebyo ebyagunjibwa eby'ekkanisa. Kiyinza kitya okukyuka, ku Katonda atakyuka?

129 Omwoyo Omutukuvu ye Nnabbi w'ekiseera kino; Anyweza Ekigambo Kye, ng'Akikakasa. Omwoyo Omutukuvu ye yali Nnabbi w'ebiseera bya Musa. Omwoyo Omutukuvu ye yali Nnabbi w'ebiseera bya Mikaaya. Omwoyo Omutukuvu, eyawandiika Ekigambo, ajja n'akakasa Ekigambo.

Kale kiki ekyaliwo mu biro bya Mikaaya? Akabu yattibwa, embwa ne zikomba omusaayi gwe, ng'Ekigambo kya Katonda bwe kyali.

130 Mmwe mwenna abayigiriza ab'obulimba, bw'ayogera Katonda, lumu mulikungula ebyo bye musiga, mmwe bamuzibe abakulembera bamuzibe bannammwe! Ssiri munyiivu. Mbabuulira bubuulizi Mazima. Era kino ssandikyogedde ssinga waggulu wano, mu kisenge ekyo, ssinga Omwoyo Omutukuvu taŋŋambye nti, "Kyogere bw'otyo." Nnali mbagambyeko ekintu kyonna ekikyamu okuggyako ekyo Katonda ky'akakasizza nti kituufu? Muzuukuke, baganda bange, nga obudde tebunnayita!

131 Naye ka ŋŋambe bwenti. Eriggwa liyinza litya obudde okukya nga lifuuse omwennyango, nga ate kye liri ky'ekyo kye lyateekerwateekerwa okuba? Abalonde bayinza batya obutakiraba? Kubanga, mwalondebwa kukiraba. "Bonna Kitange be yampa balijja," Yesu bwe yagamba, "naye teri n'omu ku bo ayinza kujja okuggyako nga yamumpa nga n'ensi tennabaawo, amannya gaabwe we gaateerwa ku Kitabo

ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga," so si ku lukalala lw'omukulu w'ekigo, wabula ku Kitabo, Ekitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga.

Weetegereze, Yeremiya yayimirira, nga yakakasibwa mu maaso g'abantu, kyokka baali tebamwagala.

132 Kale baafuluma ne bakola ekikoligo, ye yakikola, n'akyeyambika mu bulago, n'agenda mu maaso g'abantu. Baagamba nti, "Ha, ffe bantu ba Katonda ab'ekitalo. Kubanga, ffe Isiraeri. Tuli beesimbu nnyo mu kkuŋŋaaniro lyaffe! Tujja mu ssinzizo buli lwa Ssande, ffe, tuwaayo ssaddaaka, era tusasulayo ssente zaffe. Nebukaduneeza ayinza atya okuwamba ebintu bya Katonda ebitukuvu?" Huh! Ebibi byammwe bye byakikola.

133 Katonda yagamba nti, "Bwe munaakwatanga ebiragiro Byange, kino Ssigenda kukikola. Naye, bwe mutaabikwatenga, kijja kubatuukako." Ky'ekyo kyennyini. Kikyali kye kimu. Kwata ebiragiro Bye, Ekigambo Kye eky'ekiseera, ekyo kye yasuubiza.

134 Kati mwetegereze. Kati, Yeremiya, olw'okwagala kwa Katonda, nnabbi eyakakasibwa, newakubadde nga yakyayibwa . . . Bonna baakyayibwanga mu nnaku zaabwe. Baakolanga ebintu ebitali bya bulijjo nga bikontana n'ebibiina by'amadiini eby'omu biro ebyo, buli omu yamukyawa, ne bakabaka na buli kimu. Kale yateeka e—ekikoligo mu bulago, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Balimalayo emyaka nsanvu," kubanga yalina okutegeera okusinziira ku Kigambo kya Katonda. "Emyaka nsanvu!"

135 Awo Kananiya, Kananiya, ndowooza bwe mukyatula, K-a-n-a-n-i-y-a. Kananiya, nnabbi ow'omu bantu, n'avaayo, ekikoligo n'akiggya mu bulago bwa Yeremiya, n'akimenya. Era n'ayogera, nga yeefuula okuba omuntu ow'ekitalo mu bantu, olaba, so nga bye yali ayogera byali bikontana n'Ekigambo kya Katonda. N'agamba nti, "Bajja kukomawo oluvannyuma lw'emyaka ebiri. BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA."

Bannabbi babiri abafukeko amafuta. Njawulo ki eyali wakati waabwe? Omu yalina okutegeeza kw'Ekigambo, ate omulala teyakulina. Yeremiya n'agamba nti, "Amiina."

136 Mu maaso g'abakadde bonna n'ekibiina, Isiraeri yonna, mulaba, yayagala alage nti naye asobola okuba omukulu nga Yeremiya. "Okimanyi tebakwagala, ne bw'okola ki. Nange ndi nnabbi, nga ggwe. Ate nze ndi nnabbi n'okukusingako, kubanga ggwe olagula bya bulimba. Ky'oyagala okuŋŋamba nti abantu ba Katonda bagenda kuyita mu kintu *bwe kiti*?"

137 Ekyo kye boogera ensangi zino, naye mujja kukituukako mu ngeri y'emu, nga ekkanisa. Mwakolimirwa n'ekikolimo. Mmwe mwenna amakanisa, ebibiina by'amadiini ebyekutte ku bulombolombo bwabyo obw'abantu mu kifo ky'Ekigambo kya Katonda, Katonda yabakolimira.

138 Kati mwetegereze, wuuno wano ajja. Kananiya n'amusikambulako ekikoligo kino mu bulago, ekyali akabonero ka Katonda, n'akimenya, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mu myaka ebiri baliba bakomyewo." Kweraga bwerazi nti, "Nze *Gundi*." Kubanga yeesimbawo, yali nnabbi w'ekibiina ekigunje.

Yeremiya yali musajja munnamalungu eyali abeera yekka. Yabalagulangako bibi bulijjo, kubanga baali babi.

139 Wabula ye ono omusajja yalinga abagamba mbunno, "Ha, muli bulungi kasita muba nga mukyali bannakibiina. Kasita oba Omuisiraeri, ky'ekyo kyokka ekyetaagisa. Mulaba, mmwe, tuli. . . Katonda tajja kukola bw'atyo. Mmanyi nti waliwo obuntuntu obubaddewo, naye temutya, temweraliikirira."

140 O, ow'oluganda, bakyaliwo n'olwa leero. "Temufaayo, byonna biri bulungi. Embeera yonna etuli mu ttaano. Ffe Kkanisa." Leka kweyinula bw'otyo. Yee.

141 Kale nno n'agamba nti, "Byonna biri bulungi. Banaaba bakomyewo mu bbanga lya myaka ebiri. Ekyo ekibaddewo kantu katono nnyo. Ebyo bibaawo. Ebyo bitutuukako bulijjo. Nga ekya Nebukaduneeza okujja wano, naye Katonda waffe bino byonna ajja kubikolako."

142 Naye Ekigambo kyategeeza nti balimalayo emyaka nsanvu; okutuusa omulembe ogwo nga guweddewo, n'omulembe omulala. Omulembe gumala emyaka ana. "Gino kyenkana emirembe ebiri gye mujja okumalayo." Era Yeremiya yakyogera kusinziira ku Kigambo kya Katonda.

Kananiya n'akimenya! Yeremiya n'agamba nti, "Kale. Amiina. Naye, Kananiya, kino tukijjukire nti, ffembi tuli bannabbi. Tuli baweereza."

143 Nange kino nkikugamba, muganda wange. Leka tujjukire nti waliwo bannabbi abaatusooka, abaalagula obubi ku bwakabaka obw'enjawulo, nga waliwo n'ebintu bye baalagulako obubi. Naye, mujjukire nti, nnabbi bwe yayogeranga ekintu kyonna, yabanga ateekwa kulagula nga asinziira ku Kigambo. Nga Mikaaya, ne Musa, n'abalala bonna. Kiteekwa kuba nga Ekigambo bwe kigamba. Bwe kitaba kityo, awo mujjukire kiki ekyaddirira.

144 Awo, Kananiya, ekiruyi kye eky'obutuukirivu ne kisiikuuka. "Nze Kananiya" (ekyo tewali atakimanyi), "nnabbi wa Mukama, era ŋŋambye nti, 'Emyaka ebiri.'" Amakulu nti, "Ssifaayo oba Ekigambo kigamba ki." Amafuta agaamuliko, "Nze ŋŋambye nti, 'Mu myaka ebiri, baliba bakomyewo.'"

145 Yeremiya n'ava mu maaso ge, n'afuluma, n'agamba nti, "Mukama, ssifaayo ku ky'agambye, nzikiriza era mmanyi nti Ekigambo ekyo bwe kityo bwe kigamba. Nja kusigala nga ndi mwesigwa gy'Oli. Tajja kunnimbalimba."

146 Katonda n'agamba nti, "Genda ogambe Kananiya nti, 'ekikoligo ekinaddako, nja kukikola nga kya kyuma.'" Era kubanga yakola ekyo, yaggyibwa ku maaso g'ensi, Kananiya kye kyamutuukako, mu mwaka ogwo gwennyini.

Eby'okulabirako byaffe biibyo, bannabbi bombi. Tuyinza okwogera ku balala bangi nnyo mu kiseera kino.

147 Naye mulabeeyo. Yesu yagamba, nti, mu kiseera kino eky'enkomerero, nate, emyoyo egyo gyombi giriba gifaanagana nnyo nate era. Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati mweetegereze. Giriba gifaanagana nnyo n'okusinga ekyo bwe kyali. Kino kye kiseera eky'enkomerero. O, baana bange! Katonda atusaasire! Okutuusa nti, "Kiriba kyefaananyiriza nnyo ekya nnamaddala n'okukyamya kikyamye Abalonde ssinga kyali kisoboka." Kati onoosobola otya . . . tusobodde tutya okugutegeera mu biro biri? Era leero onaagutegeerera ku ki? Mu ngeri y'emu, nga onyweerera ku Kigambo nti, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

148 Kati mufeeyo nnyo ku Bubaka buno bwonna. Era bwe muwuliriza olutambi, ne bwe ndiba nga oba oli awo mmaze okuvaawo olumu nga Mukama amaze okunkozesa wano ku nsi, bino mulibijulizangako. Muwulirize eddoboozi lyange, bye mbagamba. Bw'Alintwala ng'Okudda Kwe tekunnatuuka, mujjukirenga, nti njogedde nammwe mu Linnya lya Mukama, okuyita mu Kigambo kya Mukama. Weewaawo.

149 Mwetegereze, "Kiriba kifaanagana nnyo n'okulimba kirimbe Abalonde oba nga kiyinzika," balikola obubonero bwe bumu, n'eby'amagero bye bimu, nga bakozesebwa Omwoyo omu. Ekyo si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mu ngeri y'emu ddala nga bannabbi be tubadde twogerako bwe baali, bannabbi. Kati, ate era kyawandiikibwa . . .

Ka tubikkuleyo, ku lwa kino, bwe muba mwagala, Timoseewo Eky'okubiri 3. Kino ka tuleme kukirekayo. Ate ssaagala ku . . .

150 Ntunula ku ssaawa eyo waggulu, ne—ne njagala mbeeko bingi ku byo bye mbuuka, naye ssirowooza nti tusaanye okukikola kati. Mukiraba? Mulabeeyo. Lwa . . . Mulaba bwe nnyimiridde wano, nga ntuyana bwe nti, mulaba, naye ndi musanyufu. Era mmanyi nti gano ge mazima. Timoseewo Eky'okubiri 3:8.

151 Pawulo, omusajja eyagamba nti, "Malayika ne bw'ava mu Ggulu n'ayogera ekigambo ekirala kyonna gye muli ekitali ekyo kye nnayogera, akolimirwe," kati, Malayika nga y'asse. Ekyo kiri mu Abasessaloniika . . . Ha, munsonyiweko.

152 Mulabeeyo mu Timoseewo Eky'okubiri 3:8. Laba Pawulo ky'agamba kati. Ka tutandikire nga ku . . . Ka tutandikire ku lunyiriri olusooka, era kati muwulirize bulungi ddala. Mmwe

abalina Bayibuli zammwe, musomere wamu nange. Mmwe abatalina Bayibuli zammwe, muwulirize bulungi ddala. E . . .

Naye manya kino, nti mu nnaku ez'oluvannyuma . . .

Ekyo kisazeeko omusittale, "ennaku ez'oluvannyuma." Awo we kiribeererawo.

. . . ebiro eby'okulaba ennaku birijja. (Bye tulimu.)

Kubanga abantu baliba beeyagala bokka, abaagala ebintu, abeenyumiriza, ab'amalala, abavumi, abatagondera bazadde baabwe, abatasiima, abatali batukuvu,

153 Tunuulira ekika ky'abantu bano be tulina ennaku zino, aboonoonefu. Ne mu basajja b'osanga eyo ku nguudo, abavubuka, abakuza enviiri ne zigwa mu kyenyi, nga ez'abakazi. Bugwaagwa! Basodoma!

154 Mwasomyeko omwaka guno, akatabo ka *Readers Digest* ak'omwezi guno? Kaagambye nti, "Abamerika we batuukira ku myaka," ndowooza gyabadde, "wakati w'emyaka abiri n'abiri mu etaano egy'obukulu, baba baatuuka dda mu makkati g'obuwangaazi bwabwe." Nga baweddewo! Nga baavunda dda! Ssaayaansi bw'atyo bw'agamba, nti omusajja mu myaka gye egy'obuvubuka, n'omukazi, bwe batyo bwe baba nga baakatandika okusussa mu myaka abiri egy'obukulu. Emibiri gyabwe giba gigenye nnyo nga gyenyigidde mu bikolwa eby'obugwenyufu.

O, Amerika, emirundi emeka Katonda gy'abawambaatidde, naye kati essaawa yammwe etuuse! Mmwe mukulembera ensi yonna mu bugwenyufu.

. . . abavumi, abatagondera bazadde baabwe, abateebaza, abatali batukuvu,

Abatalina kulumirirwa . . .

Tewali na kwagalana kwa nnamaddala, omusajja eri omukazi, n'omukazi eri omusajja. "Tewali wadde okwagalana okw'obutonde." Bugwenyufu, bugwaagwa bwereere!

. . . ab'enkwe, abawaayiriza, abateegendereza, abakambwe, era *abatayagala bulungi,*

155 Amakulu nti, batuyita, "Ogubiina gw'abatukuvu abeevulunga." Jjuuzi waliwo eyabuuza ebikwata ku kujja wano mu kkanisa. Oli n'amugamba nti, "Togendayo eyo. Eriyo kibinja kireekaana buleekaanyi na kuwoggana."

Mulaba, "abanyooma abo."

Ab'enkwe, ab'amalala, abeegulumiza, abaagala amasanyu *okusinga Katonda;*

Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, abo ba nnaakalyak'ani." Olunyiriri oluddako lugamba ki?

Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye (kiki?) *nga beegaana amaanyi gaakwo:* (Ekigambo, Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, ng'alabisiddwa, nga kye kisuubizo ky'ekiseera) . . .

Mu ngeri y'emu ddala nga Kananiya, mu ngeri y'emu ddala nga Zeddekiya, mu ngeri y'emu ddala nga Balamu, n'abalala bonna, bannabbi abalala ab'obulimba.

Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, (baliko amafuta . . . Okiraba?)

Nga balina ekifaananyi, (baweereza abaliko amafuta, abaatongozebwa . . .)

Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga bagaana (ekigamba nti Ye omu jjo, leero, n'e . . . Bagaana Ekigambo Kye!)

156 Yesu baamwegaana batya luli? Ani gwe beegaana bwe beegaana Yesu? Kigambo. Baali bannaddiini. Bye baayigirizanga baabiggyanga mu Bayibuli zaabwe, naye ne bagaana Ekigambo ky'ekiseera ekyo.

157 Kiki kye bali leero? Kintu kye kimu, baafukibwako amafuta, babuulira Enjiri ya pentekoote, naye nga beegaana ekisuubizo ky'ekiseera kino eky'Ekigambo nga kikakasibwa nti, "Yesu Kristo Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Mukiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

Kubanga bano *be basensera amayumba, ne banyaga . . . abakazi abasirusiru abazitoowererwa* ekibi, *abafugibwa n'okwegomba okutali kumu,*

158 "Ebibiina byaffe eby'okutunga ne *gundi* waffe." Oli n'ajja nga agezaako okutaputa obubi Ekigambo, n'agamba mbu, "Tekirina kabi, mwannyinaze, ggwe okusalako enviiri. Oyo omusiru tomuwuliriza. Mukiraba? Oba, mbu ne—ne bw'oyambala *kino*; *ekyo* si kye kikulu, 'ekyo ekiva mu mutima gw'omuntu kye kimwonoona.'" Mukiraba? Naye okiraba nti ofukiddwaako amafuta ag'omwoyo omukyamu, ogw'obukaba, omucaafu? Ssifaayo, oyinza okuba nga oyimba mu kkwaaya, n'enviiri ensaleko, amazima gali nti oliko omwoyo omubi. Ekyo kikontana n'Ekigambo. Bwe kiri. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ggwe oyinza okugamba nti, "Nze, empale ennyimpi nzambala. Naye tekinnumiriza."

"Oyo yenna, omukazi bw'ayambala ekyambalo ky'omusajja, kya muzizo mu maaso ga Katonda." Katonda atakyuka ye yakyogera ekyo.

159 O, ebintu nga bingi nnyo, tunaayinza tutya okubimalayo? Obudde bwaffe bujja kutugendako. Naye mumanyi ekimala okwawula ekirungi n'ekibi. Ye nze nsobola ntya okukibakozesa? Nnyinza ntya okukikola? Oyinza okuŋŋamba nti, "Kati,

ekikuleekaanya kiki?" Nze ndiwo kubalumiriza. Lumu, ku Lunaku olw'Omusango, toliba na kasonda ka kwekwekamu.

160 Mikaaya yandisobodde atya okukiziyiza ekyo? Musa yali asobola atya, olw'okuleekaana, okugezaako okukiziyiza? Ne Yoswa n'abalala bonna nga badduka bayitaayita mu bantu? Leevi n'atuuka n'okusowolayo, ekitala kye, n'abatema? Baagenda bugenzi mu maaso.

161 Kyalagulwa nti balikikola. Era bagenda kukikola, kubanga kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA bagenda kukikola. Mmwe mulowooza nti ebibiina by'amadiini ebyo birutuuka ne bisattulukuka, eddiini zaabwe ne zikomawo ku Kigambo? Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, tebirikikola! Biryegatta ne byekolamu omulabe wa Kristo? Mazima ddala. Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, birikikola! "Kati kiki ky'oyogerako?" Nteekwa okuba omujulirwa, naawe bw'otyo, n'abakkiriza bonna. Mutunule.

> *. . . abakazi abasirusiru, abazitoowereddwa n'e . . . okwegomba okutali kumu,*

"Ndaba, n'abakazi abalala bonna babikola." Bannabbi ab'obulimba! Kati muwulirize. Bannabbi ab'obulimba, be njogerako. Kati balikola ki mu nnaku ez'oluvannyuma?

> *. . . ne banyaga abakazi abasirusiru . . . abafugibwa n'okwegomba okutali kumu,*

"Ndaba, mmanyi nti n'abakazi abalala bonna . . ." Kale, genda mu maaso.

162 Kiki kye nnayogera nga ekintu kino ekikulu ekyabaawo e California tekinnabaawo? "Bantu mmwe abali wano mu Los Angeles, buli mwaka bwe nkomawo wabaawo abakazi bangiko ababa basazeko enviiri n'abasajja abaakaziwala bangi okusinga abaaliwo okusooka, n'ababuulizi bangi abeemalidde mu bibiina ebigunje. Temulina kya kwekwasa! Ssinga emirimu egy'amaanyi egyakolebwa mu Sodoma ne Ggomola gyakolebwa mu mmwe, byandibadde bikyayimiridde n'olwa leero. O, Kaperenawumu, ggwe eyeeyita erinnya lya bamalayika, Los Angeles!" Mulaba ekigenda mu maaso? Kigenda kukkira ddala wansi ku ntobo y'ennyanja. Ddi? Ssimanyi we kiribeererawo, wabula kijja kubaawo. Mmwe abavubuka, bwe ssirikiraba mu kiseera kyange, mmwe musseewo abiri. Kiwedde!

> *Abayiga bulijjo, . . . ne batayinza ennaku zonna okutuuka ku kutegeerera ddala amazima.*

Kati wano we wali ekitiisa, ekitundu ekitiisa kiikino. Muwulirize kino.

> *Era nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, na bano bwe batyo baziyiza amazima: abaayonooneka amagezi gaabwe, abatasiimibwa mu kukkiriza* okwaweebwa omulundi ogumu abatukuvu, okwo kwennyini.

"Ebikwatagana n'Okukkiriza." "Era alikyusa Okukkiriza kwa bakitaabwe, manyanga okw'abaana, eri bakitaabwe."

163 "Ebikwatagana n'Okukkiriza abaayonooneka amagezi gaabwe." Uh! Mumanyi ekigambo *okwonooneka* kye kitegeeza? Bw'oba olina Bayibuli eyavvuunulwa Scofield, ekigambo ekyo yakyongeramu ennukuta *h* awo. Wennyini awo, kigamba, "kugwa okuva ku mazima." Okugwa okuva ku mazima, ekyo kye kitegeeza.

164 Kati, munnindeko katono. Waliwo wano kye njagala okunoonya. Nsuubira kino nnakiwandiise bulungi. Wabula ssikakasa, naye njagala nkyogere, njagala nsooke nkinoonye nga—nga ssinnakyogera. Kati, mumpeeyo eddakiika emu. [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] "Ebikwatagana n'Amazima abaayonooneka amagezi gaabwe, ku bikwatagana n'Okukkiriza." "Okukkiriza," waliwo Okukkiriza kwa ngeri emu yokka. Bwe kiri. "Ebikwatagana n'Okukkiriza, abaayonooneka amagezi gaabwe!"

Kati njagala nsome Lukka 18. Mumpeeyo eddakiika emu. Temu. . . Musobola okukiwandiika obuwandiisi; ne bwe mutasomawo kati.

> *N'abagerera olugero, nga bwe kibagwanira okusabanga bulijjo, obuta. . . koowaanga;*
>
> *N'agamba—n'agamba nti, Waaliwo omulamuzi mu kibuga kye kimu, ataatya Katonda, era atassa mu muntu kitiibwa:*
>
> *Era waaliwo nnamwandu mu kibuga kye kimu ekyo; n'ajjanga w'ali, ng'agamba nti, Nnamula n'omulabe wange.*
>
> *N'asooka—n'atasooka kukkiriza: naye oluvannyuma n'ayogera munda mu ye nti, Newakubadde nga ssitya Katonda, era nga ssissaamu muntu kitiibwa;*
>
> *Naye olw'okunteganya nnamwandu ono kw'anteganya, nnaamulamula, aleme. . . okuntengezza ng'ajja olutata.*
>
> *Mukama waffe n'agamba nti, Muwulire omulamuzi oyo atali mutuukirivu ky'agamba.*
>
> *Ne Katonda taliramula. . . balonde be, abamukaabirira emisana n'ekiro, ng'akyagumiikiriza?*
>
> *Mbagamba nti alibalamula mangu. Naye Omwana w'omuntu bw'alijja, aliraba okukkiriza ku nsi?*

165 Kati ekyo kye kyebuuzibwa. Kino kye mbadde nduubirira okutuukako: Mu Kubikkulirwa 10 (Tujja kukituukako mu ddakiika ntono, mu Kyawandiikibwa ekirala, eky'okujulizaako.) Yagamba nti, "Mu nnaku z'Obubaka bwa malayika ow'omusanvu, ekyama kya Katonda *kirina* okutuukirira."

Ekibuuzo kiikino, nti, bw'ogenda olondoola olunyiriri olwo mu kiseera kino, *kinaatuukirira*? "Ndisangawo Okukkiriza?" Ekyawandiikibwa kya Malaki 4 kirituukirira mu kiseera kino, "Okuzzaayo Okukkiriza kw'abaana, eri Okukkiriza kwa bakitaabwe, okwasooka, Ekigambo"? Mukiraba?

166 "Abaayonooneka amagezi, Yane ne Yambere, nga bwe baaziyiza." Kati, era, muwulirize, Timoseewo Eky'okubiri 3:8. "Nga Yan-. . . bwe yaziyiza Musa, bwe kityo mu nnaku ez'oluvannyuma abaayonooneka amagezi bano be bamu balijja," kati mulaba kye Kigamba wano nti, "nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda," baliko amafuta. Kati leka tu. . . Bwe muddayo mu—mukisome nga muzzeeyo eka, nsobole kino okukimaliriza, enkya ya leero, bwe nnaaba nsobodde. "Abaayonooneka amagezi okusinziira. . . " Si abaayonooneka mu—mu—mu mbeera ez'obulamu; bantu bulungi, bagunjufu.

167 Kati labayo Musa bwe yagenda e Misiri, n'obubaka bwa BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, era nga akakasiddwa; n'ayitayo Isiraeri, nga abantu, so si nga ekkanisa. Isiraeri baali bantu; tebaali kkanisa. Kubanga ekigambo *kkanisa* kitegeeza "abo abaayitibwayo." Be baali abantu ba Katonda. Kati bwe baafukibwako amafuta wansi w'Ekigambo, nga bayitiddwayo, ne bafuuka ekkanisa ya Katonda. Ate oluvannyuma ne bagwa, kubanga tebakkiriza Kigambo kya Katonda, ne bawuliriza nnabbi ow'obulimba. Ka nsuubire nti ekyo kinnyikidde.

168 Isiraeri, nga abantu ba Katonda, baafulumira wansi w'omukono gwa Katonda, nga bafukiddwaako amafuta g'Ekigambo. . . n'Amaanyi ga Katonda, nga balabye obubonero n'ebyewuunyo bya Katonda. Era awo nga Katonda akyatambula nabo, ne wajja nnabbi ow'obulimba, ng'afukiddwaako amafuta, n'ayigiriza ekintu ekikontana n'Ekigambo kya Katonda ekyasooka kye baali baawulira; era buli omu ku bo n'afiira mu ddungu, okuggyako abantu basatu. Kati ekyo mukikwate.

169 "Nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, omwalokolebwa abantu omunaana mu mazzi, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, omwasimattukira abantu abasatu okuva mu Sodoma, bwe kityo bwe kiriba ne mu kiseera Omwana w'omuntu mw'alibikkulirwa." Nnokola bunokozi Byawandiikibwa, Ekigambo kya Mukama, ekigamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo. . . " Baliba batono nnyo ddala!

170 Labayo wano. Musa n'agenda eri Alooni. Musa yali wa kuba Katonda. Katonda yamugamba abeere Katonda, nga amugamba nti, "Ggwe beera Katonda, era leka Alooni muganda wo abeere nnabbi wo. Ggwe teeka ebigambo mu kamwa ke bw'oba toyinza kwogera bulungi." N'agamba nti, "Naye ani yakola kasiru? Ani yayogeza omuntu?" Mukama ye yakikola.

171 N'akkirirayo. Yakola ki? Yakola eky'amagero ekituufu kyennyini Katonda kye yamugamba okukola. Katonda yamugamba nti, "Genda osuule omuggo gwo wansi." Bwe yagulondawo, nga gufuuse musota. N'agulonda, ne guddamu ne gufuuka omuggo. N'agamba nti, "Genda okole bw'otyo mu maaso ga Falaawo, ogambe nti, 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.'"

172 Naye Falaawo kino bwe yakiraba, tutera okukozesa enjogera egamba nti, "Ako nga kakodyo ka bufuusa, akangu ennyo." N'agamba nti, "Tekalina na makulu. Omanyi, kakodyo ka kusoma birowoozo oba ekintu bwe kityo. Naffe tulina abasajja mu kibiina kyaffe abasobola okukola ekintu kye kimu. 'Jangu wano, Omulabirizi *Gundi*. Naawe, ggwe, jangu wano.' Tubalina abasobola okukola ekintu kye kimu." Oyo yali Ssetaani nga y'ayogerera mu Falaawo.

Oyo yali Katonda nga y'ayogerera mu Musa.

173 Naye mwetegereze omuntu ono bwe yajja. Yane ne Yambere beesowolayo ne bajja mu maaso ga Musa, mu lwatu mu maaso g'abantu, ne bakola buli kyamagero kyonna Musa kye yali asobola okukola. "Balikyamya n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Si bwe kiri? Baakola ekintu kye kimu Musa kye yakola. Mukitegeera? Kati mujjukire nti, ekyo kiri BWE KITYO EKYAWANDIIKIBWA BWE KYOGERA, nti kiriddamu okuba bwe kityo mu nnaku ez'oluvannyuma.

Njawulo ki eyaliwo wakati wa Musa ne Yambere?

Musa yagamba nti, "Amazzi gafuuke omusaayi."

Bannabbi ab'obulimba bano nabo ne bagamba nti, "Kale, naffe, leka amazzi tugafuule omusaayi." Era bwe kyali.

Kale Musa n'agamba nti, "Leka wabeewo enkukunyi." Yali aziggya wa? Butereevu okuva ewa Katonda. Mukiraba?

Era yakola ki? Yagamba bugambi nti, "Weewaawo, kale, naffe, tusobola okuleeta enkukunyi." Era ne bakikola. Buli kya magero kyonna Musa kye yakolanga, nabo, baakikolanga!

174 Mujjukire, ekyo mukikuumire mu biroowoozo, tugenda kukituukako, mu kaseera katono. Basobola okukola buli kintu kyonna abalala bonna kye bakola, naye tebasobola kunyweerera ku Kigambo. Tebasobola kunyweerera ku Kigambo.

175 Kati mwetegereze, baakikola. Naye Musa, nnabbi yennyini omutuufu eyatumibwa okuva eri Katonda, eyatumwa Katonda, teyadda awo kuwakana nabo, nga agamba nti, "Kino kyo, temusobola kukikola! Temusobola!" Yabaleka bulesi, yabaleka ne bagenda mu maaso. Bo bannabbi ba bibiina ebigunje, naye mugende mu maaso.

176 Musa yagenda bugenzi mu maaso, n'okuwuliriza Katonda. Buli kimu Katonda kye yayogeranga nti, "Kati kola *kino*," Musa nga agenda akikola. Bwe yakolangayo ekipya. Bwe

baakirabanga, buli omu ku bo n'akigeegeenya n'akabonero oba ekikyefaananyiriza bwe kityo, ne bajja. Nabo, ne bakikola, mu ngeri y'emu yennyini nga Musa bwe yali akikoze.

177 Kati mwetegereze. Abantu bano bwe bajja...O, bantu mmwe, kino temukisubwa! Bano abeefuula kye batali, abakopperezi, bajjanga luvannyuma nga oyo omutuufu amaze okujja. Mukiraba? Ekibaleeta kukopperera. Mulabeeyo, kye balina okukola. Ssetaani tayinza kutonda kintu kyonna; ye aliwo kukyamya bukyamya ekyo ekya nnamaddala ekyasooka.

Era ekibi kye kiki? Bwe butuukirivu obukyamiziddwa. Obwenzi kye kiki? Kye kikolwa ekituufu ekikoleddwa mu bukyamu. Obulimba kye kiki? Ge mazima agakyamiziddwa. Okukyamizibwa!

178 Tunuulira Kananiya, kukyamizibwa kwa Kigambo ekyasooka. Tunuulira Balamu, kukyamizibwa kwa Kigambo ekyasooka. Tunuulira Zeddekiya, kukyamizibwa kwa Kigambo ekyasooka.

Era Bayibuli egamba nti bassempala bano balijja, oluvannyuma lw'okukyamya...manya bakyamye Ekigambo ekyasooka ekyanywezebwa era ne kikakasibwa okuba nti ge Mazima.

179 "Naye ggwe kola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri," eyo gy'oli, "kakasiza ddala obuweereza bwo. Kubanga ebiro birijja lwe bataligumiikiriza Njigiriza ya mazima, naye nga bagoberera okwegomba kwabwe bo balyekuŋŋaanyiza abayigiriza abaabwe, nga amatu gaabwe gabasiiwa; bagende mu maaso bakole buli kye baagala okukola kyonna, nga bagamba nti, 'Tekirina kabi, naffe tulina obubonero bwe bumu n'ebyewuunyo.' Era balikyamizibwa okuva ku Mazima, ne batwalibwa mu nfumo, n'ebyagunjibwa abantu."

180 O, okumanya okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu, entiisa egwa ku mmeeme y'omuntu bwe yeekubamu n'alowooza nga bwe kiri ekya nnamaddala ekyo ekiri obutereevu mu maaso gaffe! Genda osime ejjinja ly'oku nsonda eriri wabweru wali osome ku kapapula akaaliteekebwamu, kati emyaka asatu mu esatu egiyise. Olabe kye Yagamba erudda eri ku—ku Seventh Street, ku makya ago ejjinja lino ery'oku nsonda lwe lyasimbibwa. Kaakati kyekkaanye. Wekkaanye emmanga wano ku mugga, Malayika wa Mukama bwe yakka wansi mu ngeri y'Empagi y'Omuliro, ebikumi n'ebikumi by'amakanisa, manyanga abantu b'omu kkanisa, we baali bayimiridde ku lubalama lw'omugga; ebyo bye Yagamba, olabe oba bituukiridde. Laba ebibaddewo.

181 Kizibu nnyo. Mmanyi nti kirabika nga ekizibu, ab'oluganda, abali eyo. Naye ki...Bayibuli egamba, Yesu Mwene yagamba nti, "Kiririmba n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka."

Tewali ngeri ya kukyebalama. Tebaliyinza kukiraba. Ssinga kyali kisoboka, n'Abalonde bennyini kyandibalimbye.

182 Mwetegereze, abantu bano bajja oluvannyuma lw'okutumibwa kw'oyo omutuufu Katonda gwe yafukako amafuta; nnabbi We omutuufu, Musa. Era Musa buli lwe yakolanga ekintu kyonna, nga nabo bakikoppa.

183 Kati, muganda wange, mwannyinaze, nze. . . Eno kkanisa yange. Ndi wa ddembe okubuulira kye njagala, kasita kiba nga kiva mu Kigambo kya Katonda. Era ssibasalira musango, naye ekyo leka tukyekkaanye olw'ekiseera n'essaawa kaakano bye tulimu.

184 Nnamusa Ow'oluganda Ruddell, ne Junior Jackson, n'abo bonna abali ebweru eyo, amakanisa ag'oluganda naffe. Nnabadde mbeerabidde, gye buvuddeko. Nsuubira nti enkya ya leero bayungiddwa ku mukutu, nabo, olw'obutaba na—na wa kutuula mu kkanisa.

185 Mukirowoozeeko kati, mu kaseera katono. Baakola eby'amagero bye bimu Musa bye yakola. Musa yaleeta enkukunyi; nabo ne bakigeegeenya enkukunyi ne bazireeta. Mukiraba?

Katonda yagamba nti, "Lwe muligulyako, lwe mulifa."

186 Ssetaani n'ajja n'agamba nti, "Mazima ddala, temulifa. Mujja kweyongera bweyongezi kuba bagezi. Muliba n'ekibiina ekisingako obulungi, ekyo ekisingako. . . " Omanyi. "Omanyi, buli kintu kijja kwongera okubabeerera ekirungi, mujja kuba n'Omusana ogusingawo." Mulaba, kukyamya bukyamya. Kiteekwa. . .

187 Naye mujjukire nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, okusinziira ku Timoseewo Eky'okubiri 3:18, nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, Yambere ono ne Yane we balibeerera ku nsi." Kati, njagala mukyetegereze nti bali babiri, mukiraba, abageegeenya.

188 Kati tujja kuddayo ku Sodoma, oluvannyumako, ku basatu bali, tulabe Bamalayika abasatu abajja, tulabe okugeegeenya, wamu n'ebirala, olaba, tulabe kiriwa ekituufu kiriwa ekikyamu. Olaba? Olaba?

189 Mwetegereze, baakola eby'amagero bye bimu. Naye, mulabeeyo, bageegeenyanga nga bakoppa Ekigambo eky'amazima nga kimaze okufukibwako amafuta, nga kiyita mu oyo omutuufu Katonda gwe yali atumye; oluvannyuma, nabo ne babikola.

190 Ssimanyi oba tuyinza okutwala akaseera ne tukifumiitirizaako. Bwe nnakwatanga abantu ku mikono, ebbanga si ddene eriyise, emyaka nga amakumi abiri egiyise, ne wabaawo akabonero akalabisibwa. Bannange, obubonero bwayitirira obungi ku buli kimu, era nga buli omu. . . Omu

nga akalina mu mukono gwe ogwa ddyo; omulala nga akalina mu gwa kkono; ate nga omulala ye awunyiriza kawunyirize. Mukiraba, buli ngeri ya . . . Era nneewuunya . . . Katonda tajja kunzikiriza kubabuulira mu kiseera kino ekituufu kyali kiki, naye lumu mulikimanya. Ekyo kyaliwo kwanika bwoonoonefu bwabwe. Ekyo tekyali kituufu, n'okusooka kwa byonna. Lumu, ndibabuulira, Mukama nga ayagadde.

191 Mwetegereze, baakola eby'amagero bye bimu, naye tebaa . . . Mwetegereze, tebaakikola okutuusa nga Ekigambo ekya nnamaddala kimaze okufuluma, okusooka. Bw'atyo Ssetaani bwe yakola mu lusuku Adeni. Bw'atyo bw'azzenga akola bulijjo. Ani yasooka okuwa obunnabbi? Musa. Ani yasooka okujja, Musa oba Balamu? Musa. Ani yasooka okujja, Yeremiya oba Kananiya? Mulaba kye ŋŋamba?

192 Mwetegereze, baakopperera. Abageegeenya ab'omubiri, baali beesimbu, nga balowooza nti baali "baweereza Katonda," nga Dawudi bwe yakola, wiiki ewedde, so nga kwali kugeegeenya kwa mubiri. Nkyakirinzeeko eddakiika. Njagala mukirowoozeeko wakati w'ebifo bino. Ssinga ssikyogera, mazima ddala Omwoyo Omutukuvu ajja kukyoleka, naddala eri Abalonde. Mukiraba?

193 Ekibiina ky'eddiini ya Falaawo kigamba nti, "Tulina abasajja abasobola okukola ekintu kye kimu ekyo," era baakikola. Mukiraba? Lwaki Falaawo kino yakikola? Lwaki Katonda yakiganya? Lwaki Katonda yandisindise nnabbi yennyini, afukiddwaako amafuta okuserengetayo akole akabonero mu maaso ga Falaawo, ate oluvannyuma n'aganya omukopperezi ow'ekibiina ky'eddiini okujja n'akola ekikafaanana mu maaso g'abantu? Lwaki Yandiganyizza omugeegeenyi okusituka n'akikola, n'akolera ddala ekintu kyennyini Omwoyo wa Katonda owa nnamaddala ky'akoze? Mukiraba, Ebyawandiikibwa biteekwa okutuukirira.

194 Mwetegereze, kino Yakikola asobole okukakanyaza omutima gwa Falaawo n'Abamisiri, nga balaga nti Musa yekka si ye yalina Ekigambo. Nabo baali basobola okukola byonna mu ngeri y'emu nga Musa bwe yali abikola.

195 Naye lwaki Katonda yaganya ekintu kino okubeerawo mu nnaku ez'oluvannyuma? Kibeere nti, ekintu kye kimu okufaananako nga omwoyo ogw'obulimba bwe gwagamba Zeddekiya nti, "Akabu tunaamutwaririza tutya eyo, okusobola okutuukiriza ebintu bino?" Abantu bano Anaabakwatiriza atya, abeesiga amakanisa gaabwe, basobole okujja beetabe mu kintu kino kisobole okutuukirira, nga bwe Yalagula? Abo, ab'omu Mulembe guno ogw'Ekkanisa ya Lawodikiya, "Kubanga ogamba nti oli 'mugagga, era tolina kye weeetaaga. Ntudde nga nnabakyala.' Tolina kantu yadde! Tokimanyi nti oli munaku, asaasirwa, omuzibe w'amaaso? Kale nkuweerera amagezi ojje

ogule ku Nze," bwe Yagamba, "amafuta ne zaabu." Lwaki Yakikola?

196 Lwaki Yaganya okugeegeenya kuno kusituke mu nnaku zino ez'oluvannyuma, ebintu bino nga bituukirira olw'Ekigambo kya Katonda eky'amazima; ate n'aganya abageegeenya okuvaayo ne bakola ekintu kye kimu, naye ate ne beegaana Ekigambo kya Katonda eky'amazima? Yakikola ku lwa Musa. Ne Falaawo yakikola kuwakanya Musa; ne, Yane ne Yambere, nabo baakikola kulwanyisa Musa. Era Bayibuli egamba nti kiriddamu ne kibaawo mu nnaku ez'oluvannyuma. Ze zino ze tulimu. Kati, oba ebyo si bye Byawandiikibwa ebituukiridde, olwo ebituukiridde bye biri wa?

197 Musa yakaayana nabo n'agamba nti, "Laba eno! Laba eno! Ekyo temulina kukikola. Ekyo nze nzekka eyayawulibwa okukikola. Laba eno! Mulekere awo okubikola, bunnambiro"? Yabaleka bulesi ne bagenda mu maaso.

198 Mubaleke bagende mu maaso. Mujjukire nti, Bayibuli egamba nti, "Nga obwonoonefu bwa bali bwe bwalabisibwa mu lujjudde, n'obwa bano bwe bulirabisibwa mu nnaku ez'oluvannyuma," nga Omugole akwakkuddwa n'atwalibwa mu bbanga. Mulabeeyo.

Musa, Ekigambo kyennyini ekyali kirabisiddwa, teyayogera kintu kyonna, yakireka bulesi. Naye ekyo Yakikola bw'atyo asobole okukakanyaza omutima gwa Falaawo, Falaawo alyoke alimbibwe.

199 Yakola ekintu kye kimu kyennyini ekyo Asobole okuwubisa Akabu. Era kasajja kattu ako nga kayimiridde awo kokka, ka Mikaaya, nga ko kabagamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." N'omulala n'ayimirira wali, nga naye afukiddwaako amafuta nga agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Wabula, nga bakontana.

200 Olwa leero tuyimiridde ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nti okubatiza mu mazzi mu nnaku ez'oluvannyuma kulina kuba mu Linnya lya Yesu Kristo. Kyokka omuntu omulala n'ayimirira n'akola n'eby'amagero, nga ate, akkiririza mu njigiriza y'Obusatu.

201 Ndaga ekigambo *tiriniti* mu Bayibuli. Ndaga awali Bakatonda abasatu. Ndaga awali ebintu ebifaananako bwe bityo. Tebiri mu Kigambo kya Katonda. Teriiyo na muntu yenna eyali abatiziddwa mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu," nga bakozesa ebitiibwa ebyo. Ebintu bino byonna mbu, "Aah, tekirina nsonga, bannyinaffe. Ekyo tekirina kabi, mubeere n'empanvu . . . enviiri zammwe ne bwe muzisalako. Eyo si nsonga, toteekwa kukola *kino*, *ekyo* oba *kiri*. Aah, ebyo tebiriimu nsa, eyo endowooza yadiba dda."

202 Naye Bayibuli yo ekyo ky'egamba! Era yasuubiza nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, Alituma Omwoyo wa Eriya, era

aliyita abantu, abaana ba Katonda, okukomawo eri Okukkiriza okwasooka nga bwe kwali ku lubereberye, okw'Ekigambo." Ekigambo ekyo kyakakasibwa, Omwana w'omuntu mu nnaku ez'oluvannyuma, mu ngeri y'emu nga bwe kyali e Sodoma; jjo, leero, n'emirembe gyonna. Yasuubiza okukikola. Kisuubizo kya Katonda. Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

Mwetegereze, baakola ekintu kye kimu, nga Musa kye yakola, okutuusa Katonda lwe kyamuyitirirako.

203 Kati mujjukire nti, kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kijja kutuukirira mu nnaku zino. Kaakati, munoonye wonna mu nsi; mukebere buli nzikiriza enkyamu, mukebere buli kabiina, mukebere buli muntu, mukebere buli kkanisa! Mbakuutira, mu Linnya lya Kristo, okukola kino, mmwe ababuulizi. Mbakuutira okusoma empapula z'amawulire oba okugenda yonna gye mwagala okukola okunoonyereza, mulabe oba tekiri ku nsi mu kiseera kino kyennyini. Olaba?

204 Kale nno, Matayo 24:24 kituufu ddala. "Abafukeko amafuta, ab'obulimba balisituka mu nnaku ez'oluvannyuma, era baliba bannabbi ba bulimba, era balikyamya bangi." Mukyetegereze kati mu by'okugeraageranya, nga bwe kyeraga kaakano, mulaba, "Balikyamya bangi." "Bannabbi," bangi; "Bakristo," abafukeko amafuta, bangi; ba ngeri nnyingi, Omumesodisiti, omanyi, n'Omubaputisiti, n'Omupentekoote, n'abalala. Mukiraba?

Naye waliwo Omwoyo wa Kristo omu omutuufu owa nnamaddala, era oyo kye Kigambo ekyambadde omubiri nga bwe Yasuubiza okukikola.

Kati tugenda kweyongerako katono mu maaso, ku Byawandiikibwa ebirala.

Okutuusa, Katonda lwe kyamutama, nga ekimala kimala. Obwonoonefu bwabwe ne bulabisibwa.

205 Weetegereze. Mujjukire nti, ekisusunku kifaananira ddala empeke y'eŋŋaano. Mukiraba? Kati, wali toyinza kugamba, emabega eri mu mulembe gwa Luther nti, "ekikolo kye kyali eŋŋaano," yadde nakyo kyalimu Obulamu. Ekikolo tekirina kabi, Obulamu obuli mu kikolo tebwalina kabi, naye, mujjukire nti, Obulamu bweyongerayo mu maaso; bwava ku Erisa ne bugenda ku Eriya. Obulamu bugenda bweyongerayo mu maaso. Naye, mujjukire nti, bugenze mu mutendera mulala. Tebuyinza kusigala mu mutendera gwe gumu. Tetuyinza kulya nnyama nvundu ey'omu mulembe mulala ogwayita. Tetuyinza kulya nnyama nvundu ey'Ekipentekoote, ey'Ekimesodisiti, oba ey'Ekibaputisiti. Mukiraba, evunze. Tulina Emmere ensu, kye Kigambo ky'ekiseera kino, n'ebirala.

206 Mujjukire nti, ekisusunku kifaananira ddala empeke y'eŋŋaano. Tosobola ku. . .Tekyagifaanana nga ekyali mu mutunsi, tekyagifaanana nga ekyali mu kirimba, naye mazima kyagifaanana nga eri mu kisusunku. Tekyafaanananga. . . Yesu

Kristo omu jjo, mu Luther; tekyafaanana bwe kityo mu Wesley; naye mu butuufu bwe kifaanana mu Bapentekoote, kisobole "okukyamya n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Mukiraba? Giigyo emirembe gyo.

207 Naye mujjukire nti, ekkanisa y'Abapentekoote eyo, mu nnaku ez'oluvannyuma, ye ya Lawodiikiya; era Kristo yagoberwa ebweru, oyo omutima gw'Empeke, Eŋŋaano, Yennyini. Bwe Yagezaako...Mujjukira, Ye bwe yagezaako okweyoleka mu kkanisa Mwene, yagobwamu. Yali ekyali kkanisa, nga ekyebala okuba; enfukeko amafuta.

208 Naye Ekigambo *kiikino*, Kristo Mwene, oyo kye Kigambo ekifukeko amafuta ekirijja okunona ekitundu ekirala eky'Omubiri Gwe, Omugole. Okufukibwako amafuta, n'amazzi ge gamu agaafukirira eŋŋaano, nga bwe twakyogeddeko, ge gafukirira n'eŋŋaano ey'omu nsiko, abo abafukeko amafuta. Abo bokka Abalonde, oba abaateekerwateekerwa, be balisobola okulaba enjawulo eri wakati wabyo. Kati, Abaefeso 5:1 bwe kityo bwe kikugamba, n'engeri gye kyalimu.

209 Abo be bafukeko amafuta. Buli omu gamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Wano we tuli tulina eddembe. Aleruuya! Tu...O, aleruuya! Twogera mu nnimi, ne tubuuka. Tulina eddembe ly'abakazi; bantu mmwe mugezaako okubakotoggera nga mubanyigiriza na bino byonna." Mukiraba? Mugende mu maaso. Tolina ky'oyinza kukolawo. Bagamba mbu, "Ndaba, twogera mu nnimi. Ne tulekaana. Ne tuzinira mu Mwoyo. Ne tubuulira Ekigambo." Mazima ddala. Ssikiwakanya n'akatono. N'abasajja bano aboogerwako wano mu Bayibuli bwe batyo bwe baali.

Yesu yagamba nti, "Kirikyamya n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka, Abalonde bennyini."

210 Kati mwetegereze ekisusunku...Okuva ku Mpeke nnakabala, Empeke eyo eyasigibwa mu ttaka, Teyali ya kibiina kigunje n'akatono. Yali Mpeke emu, ku Bwayo. Naye bwe yamera, teyali Mpeke; kyali kifuuse kibiina kigunje, mukiraba, makoola, kirimba.

Awo n'Egenda mu mutendera omulala, nga lwe luyange. Era kyali tekinnafaanana nga ekyasooka. Yali kibiina kigunje.

211 N'eyingira mu kisusunku, n'amakoola mangi, ye Pentekoote, nga kyenkana kigifaananira ddala kati. Kitunuulire okyekalirize. Kigenda kyeyongera okwewumba buli kaseera, nga kyenkana kifaanaanira ddala, kirabikira ddala nga Empeke y'eŋŋaano bw'olaba akakuta ako bwe kafaanana.

212 Naye ku nkomerero n'Erabisibwa, nga si kibiina ekigunje. Nga tewakyali bitwazi nate. Ebibiina ebigunje bitwazi butwazi. Kati tewakyali bitwazi nate; ekikolo kiteekwa okufa, ekisusunku kiteekwa okufa, n'ebirala byonna biteekwa okufa, naye yo eŋŋaano esigala nnamu. Ogwo gwe mubiri ogw'okuzuukira,

gukkira ddala ne gubasitula. "Abo ab'oluvannyuma baliba ab'olubereberye, n'ab'olubereberye baliba ab'oluvannyuma." Mukiraba, gubasitulira ddala mu kuzuukira. Mukigoberera bulungi kino? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Mwetegereze, empeke e . . .

213 Ekisusunku kifaananira ddala nga empeke. Era omuntu alima essamba gw'eŋŋaano, oba ekintu bwe kityo, ayinza okutunula n'agamba nti, "Katonda atenderezebwe, nnina ekirimba ky'eŋŋaano," nga ate tannafunamu wadde akaweke k'eŋŋaano akamu. Hmm? Kifaananira ddala nga eŋŋaano, naye ate nga kisusunku.

214 Kati, ab'emikwano, muddeyokko nange emabega. Okudda obuggya okwasooka kwava wa, oluvannyuma (lw'okufa) lw'ebiro empeke y'eŋŋaano nga emaze okugwa mu ttaka, Omubiri, Omugole wa Kristo? Kristo Omugole We yamukolamu ekibiina ekigunje, bwe kyali, Ekkanisa Ye? Tagikolangamu kibiina kigunje; Yateekawo buteesi batume, ne bannabbi, n'abalala, mu Kkanisa, okugikuuma nga nnongoofu. Naye e Nikyeya, mu Roma, nga wayiseewo emyaka bisatu mu mukaaga, baagiteekateeka ne bagikolamu ekibiina ekigunje. Ekyo si bwe kiri? Era n'efa. Buli kimu ekitakkiriziganya na ekereziya eyo kyattibwa. Era n'esigalayo mu ttaka, okumala emyaka bikumi na bikumi, mu ttaka.

215 Naye, oluvannyumako, n'eviirayo mu Luther. Obufumitira obutonotono obusooka obw'eŋŋaano ne butandika okuvaayo. Ekyaddako, ne bututunukayo. Ne beeyongera mu maaso, ne baba ne Zwingli n'abalala, n'ebibiina ebirala bwe bityo. Era, oluvannyumako, ab'Angirikaani ne bajja.

216 Olwo kiki ekyaddirira? Ne wajja Wesley n'okudda obuggya okupya, oluyange, nga ekyo kyeyongera okufaananako nga Eŋŋaano. Naye kiki ekyakituukako? Kyekolamu ekibiina ekigunje, ne kikala ne kifa.

217 Obulamu ne bweyongerayo mu kisusunku, ate ekisusunku bwe kyavaayo nga kyenkana kifaananira ddala nga Eŋŋaano. Naye, ku nkomerero, obwonoonefu bwakyo ne bulabisibwa mu myaka omunaana oba ekkumi egiyise, naddala mu myaka esatu egyakayita. Kati kikola ki? Kyeyawula ku Ŋŋaano.

218 Kaakati lwaki tewannabaawo kibiina kigunje kisituka mu myaka gino abiri egiyise egy'okudda obuggya kuno okw'amaanyi; kulimu bannabbi abafukeko amafuta, n'abayigiriza abafukeko amafuta, n'ebirala byonna, naye lwaki tekiriiwo? Teriiyo kintu kirala kisukka Mpeke. Mukiraba, Ekomyewo, nga si kibiina bubiina. O, bannange, ekyo ne muzibe asobola okukiraba. Teyinza kwekolamu kibiina kigunje; Ekiwakanyiza ddala ekyo. Yo ye mpeke y'Eŋŋaano, Yennyini. Omwana w'omuntu alirabisibwa. Empeke y'Eŋŋaano ejja

kuddayo ebeere nga bwe yali Yennyini nate, ye Mwana w'omuntu mu nnaku ez'oluvannyuma.

219 "Era walijja ebikigeegeenya Ekyo eby'obulimba, mu nnaku ez'oluvannyuma, kabekasinge bikyamye n'Abalonde ssinga kyali kisoboka." Tunuulira ebisusunku byabwe eby'ebibiina ebigunje bwe bigenda bisusumbukako.

220 Biyamba buyambi kwolesa Ŋŋaano, eri Abalonde, abo abali ekitundu ku Yo. Mulabe nga kino bwe kireeteddwa mu ngeri ennungi ennyo wano kati. Abo bokka . . . Mwetegereze, abafukeko amafuta bajja kusobola; Abalonde bennyini, abaateekerwatekerwa, Abaefeso 5:1, oba 1:5, manya, bajja kuba baayawulibwa, nga baalondebwa. Be bokka be kitaliyinza kulimba.

221 Mwetegereze, bannabbi abafukeko amafuta baliba ba bulimba, naye mu makkati ga byonna walibaawo abafukeko amafuta ab'amazima. Naye onoobaawula otya? Nga okozesa Kigambo. Nga, bwe tukirina mu ngeri y'ekisiikirize. Mukiraba? Mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mulaba?

222 Mwetegereze, abo abafukeko amafuta, Ekigambo kyokka kye kigenda okubaawula, so si bubonero. O, nedda. Balikola obubonero bwe bumu, naye Ekigambo kye kiribaawula. Mazima ddala. Bonna baalagula. Bonna baakola *kino*, *ekyo*, na *kiri*, mu butuufu, mu ngeri y'emu. Yesu yagamba nti balikola ebintu bye bimu. Wabula Ekigambo kye kibaawula, olaba, so si bubonero.

223 Mwetegerezza? Yesu kye yayogera wano, mu Matayo 24. Teyagamba nti, "Walisituka Bayesu ab'obulimba mu nnaku ez'oluvannyuma." O, nedda, ekyo tebandibadde na buvumu bukyeyita. Nedda. Wali olabyeyo Omupentekoote nga Mupentekoote yennyini, nga yeeyita, ye yennyini, nti ye "Yesu"? Mukiraba? Leetayo Omumesodisiti ow'obulimba, oba Omubaputisiti, oba omuntu omulala afaananako bw'atyo, oba ekimu ku bibiina ebigunje, ekigamba nti, "Ffe Yesu"? Bamanyi okusingako awo. Ekyo tebajja kukikola. Naye Bayibuli egamba nti baliba "Bakristo ba bulimba," so si Bayesu, wabula, "Bakristo ab'obulimba." Tebayinza n'akatono, kweyita nti, "Nze Yesu." O, nedda.

224 Wabula "Bakristo ba bulimba," naye ate tebakimanyi, kubanga bakontana n'Ekigambo. Ne Katonda akikakasa. Kati, kino nkijjirayo ddala okukyanika byombi bigeraageranyizibwe kati, kubanga bulijjo mulabye ekintu kye kimu nga kikolebwa abantu bano ekifaananira ddala na kiri ekya nnamaddala. Era Yesu bw'atyo bwe yagamba.

225 Kati, nga bwe nnagambye, kati mmwe abali eyo ewala, ku masimu gye muli eyo, ssi—ssibasalira musango, naye eno kkanisa yange era—era kibiina kyange Omwoyo Omutukuvu

kye yankwasa okulabirira, era nnina okubabuulira Amazima. Essaawa eggwaayo.

226 Kati, ekyo baali tebayinza kukyeyita, wabula, "Bakristo ba bulimba," bafukeko amafuta, ab'obulimba, nga balina kumpi buli kabonero na buli nnyukuta ey'Ekigambo. "Bakkiriza okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu?" Awatali kubuusabuusa. "Bakkiririza mu *bino* byonna?" Yee. "Bakkiririza mu kwogera mu nnimi?" Yee. "Bakkiriza obubonero n'ebyewuunyo ebigoberera, nti obubonero bunaabagoberera?" Yee. Abo si Bamesodisiti, abo si Babaputisiti. Nedda, nedda. Abo Bapentekoote. Mukiraba, zino ze nnaku ez'oluvannyuma.

227 Kati, ab'omu mulembe gw'ekkanisa ogwasooka ekyo baali tebasobola kukiraba. Omulembe gw'ekkanisa y'Abamesodisiti tebaakiraba; omulembe gw'ekkanisa y'Ababaputisiti, tebaakiraba; omulembe gw'ekkanisa y'Abapulesibeteriyani, tebaakiraba. Naye, ogw'Abapentekoote, gwefaananyiriza nnyo Ekintu kyennyini! Awo, Eŋŋaano. . . ekisusunku we kisingira okufaananira ddala Eŋŋaano. Baali tebasobola kukiraba ekyo. Mukiraba? Nga tebasobola. Naye zino ze nnaku ez'oluvannyuma, zino ze tulimu. Yee, ssebo.

228 Mwetegereze, ddala nga bwe kyali ku lubereberye, bwe kityo bwe kiriba ne ku nkomerero. Nga Kaawa bwe yataputa obubi Ekigambo ekimu kyokka, Ssetaani ye yakikola eri Kaawa, naye n'akikkiriza. Omukazi, so si omusajja; ekkanisa, so si Ye. Mukiraba? Ekkanisa ye yafuna ekigambo eky'obulimba. Mukiraba? Si Adamu; wabula Kaawa. Si Kristo; wabula ekkanisa, omugole, eyandibadde ateekwa okuba, omufukeko amafuta, eyeeyita Omugole, mukiraba, ye yafuna ekigambo eky'obulimba.

229 Ekyo temukiraba? Kubanga, bikwataganira ddala nga obuguwa bw'engatto, kiringa obukowekowe bwe bugya obulungi ku liiso lyo. Kubanga, buli kimu ky'ojulizaako, Bayibuli, Ekikwataganyiza ddala erudda n'erudda. Kaawa, so si Adamu; Kaawa ye yakikkiriza, so si Adamu. Ayitibwa leero, eyeyeeyita omugole, y'akikkiriza; so si Kristo. Omugole alina ebya buli ngeri, oyo eyeeyita omugole; obubonero bwe bumu, ebyewuunyo bye bimu, na buli kimu kyonna; naye si ye Mutuufu. "Kirikyamya n'Abalonde ssinga kyali kiyinzika."

230 Kati mu bwangu ddala, ssinga kino tuyinza okukimalako mu ddakiika kkumi na ttaano, tujja kuba mu budde. Kati wuliriza bulungi, oleme—oleme kukitegeera bubi, nga ggwe.

231 Kati, tekiyinzika, tebayinza kukigumira kuyitibwa "Yesu ow'obulimba." Tebasobola, kwetantala kweyita, "Yesu." Nedda n'akatono. Ekyo kiba kyeraga kyokka. Ekyo buli omu aba akiraba bulabi. Buli omu aba akiraba nti bo si ye Yesu. Ssifaayo ne bwe baba n'amafuta ku migongo gyabwe,

n'omusaayi mu bibatu byabwe ne ku maaso gaabwe kwonna, baba bakimanyi nti. . .Omuntu yenna ategeera obulungi, amanya bumanya nti abo si ye Yesu. Okiraba? Tebayinza kweyita bwe batyo. Wabula beeyita "abafukeko amafuta." Era bakola obubonero n'ebyewuunyo, "kabekasinge n'okukyamya bakyamye n'Abalonde." "Wabula Bakristo ab'obulimba, abafukeko amafuta, balijja, era balirimba n'Abalonde ssinga kyali kisoboka."

Kati mwetegereze nnyo. Kino kye njogera temukisubwa, kubanga kisaanidde okuwulirwa.

Agezaako okusiba seroteepu ku kanzindaalo kano wano, kaleme kusagaasagana. Mbadde ntuuyana; laba, entuuyo ne zitonnya ku seroteepu.

Kale kirifaananira ddala nga Kyo, Bayibuli, egamba nti bwe kityo bwe kiriba. Mukiraba?

232 Mwetegereze, si Bayesu ab'obulimba. "Bakristo ab'obulimba!" Bakkiriza nti baliko amafuta, naye bakimanyi nti bo si ye Yesu. Mukiraba, ekyo kyeraga kyokka. Ssinga omuntu avaayo n'agamba, leero nti, "Mulabe enkovu mu bibatu byange. Mutunule mu kyenyi kyange. Nze Yesu." Kale, kati, tukimanya bumanya nti kikyamu. Era, mujjukire nti, Yesu tagambangako nti abantu ab'engeri eyo be balijja. Yagamba walijja "Bakristo ab'obulimba." "Bakristo," mu bungi, ebibiina by'amadiini, n'ebirala, *abafukeko amafuta;* abaafukibwako amafuta g'omwoyo gw'eddiini, agatali ga Kigambo. Mukigoberera? Si Yesu ow'obulimba. Wabula "Bakristo ab'obulimba," abafukeko amafuta, ab'obulimba. Mukiraba? O, nga kyeraga kyokka! Ye nga tu. . .Mazima tosaanidde kukisubwa!

233 Kati, mujjukire nti, bulijjo mbaddenga mbagamba nti waliwo abantu ba bika bisatu. Waliwo ebika by'abantu bisatu: Kaamu, Seemu ne Yafeesi, ebika bisatu. Ebika bisatu, era nnagamba nti abo, ye mukkiriza, eyeefaananyiriza omukkiriza, n'oyo atakkiriza. Bulijjo bwe kibaddenga, era bwe kityo bwe kiriba. Mukiraba? Waaliwo Musa, ye mukkiriza; waaliwo Yane ne Yambere; abo abaali abatakkiriza. Mukiraba? Waaliwo Balamu; Musa. . .Ebika by'abantu bisatu bulijjo, ebika bisatu; omukkiriza, eyefaananyiriza omukkiriza, n'oyo atakkiriza.

234 Kati mujjukire nti, oyo atakkiriza, ekkanisa ey'ekibiina ky'eddiini, tebakkiririza n'akatono mu bubonero; bannyogovu, ebintu babikola mu ngeri ya mikolo bukolo, bakakanyavu, ye kkanisa ey'ensi, ddiini budiini. Naye oyo eyeefaananyiriza omukkiriza kye kisusunku ekyo. Oyo ye muntu eyeefaananyiriza nga akkiriza. Ate ne wabaawo n'omukkiriza yennyini owa nnamaddala. Kati, mubeetegereze engeri gye batambulamu kati, mu kaseera katono.

235 Era mwetegereze obuvumu bw'abatakkiriza bano, manyanga bano abeefaananyiriza abakkiriza n'abatakkiriza.

Bannange! Bavumu, labayo, era nga ne Ssetaani bwe yeesimba mu Maaso g'Ekigambo kyennyini eky'amazima, n'agamba nti, "Kyawandiikibwa!" Ekyo si bwe kiri?

236 Ssetaani kiki ekyamukoza ekyo? Lwa kuba yali tamanyi Kigambo kya...Yali akimanyi nti Ekigambo ekyo kyali kya mu nnaku ezo, naye Omusajja ono omutono omuteefu yamubuusabuusa okuba nti ye yali Ekigambo ekyo. "Bw'oba ggwe Mwana wa Katonda. Mmanyi nti Omwana wa Katonda ajja, kubanga Kigamba nti ekyo ky'Alikola. Era kyawandiikibwa nti, 'Ye Alituma Bamalayika Be okukulabirira Ggwe.' Mukiraba? Kinkakase! Kolawo eky'amagero! Ka nkulabe ng'Okikola." Mukiraba? Mukiraba?

237 Mulaba, atakkiriza, eyeefaananyiriza omukkiriza, n'oyo ageegeenya obugeegeenya. Laba Yuda nga ali ddala wamu nabo, mu kiseera kye kimu, oyo eyeefaananyiriza omukkiriza! Mukiraba? Mwetegereze, n'Ekigambo kyennyini kyali awo.

238 Nga balina obuvumu! "Kati, ebyo ebitaliimu magezi tobifaako. Tebiriimu nsa Ebyo. Togendayo eyo. Kibiina kya bakubi ba mbeekuulo kyokka. Tebiriimu nsa Ebyo. Ebyo byonna nfumo bufumo. Ebyo bikuli mu ndowooza yo." Mulaba, mulaba kye ŋŋamba? Beesimbira ddala mu Maaso g'Ekigambo ne boogera bwe batyo.

239 Ssetaani yayingira bulambalamba. Nga Bayibuli bwe yagamba wano mu Yuda nti, "Ne Malayika Omukulu, nga awakana ne Ssetaani, yagamba nti, 'Mukama akunenye.'" Nga awakanya Ekigambo Kyennyini!

Kyokka wuuno wano omulabe wa Kristo, aliko amafuta, nga ayimiridde wano wennyini nga awakanya Ekigambo eky'amazima eky'omu nnaku ezo, Yesu Kristo, era nga agamba nti, "Kyawandiikibwa."

240 Mulabe ennaku ez'oluvannyuma. "Kiriba kikifaanana nnyo n'okukyamya kikyamye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." O, bannange! Ensonga erigaana Abalonde okulimbibwa, mugimanyi? Lwa kubanga bo kye Kigambo. Mukiraba? Nga Obulamu obuli mu kikolo, naakyogeddeko gye buvuddeko nti, tebusobola kwewakanya Bwo bwennyini. Mukiraba, Buba Kigambo era nga buli mu ntuuko z'Ekigambo. Bwe kiri.

241 Okufaananako ne Yeremiya, ye yali akimanyi. Si nsonga Kananiya biki bye yayogera, ye yali amanyi w'ayimiridde. Era ekyo kiri nga ddala Musa kye yakola, n'a—n'abalala bonna. Nga, amanyi nti, nnabbi w'obulimba k'ayogere kiki kyonna, Ekigambo kya Katonda kyali kigambye bwe kityo. Kyali kyawandiikibwa.

Eyo ye nsonga lwaki Mikaaya yasobola okugamba nti, "Kale, mmwe mulindeeko mulabe."

242 Akabu yagamba nti, "Nze nzikiriza bannabbi bange. Ekibiina kyange kituufu. Bwe ndikomawo emirembe. . . Omusajja oyo mumuteeke mu kkomera. Ndimukolako! Mumuwe emmere ey'okubonaabona. Mumwesaleko, temukolagana naye n'akatono. Bwe ndidda emirembe, akasajja ako tulikakolako."

243 Mikaaya n'agamba nti, "Bw'olikomawo, Mukama aliba teyayogedde nange." Yali akimanyi nti alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, era okwolesebwa kwe kwali kukwataganira ddala ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA; nga si bwa kiseera kirala, wabula nga bwa kiseera ekyo kyennyini. Amiina! Aleruuya! Ekiseera kyennyini!

Obukalukalu, okuyimirira okuwakana ne Malayika omukulu! Waliwo enjogera egamba, nti, "Bamalayika we batya okutambulira abasirusiru basaalimbirawo nga bakoona engatto eziriko obusumaali." Bwe kiri.

244 Ensonga lwaki Abalonde, Yesu yagamba nti, tebalirimbibwa, eri nti kubanga bo kye Kigambo ekyo. Tebayinza kubeera kintu kirala kyonna. Tebayinza kuwuliriza kintu kirala kyonna. Tebamanyiiyo kintu kirala kyonna. Bwe kiri.

245 Mujjukire, Musa okugeegeenya kwabwe kwonna tekwamunyeenya n'akatono. Yaterebuka? Musa yagambako nti, "Kati, sooka olindeko, Falaawo. Omanyi? Mukama ye yaŋŋambye okukola kino, naye, ekitiibwa kibe eri Katonda, ndaba n'abalenzi bo basobola okukola ekintu kye kimu. Kale, ka nkubuulire kye nnaakola, nja kukwegattako"? Huh! Oyo tawulikika kuba nnabbi wa Katonda. Nedda, n'akatono! Yayimiririra ddala nga munywevu nga bw'asobola. Yali amanyidde ddala, ddala, nti mu buli ngeri Katonda ajja kukituukiriza, kubanga Yasuubiza okukituukiriza. "Ndiba nammwe. Ssiribaabulira."

246 Yali akimanyi, n'olwekyo teyabeegattako. O, nedda. Yasigala mwesimbu gye bali. Teyayagala wadde ekimu ku bibiina byabwe eby'eddiini. Yasigala mwesimbu ddala eri Katonda. Teyatwalirizibwa na bintu byonna bye baali bakola. Bwe baakolanga ekintu kyonna . . . Yaleeta ensekere; nabo ne baleeta ensekere. N'aleeta omusaayi; nabo ne baleeta omusaayi. Yaleeta buli kintu; nabo mu buli kimu ne bamugeegeenya, nga ky'akola kye bakola. Ye yayimirira butengerera. Nga amanyidde ddala, nti, Katonda ye yali akola omulimu.

247 Kati mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bw'ogatta ebbiri n'ebbiri, tofuna nnya? ["Amiina."] Tekikwetaagisa kwetakula nnyo. Kale nno, mu—mukitegeera, mukiraba.

Lwaki? Tekiribalimba, abakkiriza aba nnamaddala, bo ye Nsigo eyateekerwateekerwa okuyimirira mu lunaku luno.

248 Kye kimu, nga, Yesu bwe yagamba nti, "Bangi balijja ku lunaku luli, mu Linnya Lyange, ne bagamba nti, 'Mukama,

ssaagoba emizimu mu Linnya Lyo?'" Yesu n'agamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, nga ebiseera biweddeko n'okuzuukira okukulu nga kutuuse, nti bangi balijja ne batuula mu Bwakabaka." Obwakabaka bwa Katonda buli mu mmwe.

249 Bangi, ebiddoddo birijja ne bituulira ddala wamu n'Eŋŋaano, ne bigamba nti, "Kati, sooka olindeko, Mukama! Nnayogera mu nnimi. Nnaleekaana. Nnazinira mu Mwoyo. Nnagoba emizimu. Nnayogera mu nnimi. Nnakola ebintu bino byonna."

Yaddamu ki? Mwetegereze. "Mmwe abaakola eby'obujeemu, ssibamanyangako."

250 *Obujeemu* kye kiki? Baako gw'obuuza. Kye "kintu ky'omanyi nti oteekwa okukikola, naye n'ogaana okukikola." Ekigambo ekyo bakimanyi. Bakiwulira. Owuliriza olutambi luno. Owuliriza Obubaka buno. Okiraba nti Mukama Katonda bw'atyo bwe yagamba; omulaba bw'Akinyweeza, n'akituukiriza. Era Kino okimanyi kyeraga kyokka nga enjuba eyaka wabweru, naye ggwe aneesiba ku kibiina kyo eky'eddiini, ne weekwata ku bintu ebyo eby'obulimba; oli mukozi wa bujeemu!

"O, ddala, nnakuba enkuŋŋaana z'enjiri ez'amaanyi. Nnakola *kino*. Nnakola ne *kiri*."

Yagamba nti, "Vva Wendi, ggwe eyakola obujeemu, ssikumanyangako."

251 "Naye, Omwoyo Omutukuvu yanzikako." Ekyo ssikibuusabuusa n'akatono. "Nnayogera mu nnimi. Nnayimbira mu Mwoyo. Nnakola . . . " Ekyo ssikibuusabuusa n'akamu. Ekyo tewali akiwakanya. O, muganda wange, mwannyinaze, mbeera nnabaki eyo!

Kino kiseera kya kukankana. Tuli ludda wa? Ekigambo kino kati kiddamu okuba Ekiramu. Mwetegereze.

252 Weewaawo, Yagamba nti ekyo balikikola. Mwetegereze, "Mmwe abaakola eby'obujeemu." Nnina Ekyawandiikibwa kye nnawandiise wano. Ssimanyi bumanya wa we kiri. Ntutte obudde buwanvu nnyo. Ŋŋenda kukinoonyako, katono, ndabe kye kigamba. Nfu—nfunye Matayo 7:21. Ssi—ssimanyidde ddala wa. Nze, oluusi ssiwandiika bikikwatako byonna, kale, mba—mba mbuulira, ne—ne nneerabira kye mbadde njuliza ku Kyawandiikibwa ekyo. Matayo 7:21.

> *Si buli muntu agamba nti, Mukama wange, Mukama wange, y'aliyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu; wabula akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala.*
>
> *Bangi* abaliŋŋamba *ku lunaku luli nti, Mukama waffe, Mukama waffe,* tetwalagulanga . . .

253 Bannabbi, abafukeko amafuta! Si bwe kiri? "Tetwali bannabbi? Tetwaliko mafuta, abafukeko amafuta? Ssaalagula mu Linnya Lyo? Era ssaagoba emizimu mu Linnya Lyo?"

Ekyo oyinza otya okukikola, kyokka ate n'ogaana okubatizibwa mu Linnya lya Yesu? Mukiraba? O, bannange! Mulaba bwe bakyamya? Batuukira ddala awo wennyini, ate ne badda emabega. Batuukira ddala ku Kigambo, ate ne badda emabega. Kati mulabeeyo kino. Kino tugenda kukiraga, mu kaseera katono.

> *Bangi* abaliŋŋamba nti. . . *Mukama waffe, Mukama waffe,* tetwalagula, tetwali bannabbi?. . .

Weewaawo, ekyo nnakyogeddeko mu Matayo 24:24.

> . . . *era mu linnya lyo* . . . *tetwagoba emizimu? era mu linnya lyo tetwakola bingi* eby'ewu-. . . *emirimu* mingi?
>
> *Awo ne ndyoka* mbaatulira nti, *ssibamanyangako: muve wendi, mmwe abakola eby'obujeemu.*

254 "Bwe Kyateekebwa ddala mu maaso go n'okiraba, n'okiraba nga kigenda mu maaso, n'olaba nga kye Kigambo; naye olw'okwagala ennyo eddiini yo n'ogiremerako. Ssikumanyanganako. Ssifaayo mizimu emeka gye wagoba, emirundi emeka gye wakola *kino* na *kiri*; ssikumanyangako n'akatono."

Balamu yagamba nti, "Nnalagula bulungi, mu Linnya Lyo. Ne bituukirira."

"Ekyo kituufu ddala, naye, bwe gwatuuka ku Kigambo, wakigaana."

255 O, sseruganda, olaba akatundu akakyamya? Si kubeera bubeezi "nnabbi," ddala kyokka; wabula kubeera na Kigambo, Ekigambo eky'amazima, Ekigambo ekikakasiddwa n'okulabisibwa ne kirabisibwa. "Mmwe abakola eby'obujeemu!"

Okugezaako, Ssetaani agezezzaako mu mirembe gyonna okugeegeenya Ekigambo eky'amazima. Ekyo tukimanyi, si bwe kiri?

256 Mwetegereze, batuukira ddala ku nsalo wennyini ate ne bamala ne beesittala okubivaako. Mulabeeyo wano, yagamba, mu Baebbulaniya essuula ey'o 6 (Kati, gye tubadde twakasoma, nnabagambye, "okukijuliza," era kye tugenda okukola mu ddakiika entono eziddako.), yagamba nti:

> . . . naye ebala *amaggwa ne* omwennyango. . . nga *eri kumpi* n'okugaanibwa; *enkomerero yaayo kwokebwa.* (Bakoma ku nsalo!)
>
> . . . mmwe *abaalega* . . . *ku kirabo eky'omu ggulu,* . . .

257 "Baalegako," amakulu nti, mwakiraba! Tosobola [Ow'oluganda Branham awumba emimwa gye—Omuk.] kukikombako na mumwa gwo. Naye wakirabira ddala, era wakimanya nti Kyo ge Mazima. Wakimanya nti Kyo ge Mazima. "Abaalega ku kirabo eky'omu Ggulu."

. . . era *ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo* Omutukuvu, nga bwe yabakkangako,

. . . *baalega* ku *kigambo ekirungi ekya Katonda,* . . .

"Mwalegako," ne mukiraba nti kituufu. "Era n'Omwoyo Omutukuvu n'abakkako," mmwe omuddo oguli mu nnimiro.

. . . ne bamala ne *bagwa,* . . .

"Ne mwegaana Kristo yennyini eyabatukuza, era n'abayita, era n'abafukako amafuta ago."

. . . *tekyaliyo ssaddaaka ndala olw'ekibi,* olw'ekyo.

Tekisonyiyibwa! "Tekikyasoboka eri bo okufuna akakisa k'okumanya Amazima."

Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala . . . okugabana ku Mwoyo Omutukuvu,

258 Eyagwa ku muddo, mukiraba, "Baatandika ne Yesu, nga bagamba nti, 'Mukama, ŋŋenda mu maaso,'" naye bwe baasisinkana Ekigambo, ate ne bawetamu okudda emabega. "Ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, era n'okulega ne balegako oba ne balaba n'Ekigambo kyennyini nga kirabisibwa." Ate oluvannyuma ne bakivaako, "Tekiyinzika n'akatono abo okuddamu okukiraba oba okujja gye kiri."

259 Ekyo kiri BWE KITYO EKYAWANDIIKIBWA BWE KYOGERA. Kati, ggwe . . . "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Kyo tekiriggwaawo." Mukiraba? "Tekisobokera ddala." Bayibuli bw'etyo bw'egamba, era n'Omwoyo akijulira.

260 Mwetegereze, ka mbaweeyo eky'okulabirako ekyangu. Mulabe abantu abo abaafuluma wansi w'obunnabbi bwa Musa, ne bava mu kibiina ekyo ekigunje, ne bava mu buli kintu, wansi w'obunnabbi, ne balaba emirimu egy'amaanyi n'ebyewuunyo, n'ebintu ebiri nga ebyo, ne basemberera ddala okutuuka ku nsalo awasomokerwa.

261 Kati, Lee, awo kiri we kijjira ekikwata ku "linnya mu Kitabo." Okiraba? Kikwanukuddwa. Eri mmwe abatali wano, abali ebweru eyo—ku masimu, Dokita Lee Vayle atudde wano. Atereeza ggulaama w'omukitabo kino eky'Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa. Era wabaddewo obuzibu, manyanga ekibuuzo, ekikwata ku "linnya lyo okuggyibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'endiga eky'Obulamu." Mukiraba, kitawaanyizza abaweereza bangi nnyo. Naye mugumiikirize okutuusa lwe munaafuna ekitabo, ojja kukitegeera ne bw'onooba nga olina mu ggwe Ekitangaala kitono kitya. Mukiraba?

262 Mwetegereze, kati, ojja kukikyawa era ojja kutunula eri bw'oba toyagala na kukitunulako. Nga mmange bwe yateranga okwogera nti, "Toyinza kukamula musaayi kuva mu kiyuuniyuuni, kubanga tekibaamu musaayi."

263 Mwetegereze, Omusana guteekwa okubaawo; so si mu kizikiza. Omusana gujja eri ekizikiza, naye ekizikiza ne kitagutegeera. Mwetegereze kaakano abafukeko amafuta ab'omu nnaku zino.

264 Nga Musa bwe yafulumya abaana ba Isiraeri bali; ne bawuliriza era bonna ne batabulwa n'eggwanga liri ery'amaanyi. Kati, Isiraeri baali tebafugibwa nkola ya ddiini yonna. Baali tebalina ttaka, tebaalina butaka. Baali boolekedde kufuna bufunyi butaka.

265 Ffe tetulina kkanisa. Tetuli . . . Tu—tugenda eri mu Kkanisa, Ekkanisa ey'Omubereberye, Ekkanisa eyo eri mu Kitiibwa; so si ekkanisa ey'oku nsi, eyateekebwawo abantu obuntu. Wabula Ekkanisa eyo eri mu Kitiibwa, abaayitibwa okufuluma, abaateekerwateekerwa Obulamu Obutaggwaawo, mukiraba, abagenda mu Maka gaabwe.

266 Naye bwe baatuuka awasomokerwa, baabuusabuusa Ekigambo, ne badda ennyuma. Oluvannyuma nga Yoswa ne Kalebu n'abalala bamaze okusomokayo ne baleeta n'ekirimba ky'ezzabbibu, okubakakasa nti ensi yali gyeri, Ekigambo ky'ekisuubizo kya Katonda nti, "Nsi nnungi, mata na mubisi gwa njuki." Ne babireeta, erudda eno, okukibakakasa. Ne babiregako n'okubiregako, naye ne bagamba nti, "Ha, ha, tetukisobola, ne bwe kiba kiki."

267 Biki ebyaddirira? Baazikiririra mu ddungu. Baasigala awo wennyini era ne beegunjamu ekibiina, ne bafa, bonna, naye abo abaasomoka ne babaako kye baakomawo nakyo, be ba Yoswa ne Kalebu; Musa ye yawaanyisibwa buwaanyisibwa. Ekifaananyi ekiraga Ekkanisa eri mu kulindirira; n'okuzuukira kw'ab'Endagaano Enkadde, Endagaano Empya; n'Omubiri ogukwakkuliddwa. Ebisatu mubalaba awo? Birina kusigala mu busatu nga bikwatagana, mukiraba, kale, mu mukkiriza n'oyo atakkiriza. Mukiraba?

268 Mulabe engeri gye kyalimu mu "bulambirira." Mujjukire nti, Katonda tasonyiwanga kibi ekyo. Kati balisobola batya okuyingira? Bwe gaba gaali maggwa ku ntandikwa, era galiba maggwa ku nkomerero. Abo bokka abaateekerwateekerwa be balisobola okukiraba.

269 Kaakati mwetegereze nnyo. Okufaanana nga bwe kyali mu biro by'Omutukuvu Martin, nga Emirembe gy'Ekizikiza ginaatera okutandika; omusajja oyo eyali atya Katonda. Bameka abaali basomye ku biwandiiko by'Omutukuvu Martin? Bangi ku mmwe mwali mubisomyeko. Waliwo gye twagenda okufuna ku biwandiiko by'Omutukuvu Martin; omusoosoodoti n'atugamba nti, "Naye teyalangirirwa mu lubu lw'abatuukirivu." Kituufu, teyalangirirwa; bo tebaamulangirira, wabula Katonda yamulangirira. Omwoyo Omutukuvu yatulagira okumuteekako ku mulembe gw'ekkanisa ogwo ogw'okusatu. Mukiraba?

270 Laba musajja wattu oyo eyali atya Katonda; eyayitibwa, eyateekerwateekerwa. Bazadde be, baali bakaafiiri. Kitaawe, yali mujaasi. Yali alina okugoberera omulimu gwa kitaawe, naye abeere muserikale. Era, bwe yakikola, bulijjo yabeeranga akkiriza nti waaliyo Katonda; omusajja ow'omu bibira, naye nga asobola okulaba Katonda. Lumu yayita mu kibuga, kati waaliwo masiikiini ali awo, nga agenda kufa, nga aliko gw'asabiriza . . . Yali awulira obunnyogovu bungi ekiro ekyo. "O," n'agamba nti, "mpaayo eky'okwebikka; bwe ssikifuna ekiro kya leero ŋŋenda kufa."

271 Tewaali n'omu yayinza kukimuwa. Kale Martin n'ayimirira ku ludda olumu n'amutunuulira okumala akaseera. Tewaali n'omu yayinza kukikola. Ye yalina ekkooti emu yokka. Obutiti bwandimusannyalazizza, naye kennyini, yali ku mulimu, ssinga yali—yali agimuwadde. Kale n'alowooza nti, "Bwe njawuzaamu wakati ne mmuwaako oludda ffembi tusobola okulama." Bw'atyo n'addira ekkooti ye, n'agisalamu n'ekitala kye, oludda n'alubikka nnamukadde masiikiini. Naye ne yeezingirira mu kitundu ky'ekkooti ye.

Buli omu n'agamba nti, "Mulabe omuserikale asesa. Mulabe omuserikale asesa, eyeezingiridde ekitundu ky'ekkooti!"

272 Ekiro ekyaddako, lwe yali takoze nga agalamidde ku kitanda kye, n'azuukusibwa. Bwe yatunula, nga waliwo ayimiridde awo mu kisenge, n'alaba Yesu Kristo nga ayimiridde awo yezingiridde n'ekitundu ky'olugoye luli olukadde lwe yali yayambazza oli. N'amanyirawo awo wennyini nti, "Ekyo ky'okolera abato Bange, obeera okikoledde Nze, eri abo be Nnafukako amafuta," nga agalamidde awo.

273 Yali muweereza wa Katonda ow'ekitalo. Ekkanisa yamusekerera, n'emuyigganya, n'emugobera ebweru, n'ebirala byonna, naye yali nnabbi wa Katonda. Bye yayogera byatuukirira. Waliwo n'abalala bangi, abaamukkiriza mu mulembe ogwo.

274 Njagala okubalaga nga ssetaani bw'ali omulimba. Lumu yali atudde mu kasenge ke mwe yeetegekera. Ne wajja malayika ow'amaanyi, nga alina engule ku mutwe, nga ayambadde engatto za zaabu, n'omukugiro ku ngoye ze eza zaabu, n'agamba nti, "Martin, ommanyi?" N'agamba nti, "Nze Mukama wo era Omulokozi wo. Nze nnakulokola. Martin, nsinza." Naye nnabbi oyo, kuba yakitegeera nti waaliwo ekintu ekitali kya bulijjo, yamutunuulira nkaliriza okumala akaseera. N'amugamba nti, "Martin, nze Mulokozi wo, Yesu Kristo. Nsinza! Martin, tommanyi?"

275 Martin yasigala amwekaliriza, nga n'Ebyawandiikibwa bwe bimuyitaayita mu birowoozo. N'agamba nti, "Ssetaani, nva mu maaso." N'agamba nti, "Olina engule ku mutwe gwo. Nga

ate Ekigambo kya Katonda kigamba nti 'abatukuvu Be be balimutikkira engule' ku nkomerero y'emirembe."

Ako akatego Omupentekoote yandikasimattuse? Wekkaanye Ekigambo ekyo, sseruganda. Awo we kigasiza.

276 Lumu, omulundi omulala, mu kigo, waaliyo omutukuvu omukadde emmanga eyo, awaali abavubuka b'eklezia bannamalungu. Waliwo omu ku bo eyateranga okwenyiizanyiiza. Kino mukyetegereze, wano waliwo olugero olulungi—olulungi olunyuma leero. Yayagalanga okutwalibwa nti ye yali asinga banne bonna. Yayagalanga okweraga, nti wa buyinza, nti y'abasingako, abakira bonna, wa waggulu, omanyi, mbu wa kitalo nnyo. Yali yeefuula wa waggulu. Bulijjo yayagalanga banne abalala obutaba . . . Omanyi, nga ayagala nnyo okwefuula ow'enjawulo. Mukiraba? Ye, mu buli ngeri, nga wa malala. Nga yefuula nti ye w'enjawulo yekka. Nga teri n'omu yeetantala kumukwatako. Kati mulabeeyo ebyaddirira. Nga agezaako okwefuula ensonga enkulu. Nga ayagala yeegeraageranya ku—ku bibiina eby'ettutumu. Muli nange? Mukiraba? Kale, agamba nti, yalagula. N'agamba nti, "Nange, Mukama anfudde nnabbi. Ndi nnabbi."

Kati, waaliwo nnabbi omu amanyiddwa mu ggwanga, nga oyo ye yali Omutukuvu Martin; yazaalibwa nga nnabbi.

277 Naye akavubuka kano akato, ne kagamba, kavubuka kannamalungu kaali awo mu myaka nga abiri mu etaano egy'obukulu, ne kagamba nti, "Mukama yanfudde nnabbi, era ŋŋenda kukibakakasa." Ne kagamba nti, "Ekiro kino Mukama ajja kumpa ekyambalo ekinene, ekirungi ennyo, akinnyambaze, nga kyeru, antuuze wakati mu mmwe. Olwo mwenna munajja gyendi, mulaba, ndyoke mbawenga ebiragiro."

Kati ekyo kigeraageranye ne leero, mukiraba, "Nze nja okukulembera ekibiina. Nja kubalabirira, mmwe mwenna bannamalungu."

278 Era mazima ddala, "Ekiro ekyo, ekitangaala kyajja mu kizimbe," bwe bityo ebiwandiiko by'Omutukuvu Martin bwe bigamba. Mubisomeeko. Byakakasibwa nti bituufu. Byafaayo byennyini. Kale ekitangaala ne kyaka, abasigadde bonna ne batunula, era ne wajja . . . Yali ayambadde ekyambalo ekyeru, nga ayimiridde wakati mu bo. N'agamba nti, "Mulaba kye nnabagambye?" Naye ate ekyo kikontana n'Ekigambo.

279 Era bwe yagenda n'asisinkana omukadde akulira ettendekero, yatambulako wano na wali, n'agamba nti, "Mutabani, ekyo tekiwulikika nga ekituufu." N'agamba nti, "Waliwo engeri emu yokka." Yiino! "Tusobola kumanya mu ngeri emu yokka. Kirabise nga ekisusse ku by'obuntu." Mbakakasa, Abapentekoote ekyo bandibadde bakimira bukkolokkolo, olusiriŋŋanyi, akayinja, akaguwa, eddobo, na buli kimu! N'agamba nti, "Eky'amagero kyandirabika nga

ekituufu, naye tekikwatagana na Kigambo. Kaakati, tulina omuntu bw'ati, nnabbi eyafukibwako amafuta, ayitibwa Martin. Jangu, tugende gy'ali."

Akavubuka ne kagamba nti, "Nedda, nedda! Martin bino tebirina we bimukwatirako."

Ye n'akagamba nti, "Mu buli ngeri, ojja kugenda." Ne bakasikambula omukono, okukatwala eri Martin, ekyambalo ne kikavaako ne kibula.

Mukiraba, "Kirikyamya n'Abalonde ssinga kyali kisoboka." Mukiraba, babamanyi. Yesu yagamba nti, "Endiga Zange zimanyi Ekigambo Kyange."

"O," oyinza okugamba kiri, '"ziwulira *Eddoboozi* Lyange.'"

280 Ekyo kye Kigambo Kye. "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo." Mukiraba? Abo abaateekerwateekerwa kino bakimanyi. "Ekigambo ekigwira, oba eddoboozi ly'omuggwira, tebajja kuligoberera."

281 Abantu abo ye ngeri gye baakitegeeramu; tebaamala gagoberera. Baali bakimanyi nti waaliwo Martin, nga nnabbi ow'omulembe ogwo, eyakakasibwa Katonda okuyita mu Kigambo, eyali amanyi Ekigambo. Era akasajja ako kaali tekasobola kuyimirira mu maaso gaakyo.

282 N'ekirala yagamba nti, "Awali Ennyama ensu," oba Ekigambo, "mu, ntuuko z'ebiro, awo empungu we zijja okukuŋŋaanira." Kati ekyo kiri mu Mata-. . .Ekyo bwe muba mwagala okukiwandiika, kiri mu Matayo 24:28. Naye nga tonnatuuka, ku Matayo 24:24; ennyiriri nnya wansi waakyo, mulaba, bwe muba mwagala okulufuna. "Awali Ennyama ensu," awali Emmaanu, awali Ekigambo, "awo empungu we zijja okukuŋŋaanira."

283 Kati nteekwa okwanguwako. Ntunuddeko waggulu wali ne ndaba obudde. . .Ziri—ziri eddakiika musanvu oba eddakiika munaana eziyise ku ssaawa omukaaga. Ka nnyanguyirizeemukko, oba si ekyo tunaakimaliriza akawungeezi, kyonna kye musalawo kye tujja okukola. Tukimaleyo ku makya gano oba akawungeezi? Huh? Bameka abalina okuddayo eka olwa leero nga olukuŋŋaana luwedde, ka tulabe emikono gyammwe, laba. Ha, bannange, ndowooza kisingako tweyongereyo mu maaso!

284 Munsonyiwe okulwisa abantu ab'oku ssimu erudda eri bwentyo, naye nja kwanguya. Kya mugaso nnyo okusinga ssente zo. Nzikiriza nti bwe kiri bwe kityo, ku lwange, olaba. Ssente zo ziriggwaawo. Kino kyo tekiggwaawo; kino Kigambo. Okiraba?

285 "Awaba Ennyama ensu, awo empungu we zijja okukuŋŋaanira." Awaba Ennyama ensu, awali o—o—omuyiggo, awo empungu we zijja okukuŋŋaanira. Awali Ennyama

ensu, Ekigambo mu ntuuko zaakyo, awo empungu we zijja okukuŋŋaanira.

286 Naye bw'emala okuvunda, olwo ensega zijja ne zigigwako kiyiifuyiifu. Ddala. Mulaba kye ŋŋamba? Omuyiggo bwe guttibwa, awo empungu nga zijja; naye bw'erwawo, n'evunda, awo ensega nga zijja. Empungu ziba tezikyagyetaaga. Mukiraba?

287 Yesu yagamba nti, "Awo awaba Ennyama ensu," awo Emmaanu we yagwa, ekiro Emmaanu mw'etonnyera nga nsu, "awo empungu we zinaagikuŋŋaanirako." Eyo ye Mmaanu ey'olunaku olwo. Mukiraba? Mwetegereze.

288 Naye bw'emala okuvunda, envunyu zigiyingiramu, awo ensega ne zijja. Teziyinza kugiwunyiriza nga tennavunda. Yesu kye yava ayimirira n'agamba nti, "Yerusaalemi, ggwe eyakuba amayinja buli nnabbi!" Mwetegereze erinnya eryo eryatuukiriza ekifo, mulaba, "Yerusaalemi, Yerusaalemi, emirundi emeka. . ." Oyo yali Ani? "Emirundi emeka gye nnayagala okubakuŋŋaanya nga enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana bwayo, ggwe eyakuba amayinja buli nnabbi gwe nnabatumira," ekkanisa eyo ey'ekitalo, Yerusaalemi.

289 Ekyo Yerusaalemi ekitali kya wano ku nsi, "naye ffe tuli ba Yerusaalemi eky'omu Ggulu," eyo Ekigambo gye kiva, okuviira ddala mu kuteekerwateekerwa, olaba. Si Yerusaalemi ekikadde ekyo ekiggwaawo; wabula Yerusaalemi Ekiggya ekyo ekitayinza kuggwaawo. Si Yerusaalemi kiri ekikadde, ekyazimbibwa abantu; wabula Yerusaalemi kiri Ekiggya ekyazimbibwa Katonda, olaba, Ekigambo waggulu eyo nga kirabisibwa kaakano. "Mu nju ya Kitange mulimu ebifo bingi. Nja kugenda mbibategekere," Omutonzi nga akola enguudo eza zaabu, n'ebirala. Ekyo ky'ekitaggwaawo.

290 "Yerusaalemi, Yerusaalemi, emirundi emeka Nze," okuva ku ntandikwa y'ebiseera; si Muperesoona wa kusatu, omuntu omulala, wabula, "Nze nga mbawambaatira nga enkoko bw'ekola obwana bwayo, naye temwakiganya. Naye kati essaawa yammwe etuuse." Mukiraba?

"Awo awaba Ennyama ensu, empungu we zikuŋŋaanira." Naye ennyama bw'emala okuvunda, olwo ensega ne ziryoka zikuŋŋaana. Mukiraba?

291 Mwetegereze. Musa, tawanga baana ba Katonda. . .Musa yali mpungu, era teyawaako baana ba Katonda bintu byafikka ku ebyo ebyali ebya Nuuwa. Mukiraba? Yalina Ekigambo kya Katonda ekisu. "Mukama Katonda yansisinkana mu ddungu, n'akakasa Ekigambo Kye, era n'antuma emmanga eno okubakoowoola mufulume." Olwo ne wavaayo abakopperera nabo, ne bakigeegeenya. Mukiraba? Naye ye yalina Ekigambo eky'ekiseera ekyo.

292 Kubanga, Katonda yagamba Ibulayimu, oyo eyalina ekisuubizo nti, "Ezzadde lyo liritambulira mu nsi etali yaabwe, okumala emyaka ebikumi bina, naye ndibakyalira ne mbaggyayo n'omukono ogw'amaanyi."

Musa n'agamba nti, "Kaakano, Mukama Katonda ajja kwogera nange era andage, aŋŋambye eky'okukola, era ka nkibabuulire." N'agamba nti, "'NDI' y'antumye."

293 "NDI!" Si "Nnali, oba ndiba." "NDI," mu kiseera kino kyennyini, Ekigambo ekiriwo kati. Si Ekigambo ekyo ekyaliwo, oba Ekigambo ekyo ekirijja; wabula Ekigambo ekyo ekiriwo kati. Mukiraba? Mukitegeera? "NDI!" "NDI" oyo ye Kigambo. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, era Kigambo n'aba awali Katonda." Si bwe kiri? "NDI." "Katonda antumye nga nnabbi We, okukakasa nti gano ge mazima. Nze ky'okuddamu eri Ekigambo kino, aŋŋambye nzije wano nkole omulimu guno."

Era bwe yakikola, Falaawo n'agamba nti, "Kale, naffe tulina abavubuka bangi mu kibiina kyaffe abasobola okukikola, nabo," abakopperezi.

294 Yesu yagamba nti, "Kati, ekyo kijja kuddamu okubeerawo mu nnaku ez'oluvannyuma," mulaba, nga beeyita ekintu kye kimu. Mwetegereze ani yasooka okujja. Mwetegereze ani yanyweerera ku Kigambo. Ky'ekyo. Eyo ye ngeri gye kimanyibwamu.

295 Kati, mukiraba, tulaba nti, Musa teyabawa ebyo ebyali eby'omu biro bya Nuuwa mbu, "Kati tuzimbe eryato, kubanga ekyo kye Kigambo, nga bwe mumanyi. Lumu Nuuwa yazimba eryato." Nedda, ensega ze zaali zirya ku ebyo. Nedda. Nedda.

Kino Kigambo ekyasuubizibwa. Mwetegereze, kubanga obubaka bwe yabufuna kuva wa Katonda, yalina Ekigambo kya Katonda kyennyini ekyategekerwa ekiseera ekyo.

296 Ne Yesu naye teyabawa kw'ebyo ebyafikka ku bya Musa. Musa yalina Kigambo kya kiseera ekyo, wabula Musa yali nnabbi. Wano ono Katonda Mwene, mulaba, naye teyabaliisa ku bya Musa—Musa bye yalekawo.

Naye mulabe ensega ezo ezaali mu kibiina ekyo ekigunje, engeri gye zaali zikuba ebibejjagalo by'omukkuto. "Ffe tumanyi! Tulina Musa! Ggwe tetukwetaaga."

N'agamba nti, "Ssinga Musa mwamumanya, Nange mwandintegedde, kubanga Musa yayogera ku Nze." Mukiraba?

297 "Awo awaba Ennyama ensu, empungu we zikuŋŋaanira." Empungu! Omuyiggo ogw'Ekigambo omusu, Ekigambo ekyo ekyayimusibwa ne kifuulibwa ekisava, ne kirabisibwa era ne kiweebwa abaana nga Emmere.

Kati, omutulumbi guli ogw'edda ogugaŋŋalamye eyo okumala ebikumi n'ebikumi by'emyaka, eyo gye gulibeera.

298 Na kati bwe kiri! Luther yalina obubaka obw'okwenenya; naye, mmwe ogubiina gw'ensega z'enzikiriza y'Abaluzalaani! Ababaputisiti baalina obubaka; naye, mmwe ensega z'enzikiriza y'Ekibaputisiti! Mukiraba? Abapentekoote baalina obubaka; ka nsemberere ddala kumpi kati, naye mmwe ensega z'enzikiriza y'Ekipentekoote!

"Naye awaba Ennyama ensu, awo empungu we zikuŋŋaanira."

Mujjukire nti, luli Omuluzalaani, mu biro ebyo wali tosobola (naye kati osobola) okumuliisa ennyama envundu ey'Abakatoliki. Nedda, ssebo. Ye yalina ennyama eyaakabaagibwa. Ogwo gwe gwali omulembe gw'ekkanisa eyo.

299 Wali tosobola kuliisa Mumesodisiti, na bubaka bwa Baluzalaani. Ha, nedda, ennyama eyo envundu nga tagyetaaga. Nga nvundu. Mukiraba, Obulamu bwabanga bukivuddemu ne budda mu kintu ekirala. Ekyo kye kikolo ekikadde ekimaze okufa, kye twayogeddeko wali. Obulamu bwo buba bugenda bweyongerayo mu maaso.

Mu ngeri y'emu toyinza kuliisa Mugole wa Yesu Kristo bintu bya Kipentekoote. Nedda, n'akatono! Ebibiina ebyo ebigunje ebikunkumuka envunyu; tosobola kukikola! Nedda, nedda!

300 Kubanga ekisuubizo kiri nti, "Nga olunaku olwo olukulu olw'entiisa terunnatuuka, ndibatumira Eriya nnabbi. Alikomyawo emitima gy'abaana eri Okukkiriza kwa bakitaabwe nate." "Ebisuubizo bino byonna ebyaweebwa mu Bayibuli, ndibikola, era awo empungu we zirikuŋŋaanira." "Abo bonna Kitange be Yampa balijja Gyendi." Mukiraba?

301 Yesu ekyo teyakigezaako. Naye Yesu bwe yajja, yasanga agabinja ago ag'ensega nga gagamba mbunno, "Tulina Musa n'amateeka." Mukiraba? Kale, ekyo kyali kya kulya kirungi emabega eri nga kyakattibwa ne kibaweebwa. Mukiraba, ebiseera ebyo kyali kirungi.

302 Naye kino Musa, yennyini, oyo eyatta ssaddaaka, kye yali yalagula, n'agamba nti, "Mukama Katonda wammwe aliyimusa mu mmwe, mu baganda bammwe bennyini, Nnabbi. Awo olulituuka, oyo yenna atalinyweerera ku Nnabbi oyo ne ky'Aligamba, alisalibwa ku bantu." Era bwe kyali.

303 Mulabe engeri obunnabbi obuwera kumpi lukaaga obw'enjawulo bwe bwatuukirira awo wennyini, obw'Endagaano Enkadde, obwogera ku Yesu Kristo. "Baafumita ebibatu Byange n'ebigere Byange." Nga, ssijjukira muwendo gwennyini ogw'obwo obwatuukirira mu ssaawa omusanvu oba omunaana ezasembayo ez'obulamu Bwe, byonna bannabbi bye baayogera, ne bituukiririra ddala.

304 Ssinga mpa obunnabbi olwa leero ku kintu ekijja okubaawo mu mwaka gumu okuva kati, oba oli awo nnina—nnina akakisa

ka mirundi abiri ku buli kikumi okukiteeba, oba kituufu oba si kituufu. Ate ssinga nteebereza nti kiribaawo, naye ne ssoogera ddi we kiribeererawo, ate awo mba nnina akakisa katonoko. Bwe nteebereza ddi we kiribeererawo, kyongera okukendeeza akakisa. Bwe nteebereza ekifo we kiribeera, n'ekyo kyongera okukendeeza akakisa. Bwe nteebereza . . . ani gwe kirituukako, ate awo mba nnina akakisa ka katundu kamu mu mitwalo kkumi ekyo okutuukirira, ssinga kirema okutuukirira.

305 Naye buli Kigambo, aleruuya, ekyawandiikibwa ku Masiya oyo, kyatuukirira nnyukuta ku nnyukuta. N'okutuusa nti lumu, nga asoma Ebyawandiikibwa, yakoma wakati mu lunyiriri, n'Agamba nti, "Omwoyo wa Katonda ali ku Nze okubuulira Enjiri, era n'okusumulula aba . . . " Era n'akoma awo wennyini wakati mu lunyiriri olwo, kubanga ekitundu kyalwo ekirala kyali kikwata ku Kujja Kwe okw'omulundi ogw'okubiri. Amiina! "Eggulu n'ensi biriggwaawo; naye Ebigambo Byange tebiriggwaawo." Mukiraba?

306 Ye yali Ekigambo mu kiseera ekyo, ekyali kibaliisa mu kiseera ekyo. Musa yabagamba Amazima; naye, omanyi, bulijjo bakikolamu ekibiina ky'eddiini, ensega zisobole oku . . .

307 Wabaawo ebifikkawo ku Kyo nga empungu zimaze okulya n'okuddayo eka. Era ziba zirindirira okulabayo ekintu ekirala. "Ekigambo," zigamba nti, "wano we Kiteekeddwa okujja. Jjo twalya njobe; enkya tunaalya ndiga." Mulaba kye ntegeeza? "Emmanga eri waliyo omutulumbi gw'ensama ogwafudde, kya kusaalirwa, naye kasita tugenda kufuna endiga leero. Oba eri ludda wa?" Mulaba kye ntegeeza? Mmere ya Bamalayika! Abantu abo abaalyanga emmaanu, bwe baagezangako okugitereka okutuusa enkeera, yayonoonekanga. Temulaba ebisiikirize eby'okulabirako byonna, bwe bituukiridde? Na kati bwe kiri!

308 Mwetegereze, ensega z'ebiro bya Yesu nazo zaali zigoba emizimu; abafukeko amafuta nga bali ku mutulumbi ogw'edda. Ekyo si bwe kiri? Baagobanga emizimu. Yesu bw'atyo bwe yagamba.

309 N'ekirala mujjukire nti, baalina bannabbi mu biro ebyo. Kayaafa, kabona omukulu, yalagula. Bameka abakimanyi ekyo? Kayaafa yalagula. Mwetegereze omuddo we gwali mu nnimiro; gufukirirwa n'okufukibwako amafuta kwe kumu. Lwaki Bayibuli egamba nti yalagula? "Kubanga ye yali kabona omukulu ow'omwaka ogwo." Ensega envundu, omuddo n'omwennyango, nga biri wamu n'Eŋŋaano; naye Omwoyo yali ku ye, Omwoyo Omutukuvu yennyini owa Katonda. Omwoyo Omutukuvu yennyini owa Katonda yali ku ye, okubuulira, okulagula, era n'okukiwaako obunnabbi ne kituukirira; naye ate n'agaana era n'akomerera Ekigambo ekyo kyennyini ekyakakasibwa eky'ekiseera ekyo.

310 O, twetaaga okusaasirwa, ow'oluganda! Tulituusa wa okwogera ebintu bino, laba, na ddala nga tuyita mu Byawandiikibwa? Nja kwanguyako. Wano nkyalinawo emiko gy'empapula nga kkumi, egy'Ebyawandiikibwa, mu ngeri y'okukakasa ebintu byonna. "Enjuba ku balungi ne ku babi, mu ngeri y'emu."

311 Yesu yayogera bw'ati, kino okusobola okukikakasa. "Bwe Mba nga ngoba emizimu n'engalo ya Katonda, abaana bammwe bo bagigoba kuyita mu ani?" Kale, nabo baagobanga emizimu. Baalagulanga. Si bwe kiri? Naye tebaamutegeera nti Ye yali Ekigambo ky'ekiseera ekyo, (lwaki?) kubanga yali takolagana nabo.

312 Kati laba Matayo 24:24, "Bakristo ab'obulimba," abafukeko amafuta, "balijja, era walibaawo bannabbi ab'obulimba nga bakiragula," mukiraba, "era balikyamya n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Kati ekyo mukitegedde?

313 Mwetegereze abaana. "Abaana ani gwe ba . . . Oba Nze ngoba emizimu n'Ekigambo kya Katonda," nga, Ye ye yali Ekigambo kya Katonda, "abaana bammwe ab'ebibiina by'amadiini bagigoba bayita mu ki?" Kati, ate Katonda yekka y'ayinza okugoba omuzimu, ekyo tukimanyi, Katonda yekka. Kubanga, omusajja ow'amaanyi ateekwa okuba ow'amaanyi okusinga oyo ali mu nnyumba ye. Baalina amaanyi okukikola.

314 Omanyi, mu Kubikkulirwa, wagamba nti ali . . . omulabe wa Kristo oyo alisituka mu nnaku ez'oluvannyuma, "Yakola obubonero n'eby'amagero, ebyo ebyasobola n'okulimba abo abaali ku maaso g'ensi, n'abalimba bonna, Abakristaayo n'abalala, abataawandiikibwa mmanya mu Kitabo ky'Omwana gw'Endiga eky'Obulamu," nga kye kyanukula Matayo 24:24, "amannya g'abo agataawandiikibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'Endiga Eky'obulamu okuva ku kutondebwa kw'ensi."

315 Obulamu obwo obwali mu kikolo ky'omu—ky'omucungwa ogwo nnakabala, obwajja buyita mu matabi ago ag'enjawulo ag'enkula z'ekika ky'omucungwa na buli kimu, ne bwambuka okutuuka waggulu ne bubala ebibala mu busanso bwalyo, nga bibala waggulu w'ebibiina by'amadiini byonna ebyakookerwako n'amatabi gonna. Mukifunye? Ka nnyanguwe. Omusajja ow'amaanyi . . .

Kati mujjukire Dawudi, teyali mukuusa, yali mwesimbu, nga agezaako okukolera Katonda omulimu, ate gw'atayawulibwa kukola.

316 "Bo," abafukeko amafuta; naye Yesu yagamba nti, "Baddira enzivuunula (ey'Ebyawandiikibwa) ey'abantu obuntu ne bagiyigiriza nga Enjigiriza entongole," mukiraba, si Kigambo kya Katonda, si Kigambo Kye ekyakakasibwa; bayigiriza Kristo wa byafaayo, olaba, ekintu ekyayita.

Nga ate Bayibuli egamba nti, "Ye ye." "NDI," si "Nnali oba ndiba." "NDI, kati kati." Ye Kigambo ekyo ekibeera ekiramu muno.

Yaliwo, ku lubereberye, Yali mu—Yali mu—mu mitunsi; Yali mu luyange; Yali mu kisusunku; naye kati Ali mu Mpeke.

317 Kati, ggwe n'oddayo ogezeeko okuba omulamu nate? Watya ssinga Obulamu obwo buvaawo kati, olowooza Obulamu (obwavaamu) obwo busobola okwogera, ne buddayo nate nga ekisusunku ekyo ekikadde kimaze okukala, mbu buyinza okuddayo ne bubeera mu kyo nate? Tebuyinza n'akatono. "Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa," ate ne batagenda mu maaso na Kigambo nga bwe kyajja kituukirira, "baba bafudde, bawedde; era maggwa n'omwennyango ebirindiridde okusuulibwa ebweru, era enkomerero yaabyo kuba kwokebwa." Ekyo si bwe kiri?

Kati ka nnyanguye mangu nga bwe nsobola.

318 Kati tunuulira Ebyawandiikibwa. Nga bayigiriza Katonda ow'ebyafaayo, olaba, mu ngeri y'emu yennyini nga bwe bagezaako okutambulira mu biseera ebyayita, okugeza nga, "Kale, Wesley yagamba *bw'ati*." Oba, "*Gundi* yagamba *bw'ati*." Muba mugaana Ekigambo ky'ekisuubizo ky'olunaku luno, Emmaanu eyo eyeeyolekedde ddala eyategekerwa olunaku luno. Bagezaako okussa enviinyo yaabwe ekaatuuse ey'Abaluzalaani, ey'Ababaputisiti, n'ey'Abapentekoote mu maliba gaffe amapya. Tekikola. Enviinyo yaffe ensu, okugissa mu maliba gaabwe amakadde, tekikola. Bwe bagezaako okussa Enviinyo eno empya mu kibiina ky'eddiini, obwoonoonefu bwabwe bweyoleka bweyolesi. Tebayinza kukikola. Ekyabya bwabya.

"Kati, ow'oluganda, ndabye Ekigambo kya Katonda, okuyitira ddala mu Kigambo!"

319 "Kati, labayo, dokita, bwe. . . Ffe—ffe tetusobola kukisembeza Ekyo." Ned, ndowooza ekyo wakifunako jjuuzi. "Ffe, tetusobola kusembeza kintu nga Ekyo wano kati. Nna—nnandyagadde waakiri ogende bugenzi mu maaso." Omanyi. Mukiraba, tekikola. Kyabika bwabisi.

320 "Toddira kiwero kya lugoye lupya n'okitunga ku lugoye olukadde, kubanga lwonna oluleetera okuyulika." Mukiraba? Ekyo Yesu si ye yakyogera? Toyinza kussa Nviinyo nsu mu maliba makadde. Egaabya. Enviinyo ensu erimu Obulamu mu yo. Kale.

321 Mwetegereze kino, mu bwangu nnyo kati, nga bwe tumaliriza. . . kye twogerako. Mwetegereze Okubikkulirwa 16:13 okutuuka ku 14, bwe muba mwagadde okukiwandiika. Nnyinza obutafuna kaseera kukituukako. Njagala mube bakakafu era mukirabe. Kati mwetegereze, lino lye ddoboozi wakati w'Ekibya eky'Omukaaga n'eky'Omusanvu.

Kale kati tu. . .tugenda kumaliriza mu ddakiika mbale, ssinga musobola okugumiikirizaako akaseera katono. Kati mmaliriza.

322 Mwetegereze Okubikkulirwa 16:13 okutuusa 14, wakati w'Ekibya eky'Omukaaga n'eky'Omusanvu, "Emyoyo emibi egifaanana nga ebikere" (ekyo mukyetegerezza?) "gyava mu kamwa k'omuntu omu." Kati mulabeeyo, mu bwangu. Mwetegese? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Obusatu obw'emyoyo emibi!

323 Kati muganda wange ow'ekibiina ky'eddiini, tuula okkalire okumala akabanga. Tosituka kufuluma kisenge, nammwe abali ebweru eyo ku leediyo eno, ku mukutu gw'essimu. Tojjaako tteepu likooda yo. Kkalira bukkalizi okumala akaseera, owulirize. Bw'oba wazaalibwa Katonda, ojja kukikola.

324 Obusatu bw'ebikere! Ekikere kye kisolo lubeerera ekiba kitunudde emabega. Tekitunula gye kiba kiraga; kitunula eri gye kiba kiva. Mukiraba? Temukiraba? Enkola ey'abaperesoona abasatu yazaalibwa wa? Mujjukire nti, "myoyo esatu emibi," buli gumu ku bwagwo. Mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

325 Mwetegereze, bajuliza ku Lukiiko lw'e Nikyeya enjigiriza y'abaperesona abasatu eyo gye yasibuka, so si mu Bayibuli. Temuliimu kintu nga ekyo. Bajuliza ku Lukiiko lw'e Nikyeya olwali e Nikyeya, mu Roma, eyo obusatu gye bwazaalirwa.

326 Mwetegereze, wa gye bwava. Mwetegereze. N'obusatu obw'ebikere bwava mu busatu buli obw'edda, obwazaala obusatu obupya, ye nnyaabwe. Kyava mu ki? Mu busatu, "ogusota," mukiraba, "ensolo," ne "nnabbi w'obulimba." Obusatu, obupya. Kubanga ddi ebikere bino lwe byeyoleka? Kyaliwo ddi? Mwetegereze, byalingawo ebbanga lyonna, naye tebyalabisibwa okutuusa wakati w'Ekibya eky'Omukaaga n'eky'Omusanvu, mu kaseera nga Obubonero bunaatera okubembulwa (Hmm?) okukiraga.

327 "Kubanga mu Bubaka bwa malayika ow'omusanvu, ebyama bya Katonda we byali birina okumanyibwa," ebintu bino byonna ebikwatagana n'enjigiriza y'abaperesoona abasatu, n'embatiza zonna enkyamu, n'ebirala byonna byali bya kulabisibwa. Ayi Katonda tuyambe okulaba Amazima kye gali! Tuleme okulowooza nti muntu y'agezaako okubaako ky'ayogera oku . . .

328 Mpulira muli omwoyo oguwakanya Ekyo, mulaba. Sseeyogerako, ow'oluganda. Njogera ku Malayika wa Mukama oyo ali mu lusiisira. Ky'ekyo kyennyini.

329 Mwetegereze, obusatu obwo! "Ogusota ogwo," bameka abamanyi ogusota ogwo kye gwali? Eyo yali Roma. "Ogusota ne guyimirira mu maaso g'omukazi okumira omwana we amangu ddala nga yakazaalibwa." Si bwe kiri? Ekigambo "ensolo" kitegeeza ki mu Bayibuli? Maanyi. Kale. "Nnabbi w'obulimba,

nnabbi ow'obulimba," omufukeko amafuta, ow'obulimba. Mukiraba?

330 Yatandikira wa? Ono "nnabbi wa bulimba," omu. "Nnabbi ow'obulimba," paapa eyasooka; era omwo mwe mwava "o—omwenzi, era nnyina w'abenzi," ekintu mu bulamba bwakyo.

331 Obusatu obw'obulimba bwali busituka; si mu nnaku ezaasooka, tebwayinza kulabisibwa mu nnaku ezasooka, bwabeererawo ddala okutuusa lwe zaggwaako. Naye Obubonero Omusanvu bwe bwajja, ne bubikkula ebyama ebyo ne bubyoleka, ekyo kye kiseera "ebikere, emyoyo esatu emibi egiringa ebikere, we gyafulumira okweyoleka," enjigiriza y'abaperesoona abasatu ewakanya Amazima. Mukiraba? Huh!

Mulaba gye kyava? Mulaba emabega gye kidda? Akakiiko akagatta Amakanisa. Bonna ba luganda, mu buli ngeri; myoyo gye gimu, kintu kye kimu.

332 Era mwetegereze. Mirimba nnyo, gikola n'eby'amagero! Kyokka nga gano ge masitaani agagenda eri bakatonda bonna ab'ensi, nga gakola eby'amagero, okubalimbalimba mu nnaku ez'oluvannyuma, era ekyo gajja kukituukiriza. Katonda yagamba ki ku mwoyo ogwo omubi?

Gwagamba nti, "Nja kukka nnyingire mu mimwa gya bannabbi abo mbaleetere okulagula obulimba, kisobozese Akabu okuvaayo alyoke agende azikirizibwe."

333 Katonda yagamba nti, "Genda. Ojja kusobola okukikola. Ojja kukibakkirizisa. N'okusooka, tebali ku Kigambo ekyo." Mukiraba? "Genda, kubanga ggwe onaamusendasenda. Ggwe onaakikola, bw'onooyingira mu bannabbi b'obulimba abo, kubanga abo be yeesigamiddeko ddala. Era talina n'ekimu ky'amanyi ku Kigambo, era tajja na kugezaako kumanya bikirimu. Tasobola kukikola, kubanga n'eky'okusooka, mwennyango." Mukiraba? Mukiraba? "Ojja kusobola okukikola."

Mulabeeyo ebikere bino eby'obulimba, bwe bitunula emabega mbu, "Naye, omanyi bye baagamba edda eri e Nikyeya?"

334 Ssifaayo biki bye baagamba, eri e Nikyeya. Nze njogera ekyo kye baayogera erudda eno ku Ntebe ya Katonda ey'obwakabaka; ekigenda okubaawo, so si ekyaliwo; ekigenda okubaawo, kubanga Ye ye "NDI." Mukiraba?

"Ab'obulimba." Mukirabe ekyo. Huh! Mwetegereze gye bava.

335 Kati (Muwulirize bulungi.) tukiraba bulungi, oluvannyuma lw'Obubonero Omusanvu okubikkulwa. Nga kwe kubikkula ekyama ekyo: Obusatu obwo kye kiki? Mukiraba? Obusatu wa we bwali bwogeddwaako? Mukiraba? Ludda wa mu Bayibuli we baali boogedde ku kigambo obusatu? Wayinza watya okubaawo

Bakatonda basatu, ne tusinza Bakatonda basatu ate ne tutaba bakaafiiri?

336 Bayinza batya okuba abeetongodde, nga ate Yagamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu"? "Okuggyako nga mukkiriza nti Nze Ye, mulifiira mu bibi byammwe, mulaba, mu butakkiriza bwammwe." Ekibi bwe butakkiriza. "Mulifiira mu butakkiriza bwammwe."

O, mmwe mumpita ani, mmwe mugamba nti nnava wa,
O, Kitange mumumanyi, oba muyinza okwatula Erinnya Lye?
NDI Kimuli kya Roza ekya Saloni, Emmunyeenye Eyakaayakana ey'oku Makya.

Oyinza okumbuulira Oyo ye ani?

NDI eyayogera ne Musa mu kisaka eky'Omuliro,
NDI Katonda wa Ibulayimu, Emmunyeenye Eyakaayakana ey'oku Makya.
NDI Kimuli kya Roza ekya Saloni, o, mmwe mugamba nti nnava wa;
O, mumanyi Kitange, oba muyinza okwatula Erinnya Lye? (Amiina!)

NDI Alufa, Omega, Entandikwa okuva ku Nkomerero;
NDI ye butonde bwonna, era Yesu lye Linnya Lye.

Bwe kiri. Teriiyo baperesoona basatu! Nedda, ssebo. Ekyo kintu kya bulimba.

337 Obubonero Omusanvu, obubikkula ebyama ebyo ebirina "okutuukirira," we bulabikira. Akabonero bwe kabikkulwa; kooleka, kalaga, kalagira ddala bulungi Amazima Obubonero buno ge bubadde bubisseeko emyaka gino gyonna, okuyita mu makanisa ago gonna n'ebibiina by'amadiini.

"Omwenzi ow'ekitalo," ow'omu Kubikkulirwa musanvu-. . . Yali ani? Naye era ye "NNYINA W'ABENZI," nalyo linnya lye. Mukiraba?

"Kati, obayise 'nsega,'" bwe muyinza okugamba, "Ow'oluganda Branham." Bwe kiri.

338 Naye, mujjukire nti, ensega kinyonyi. Nakyo, kyafukibwako amafuta okubuuka. "Emyoyo gyombi giriba gifaanagana nnyo n'okulimba kirimbe Abalonde. . ." Ensega nnene nga—nga empungu. Esobola okubuuka nga empungu eyo; era yafukibwako amafuta okubuuka, oba okubuulira, oba okulagula, mulabeeyo, mu ngeri y'emu nga empungu bw'eri. Naye teyinza kugoberera mpungu mu kutumbiira. Nedda, nedda. Ssinga egezaako okugoberera empungu, obwoonoonefu

bw'ayo buba bujja kulabisibwa. Yee, ssebo. Tesobola kugoberera mpungu.

339 O, eyinza okugamba nti, "Nzikiririza mu Yesu Kristo nti ye Mwana wa Katonda. Nzikiriza Katonda Kitaffe, Ayinza byonna, Omutonzi w'eggulu n'ensi; ne Yesu Kristo Omwana We," n'ebirala. O, mazima, ekyo bakisobola. Naye kiri kitya bwe gutuuka ku kuba nti Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna? Mukiraba?

340 Empungu kinyonyi ekyakolebwa mu ngeri ey'enjawulo. Teri kintu kirala kigifaanana, ku nsi. Mukiraba? E—e... Ensega ssinga egezaako okugigoberera, oba ekinyonyi ekirala kyonna, kikutukakutuka ne kisaanawo. Obusirusiru bwayo buba bweyoleka, awatali kubuusabuusa. Eba ejja kwabika ssinga egezaako okussa Enviinyo empya mu ddiba ekkadde. Mukiraba, eba ejja kwabika. Eba ya kusesebbuka. Si bwe yakolebwa, si bwe eri...Omubiri gw'ayo tegwakolebwa na mifumbi kugigumya nga eri eyo mu bwengula. Bw'etuuka mu bwengula waggulu ddala eri, gye etaatonderwa kuba, gye etaategekerwa, gye etaayawulirwa, nga teyazaalibwa nga mpungu, eba ejja kwabika esesebbuke. Mukiraba? Ebyoya biba bijja kugikunyuuka ku biwaawaatiro, egwe ku ttaka. Mazima gennyini. Teyinza kugoberera mpungu, mu kutumbiira. Bw'egezaako, obusirusiru bwayo bweyoleka. Bwe kiri. Toyinza.

341 Lwaki? Tesobola kulaba nga mpungu. Kikugasa ki okugezaako okutumbiira waggulu ennyo, nga ate tosobola kulaba w'oli nga oli waggulu eyo? Era, ssinga, egezaako bugeza okukopperera empungu eno, okutumbiira, eziba amaaso n'etamanya na kumanya kiki ky'eba yetuusizzaako. Ekyo kituufu. Ereekaana bulekaanyi na kuwoggana, na kumala geeyisa batyo; naye gezaako ogibuulire ku Kigambo, nkukakasa, awo obusirusiru bwayo we bulabikira.

342 Gigambe ku kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, oba, nti Ye omu jjo, leero, bulijjo, ebyo byonna—byonna eby'engeri eyo, obigigambe. "Kale, ha, sooka olindeko katono!" Mukiraba? Ha, mazima ddala, awo wennyini ebyoya byayo we bikuunyuukirako. Okiraba, ebuukabuuka, n'eragula, n'egoba emizimu, n'eyogera mu nnimi, n'ewoggana, n'ekola ebyo byonna, n'edduka n'edda eno n'eri. Naye teyetantala kutumbiira waggulu Eyo; kubanga, mu buli ngeri eba ejja kwanikibwa.

343 Naye ate, nga yayawulibwa. Yafukibwako amafuta. Esobola okubuuka. Esobola okwetengerera, n'ebuuka n'egenda waggulu, naye tesobola...kutuuka wala eri. Mukiraba, esobola okulya ennyama envundu, naye teyinza kulya Nnyama nsu eyo eva ku Ntebe y'obwakabaka.

344 Nzibe ya maaso. Ekyamuukirira yonna, naye nga n'ebigikyamuukirizza tebitegeeera. Mukiraba, Omwoyo y'omu oyo y'eyagikkako, nga enkuba, okugifuula eŋŋaano; naye nga

n'okusooka kwa byonna si ŋŋaano. Eswakira buswakizi. "Ha, ssiyinza kugenda kunona . . . Ha, nedda, ssebo! Nze mmanyi Doctor Jones yagamba bw'ati . . . " Kale, genda mu maaso. Mukiraba? Genda mu maaso, bw'oba oyagala.

345 Nedda, mwetegereze, teyazaalibwa, era teyakolebwa, era teyateekerwateekerwa, kuba kinyonyi kika ekyo. Eyinza . . . Yo . . . esobola okuba nga nniimu ekulira ku muti gw'omucungwa, naye nga teviira ddala mu kikolo. Yo kintu ekyagattibwako obugattibwa. Era bwe zitumbiira ennyo mu bibiina byazo eby'amadiini ne ziba nga tezikyasobola kulaba Kigambo kya Katonda ekyagerekerwa eri omulembe ogwo ne kituukirira, olwo obwonoonefu bwazo nga bulabisibwa. "Ha, ebyo nno, mbu Enkulungo y'ekitangaala ku mutwe, n'ebirala byonna, ha, bya butaliimu." Mukiraba? Nga bulabisibwa.

346 Teyatondebwa kulaba wala bwe watyo. Esobola kulaba kukoma awo wokka gaalubindi z'ekibiina ky'eddiini yaakyo we zigisobozesa okulaba. Naye, okusukka awo, eba nzibe nga kawundo. Bwe kituuka awo obwonoonefu bwaayo nga bulyoka bulabisibwa. Mukiraba? Kati awo empungu nga ekkalira nga etandika okulya. Yee, ssebo. Awo wennyini empungu zennyini, empungu ezaalondebwa we zigirabira kiki ky'eri. Bw'eremererwa okukkiriza Ekigambo ekyo, zimanyirawo awo wennyini nti eyo nsega ya kibiina kya ddiini.

347 Lwaki, lwaki tesobola kubuuka? Kubanga, laba kw'ebadde erya. Ebadde erya ku mutulumbi gwa kibiina kya ddiini omuvundu. Ogu—ogutasobola kufuula mubiri gwaayo gwa mwoyo, ogutasobola kugiteeka mu bulamu bwa mwoyo bwennyini, amakulu nti, okugisitula waggulu okusukka enjawukana z'ebibiina by'amadiini. Mukiraba? Mukiraba, ebadde erya ku bintu bivundu; omubiri gwaayo gwakolebwa mu ebyo. Teyinza kutuuka waggulu eri Ennyama ensu gy'etuusa empungu eyo. Tekisobola ekyo. Mukiraba?

348 Ekyo kituukiriza Matayo 24:24. Ebuuka waggulu, n'ebuukabuuka mu bbanga, nga bw'ekuba ebiwaawaatiro byayo, wabula tesobola kutumbiira kimala. Mukiraba? Bwe kiri. Mukiraba, tesobola kugenda, teyinza kutumbiira kimala kufuna Mmaanu eyo ensu. Esobola kulya mmaanu eno enkadde eri wano ku ttaka, obumyu obumaze ennaku nga bulinnyiriddwa awo wiiki nnamba, oba mwezi mulamba, oba myaka ana egiyise, obwavunda edda. Ebyo esobola okubirya, n'esaaliza, n'ekaaba n'ereekaana, ne yeeyisa bw'etyo, n'ebuukabuuka n'etumbiira nga empungu endala yonna. Eba efukiddwaako amafuta, nga ekinyonyi ekirala kyonna.

349 Era ensega nayo egwa mu lubu lw'ebinyonyi ebyefaananyiriza empungu, ekyo ky'eri. Tukimanyi. Ddala ky'eri, naye teyinza kugoberera mpungu eri yennyini. Mukiraba? Tekisobolerako ddala. Nedda, ssebo. Omubiri gwaayo si

munywevu; ebadde erya ku bika by'ennyama evundu bingi, mukiraba, kale teba . . . teba—teba Nnyama nsu, Emmaanu ensu. Kiba kintu Luther kye yayogera, Wesley kye yayogera, oba Doctor *Gundi* kye yayogera. Tekiba ekyo Yesu kye yayogera ekikwata ku kiseera kino.

350 Kati ka tweyongereyo, tumalirize. Abafukeko amafuta, "Bakristo," mu nnaku ez'oluvannyuma, naye nga "bayigiriza ab'obulimba era nnabbi wa bulimba." Mulabe bwe kyewuunyisa! Kati, bino njagala mubigeraageranye; tetulina kiseera kubisoma, Matayo 24:24 ne Timoseewo Eky'okubiri 3:8.

351 Matayo 24:24 wagamba nti, mu nnaku ez'oluvannyuma, mulaba, "Walijja Bakristo ab'obulimba," abafukeko amafuta, ab'obulimba, "bannabbi ab'obulimba, era baliraga obubonero n'ebyewuunyo," mu ngeri y'emu yennyini nga Omutuufu yennyini, Omutuufu yennyini, "era kabekasinge—era kabekasinge balirimba n'Abalonde bennyini." Kati mwetegereze, oyo Yesu ye yali ayogera.

352 Awo Pawulo n'ajja, ennyuma We, n'agamba nti, "Olulituuka, mu nnaku ez'oluvannyuma, walijja bannaddiini, mulaba, nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda. Era balinyaga abakazi abasirusiru, abafugibwa okwegomba okw'ensi okwa buli ngeri."

Bagenda ne beewuunya, ne babuuza nti, "Lwaki ovumirira nnyo abakazi?" O, bambi . . . N'okukiraba Ekyo tebakiraba.

"Banyaga abakazi abasirusiru, abafugibwa okwegomba okutali kumu," okuleka ebintu ebiringa nga ebyo . . . eby'e . . . Mulaba, "Era nga Yane ne Yambere . . . "

Matayo 24:24, "Bakristo ab'obulimba," abafukeko amafuta, ab'obulimba, nga bakola obubonero n'ebyewuunyo okukyamya Abalonde.

"Kati nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, na bano abaakyama amagezi; ab'endowooza ezakyamizibwa ku bikwata ku Kukkiriza." Si "okukkiriza" obukkiriza. "Okukkiriza okumu kwokka!"

353 "Okukkiriza kumu, Mukama omu, okubatiza ku- . . . " Toyinza kuba na "Kukkiriza kumu" nga tokkiririza mu "Mukama omu." Toyinza kuba na kubatiza kwa ngeri bbiri; si kuno okwa Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. "Okubatiza kumu," Yesu Kristo. Bwe kiri. Mukiraba, embatiza enkyamu!

354 Mwetegereze, mubigeraageranye byombi nga muzzeeyo eka. Mwetegereze Matayo 24:24, Yesu nga y'ayogera; ne Pawulo mu, Timoseewo Eky'okubiri 3:8; n'ebirala bingi. Kati ebyo bigeraageranye.

Ogatteko n'Ekyawandiikibwa ekirala, Lukka 17:30, ne Malaki 4.

"Nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa," Ekigambo ekifukiddwaako amafuta eky'ekiseera ekyo, "n'abasajja bano bwe batyo," si musajja omu, "basajja," abo abafukeko amafuta, "bwe baliziyiza Amazima."

355 "Mu kiseera kyennyini Omwana w'omuntu mw'alibikkulirwa." Kubikkulirwa 10:1 okutuusa ku 7, kisome nga ozzeeyo eka, "Obubaka bwa malayika ow'omusanvu, nga bubikkula Obubonero." Kitegeeza ki? Si nti malayika ye Mwana w'omuntu; wabula omubaka y'abikkula Omwana w'omuntu. Kati musobola okubyawula? Awo we kirabika okubazibuwalira, mukiraba. Si ye Mwana w'omuntu, Ye kennyini; wabula malayika ow'omusanvu, omubaka ow'omusanvu, aba abikkula Omwana w'omuntu eri abantu bonna, kubanga Eba evudde mu kisusunku. Tasobola kugikolamu kibiina kigunje. Wabula ye Nsigo, Yennyini, nate.

356 "Era mu kiseera ekyo, Yane ne Yambere baliziyiza," abo abafukeko amafuta (abeefaananyiriza abakkiriza awamu n'abatakkiriza, ekkanisa ey'emikolo obukolo n'Abapentekoote) baliyimirira okuziyiza Ensigo yennyini, "naye mubaleke; obwonoonefu bwabwe bulyeyoleka, nga obwa bali bwe bwali." Mukiraba? Kaakati mutegedde? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

357 Okubikkulirwa 10, wagamba nti, "Mu nnaku z'okuvuga kw'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu." Kati mujjukire nti, ogw'omusanvu, gwe Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya. "Okuvuga kw'eddoboozi lya malayika oyo," omulembe gw'ekkanisa ogwo nga gumaze okwekolamu ekibiina ky'eddiini nga gufuuse omulembe gw'ekkanisa, nga guggweeredde mu kibiina kyagwo ekigunje eky'Abapentekoote; nga omubaka eri gwo . . .

358 Buli mubaka kiki kye yali? Martin Luther kiki kye yali? Yali kunenya eri Abakatuliki. Wesley kiki kye yali? Yali kunenya eri Abaluzalaani abo. Abapentekoote kiki kye baali? Baali kunenya eri bali abalala bonna. Obulamu kati bulaze wa? Buvudde mu bibiina ebigunje. Tewakyali kisusunku; kati Mpeke y'eriwo. Yo kiki ky'eri? Kunenya eri Abapentekoote, mukiraba, okutuukiriza Ebyawandiikibwa eby'ekiseera kino. Mukiraba?

359 Mwetegereze, mu kiseera kyennyini omubaka ono w'a . . . Si w'atandikira ku, naye bw'atandika okulangirira Obubaka bwe. Mukiraba? Okusika Okusooka, kwali kuwonya; Okusika Okw'okubiri, kuwa bunnabbi; Okusika Okw'okusatu, kubikkulwa kwa Kigambo, ebyama nga bibikkulwa. Tekyali, teriiyo ddaala lya waggulu ery'okubikkula Ekigambo, erisinga bannabbi. Naye engeri yokka nnabbi gy'ayinza okukakasibwamu kwe kuyita mu Kigambo. Era, mujjukire nti, Okusika Okw'okusatu kwe kwali okubikkulwa kw'Obubonero obwo Omusanvu, okwoleka Amazima ago amakusike agaali

gakwekeddwa mu Kigambo. Mukiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amima."Omuk.]

360 Awo, mu kiseera ekyo kino we kiribeererawo, Yane ne Yambere, abo abakopperezi, we baliddamu nate okulabika. Mu ngeri y'emu nga bwe baalabika nga Musa avuddeyo n'Ekigambo nnakabala, okukyogera, we balabikira okukigeegeenya. Ekyo bwe kiri ddala. Kati mulaba Matayo 24:24 kye kitegeeza? Mukiraba, abafukeko amafuta!

361 Kaakati waliwo ebintu bisatu bye tugenda okwogerako nga tetunnamaliriza. Bye bino. Njagala muwulirize bulungi nnyo kati nga tumaliriza. Ebintu bisatu, mujjukire, ebintu bisatu bituukiridde. Ebintu bisatu biri ddala mu maaso gammwe kati kati.

362 Ekisooka. Ensi eri mu mbeera ya Sodoma. Kristo yagamba nti bwe kityo bwe kiriba. Tunuulira obugwenyufu; abakazi baffe nga bagezaako okweyisa nga abasajja; n'abasajja baffe nga bagezaako okweyisa nga abakazi, bakaziwadde; bavunze empisa, bacaafuwadde, bagwenyuse, baliko emizimu, naye nga tebakimanyi. Bayibuli yagamba nti ekyo kiribaawo, era awo we kituuse.

Eky'okubiri. Mu kaseera ako, okusinziira ku Byawandiikibwa wano, Yane ne Yambere we balabikira. Kye ky'okubiri.

Eky'okusatu. Mu kaseera ke kamu ako kennyini Omwana w'omuntu mw'abikkulirwa.

363 Awo we wali omukkiriza oli, eyeefaananyiriza omukkiriza, n'oyo atakkiriza. Awo we wali Ekigambo kyennyini nga kyesowoddeyo, kikakasiddwa; era we wali eyeefaananyiriza omukkiriza nga akigeegeenya; era we wali n'oyo atakkiriza nga kyonna akigaana.

Naye Omusana gulyaka mu kiseera eky'akawungeezi,
Ekkubo erigenda mu Kitiibwa ddala oliriraba; (Ekyo si bwe kiri?)

Amawanga gali mu kusasika, Isiraeri azuukuka,
Obubonero Bayibuli yaffe bwe yalagulako;
N'ebiseera by'Ab'amawanga biweddeyo (Sodoma), nga bijjudde entiisa;
"Mukomeewo, Ayi mmwe abaasaasaana, mudde ewammwe."

Olunaku lw'obununuzi lusembedde,
Emitima gy'abantu gizirika, mu kutya kuno;
Mujjuzibwe n'Omwoyo wa Katonda, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi,

(Musobole okulaba Ekigambo ky'ekiseera kino.)
Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde.

Bannabbi ab'obulimba bagenda balimba, (Kyagambibwa nti balibaawo leero; abo abafukeko amafuta.), Amazima ga Katonda bageegaana,
Agagamba nti Yesu oyo Kristo ye Katonda waffe;

Kitegeeza, nti tebakikkiriza. Bayibuli egamba nti ekintu ekyo kiribaawo. Kiikino!

Naye ffe tujja kutambulira mu kisinde ky'abatume.

Ekitangaala kye kimu! "Era alikomyawo Okukkiriza kwa bakitaabwe eri abaana."

Olunaku lw'obununuzi lusembedde, (Luli kumpi nnyo.)
Emitima gy'abantu gizirika olw'okutya; (Ensi etandise okugwamu.)
O, mujjuzibwe n'Omwoyo wa Katonda, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi.
Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde.

Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale tukoteke emitwe gyaffe.

364 Eyo mu ggwanga Obubaka buno gye bugenda, okuva ku Lubalama lw'Ebuvanjuba okutuuka Ebugwanjuba, okuva e California okutuuka mu New York, okutuukira ddala mu Bukiikaddyo, n'okutuuka mu Bukiikakkono, mu buweereza obw'ebweru eyo, na buli yonna gye bugenda, era ne mu kkuŋŋaaniro lino. Tuli baavu. Tetulina bintu bino eby'ekitalo, ebinene, ebimasamasa, n'okwogerera ku zi tereviizoni. Ffe tugezaako bugeza okukola kye tusobola. "Naye abo bonna Kitange be yampa balijja."

365 Kati, njagala kino mukitegeere nti kikakafu, era nammwe abawuliriza olutambi luno. Muyinza okuba nga mulowoozezza nti olwa leero mbadde ngezaako kweyogerako, engeri gye kiri nti nze nneetisse Obubaka buno. Ssibulinaako kakwate yadde n'akatono, nga oggyeeko okubeera obubeezi eddoboozi. Era, eddoboozi lyange, n'okwawukana kw'ekyo kye nnandironzeewo; nnali njagala kubeera mutezi wa bisolo. Naye Kitange by'ayagala bye nnangirira okukola, era bye nnammalirira okukola.

366 Si nze Oyo eyalabikira emmanga eri ku mugga; nze nnali nnyimiriddeyo buyimirizi Ye we yalabikira. Si ye nze Oyo akola ebintu bino n'okulagula ebintu bino ne bituukirira ddala nga bwe bibaawo; Nze mbeerawo bubeezi kumpi awo nga Abikola. Nze mbadde ddoboozi buloboozi ly'Akozesezza, okukyogera Ekyo. Tekibadde ekyo kye mmanyi; wabula ekyo nange kye nneewaddeyo gye kiri, n'Anjogereramu. Si nze, tabadde malayika ow'omusanvu, o, nedda; kubadde kulabisibwa kw'Omwana w'omuntu. Tabadde malayika, obubaka bwe; wabula kibadde kyama Katonda ky'abikkudde. Si muntu buntu; wabula Katonda. Malayika si ye yali Omwana w'omuntu; wabula yali mubaka ava eri Omwana w'omuntu. Omwana w'omuntu ye Kristo; Oyo gwe mulyako. Temulya ku muntu buntu; omuntu, ebigambo bye biremwa. Naye mulya ku Kigambo-ky'Omubiri ekitalemerewa eky'Omwana w'omuntu.

367 Bw'oba obadde tolyanga mu bujjuvu ku buli Kigambo, okwefunira amaanyi ag'okubuuka otumbiire osukke ebibiina by'amadiini bino byonna n'ebintu by'ensi, onookikola mu kaseera kano, nga bwe tusaba?

368 Kitaffe omwagalwa, kino kintu kizibu. Si kyangu omuntu obuntu okukikola. Ggwe omanyi byonna. Era nkusaba Ggwe, Katonda omwagalwa, nti kireme kutegeerwa mu ngeri nkyamu. Naye, mu Musana gw'Ekigambo Kyo, leka abantu mwe baba batambulira.

369 Era, Kitaffe Katonda, Abalonde ssibamanyi; Ggwe omanyi. Ssimanyi ddi Okujja Kwo we kulibeererawo. Naye kye mmanyi kiri nti Wagamba nti bino bwe bibangawo, abafukeko amafuta bano, ab'obulimba; naye si nga baakatandika.

370 Musa teyabafaako, kubanga teyalina kya kubakolera. Yasobolanga kwogera bwogezi ekyo kye wabanga Ogambye. Wamugamba okuyita enkukunyi; nabo ne baziyita. Wamugamba okufuula amazzi omusaayi; nabo ne bakikola. Musa ye yakolanga bukozi, Kigambo ku Kigambo, nga bwe Wagambanga, naye Ggwe eyayanika obwoonoonefu bwabwe.

371 Kaakano, Kitaffe, Ggwe, okyali Katonda. Ekigambo kye kimu ekyagamba nti bino biribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma. Abantu bangi abeesimbu, nga bwe twayogera Ssande eyise, abassa emikono gyabwe ku Ssanduuko eyo, ku kigaali ekipya, mu kifo ky'okugissa ku bibegabega by'Abaleevi, abagudde ne bafa, "nga bafiira mu bibi n'ebyonoono," nga bawakanya okulumiriza kw'emitima gyabwe.

372 Abaweereza bangi abatuula mu busenge mwe beetegekera, ne basoma Ekigambo ekyo, naye olupapula ne balubikkako mangu ddala; okwewala okukyogerako, nga bakimanyi nti bajja kufiirwa ekifo kyabwe eky'ekitiibwa mu maaso g'abantu, mu kkanisa yaabwe ne mu kibiina kyabwe eky'eddiini. Ayi Katonda tubeere tuleme okukola bwe tutyo!

373 Longoosa emitima gyaffe, Mukama, okuva mu mpitambi yonna ey'ensi. Mukama, nnyimiridde nga nneetegese okulongoosebwa. Nyimiridde nga nneetegese, wamu n'ekkanisa eno era n'abo bonna abawuliriza, n'abo bonna abaliwuliriza olutambi luno. Nnyimiridde, Mukama, era nga nsaba okulongoosebwa. Mukama, ntwala mu nnyumba y'Omubumbi onjaseeyase, ommumbemu omuweereza gw'Oyagala mbeere.

374 Kubanga, Mukama Yesu, "Nze ndi muntu ow'emimwa egitali mirongoofu," nga Isaaya bwe yakaaba nti, "mbeera mu bantu ab'emimwa egitali mirongoofu; era zinsanze nze, kubanga ndabira ddala nga okwebikkula kwa Katonda kulabisiddwa," nga Isaaya bwe yalaba Bamalayika mu Yeekaalu. Ndaba enkomerero y'ebiseera, Mukama, nga zinsanze nze n'amaka gange; zinsanze nze n'abantu bange. Ayi Katonda Ataggwaawo, otukwatirwe ekisa. Nneegayirira ku lwange ne ku lw'abantu. Tuleme okuzikirira n'abo abatakkiriza, wabula tube balamu wamu n'abakkiriza.

375 Buli kibiina kya ddiini, Mukama, buli musajja oba mukazi. . . Ssiyinza kukusaba Ggwe kuwa mukisa kibiina kya ddiini, nga ate mmanyi nti Okikyawa. Wabula kye nnyinza okukola kwe kusaba nti, Mukama, bw'oba Olinayo endiga Zo zonna mu makkati gaabwe, leka ziwulire olutambi luno. Leka baluwulire, Mukama, era balutegeere n'okutegeezebwa kw'Onaabawa, era baveeyo bakusembeze Ggwe. Leka baleme okulimbibwa obuzibe bw'amaaso n'obulombolombo bw'omulembe guno. Leka baleme kugezaako kulya kintu kyonna ekyali omutulumbi ogw'omulembe omulala. Nsaba balye Kigambo.

376 Bwe batyo Abafalisaayo bwe baakukomerera, Mukama. Baali balya omutulumbi gw'omu biro bya Musa, era nga bagezaako okugwenyumiririzaamu; so nga Ggwe wali wamala okuwa ekifaananyi, mu ddungu, eky'emmaanu ensu buli kiro, ekyali kitegeeza buli mulembe. Awo we baalemererwa. Yabafuukira obutwa. Okulya emmere eyo eyonoonese, kyabatta.

Ne, mu by'omwoyo, ekola kye kimu ne mu nnaku zino; ebatta, mu mwoyo, okuyita mu bibiina by'amadiini.

Tuyambe, ayi Katonda omwagalwa. Byonna biri mu mikono Gyo kaakano. Mu Linnya lya Yesu Kristo.

Nga tukotese emitwe gyaffe, tugenda kuyimba oluyimba olwo nga bwe mumalirira okusalawo. Omaliridde okugenda yonna?

> Mpulira Omulokozi wange. . . (Era Ye Kigambo.) nga ayita,
> Mpulira. . .

"O, mbuze ebbanga ddene, naye, mazima, kaakano mmuwulira nga Agamba nti, 'Mujje gyendi, mmwe mwenna abawammantira mu kizikiza.'"

. . . mpulira agamba nti . . .

377 "'Weetikke omusaalaba gwo, ongobererenga buli lunaku.' 'Ddala, ne bwe mba nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'okufa, ssiritya kabi konna; okuyitira ddala mu bisiikirize eby'omuddo omulungi, ne ku mabbali ag'amazzi amateefu.'"

Kale gy'Anantwalanga gye . . .

378 "Mukama, ndaba obukyamu bw'enzikiriza y'obusatu eyo. Ndaba nga busigiddwa mu nsi yonna; era gwe muddo ogumeruka buli wamu. Naye yonna gy'Onontwala kaakano, Mukama, nja kuba nga bali ab'omu Bikolwa by'Abatume 19. 'Bwe baawulira Bino, baddamu nate ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo.'"

. . . kugoberera,

"Olugendo ndutambuddeko, Mukama, ekimala okukusembeza."

Kaakano nnaagenda naye buli wamu.

379 Ayi Katonda, nkakasa nti ekyo kiviira ddala mu mutima gwange. Nkakasa nti kiviira ddala mu buli mutima gwa muntu oyo ayimba mu kaseera kano, oba oli awo bangi abanaawulira olutambi luno, nga kati tebaliiwo oba nga tebaluwuliriza essaawa eno. Nsaba tube beetegefu, Mukama, ne bwe tuba tulina kusasula muwendo ki. Kyagambibwa nti, "Okufaananako n'omusajja agenda okulumba eggye eddala, omujaasi, kabaka; asooka n'atuula n'abalirira omuwendo, oba asobola okukikola, asobola okwabulira ebintu by'ensi? Osobola okuwanika, n'oyingira eggye ly'Ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa, okumbire wamu n'abajaasi Be, obuukire wamu n'empungu Ze?" Kituwe, Mukama, mu Linnya lya Yesu.

380 Mukkiriza? Mumusembeza? Kale. Tunaabalaba nate wano, akawungeezi, Mukama nga ayagadde. Mukkiriza nti ago ge Mazima? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kitegeerekeka bulungi? ["Amiina."]

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe Omwana ow'ennaku n'okulumwa;
Lijja kukuwa essanyu era likugumye,
Litwalenga buli . . .

Kati, kwataganako mu ngalo n'oyo akuliraanye.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi, (Essuubi ly'ensi!) essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tugwa ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka . . . (ku olwo, nga Ye Katonda.)
Olugendo lwaffe bwe luliba luwedde.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga ddungi!)
Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Nsuubira nti abaweereza bonna baayanjuddwa, ku makya ga leero.

381 Omuntu nga osabye okumala wiiki yonna, nga yeebuuza kiki, nga olaba Ebyawandiikibwa bino, nga byeragidde ddala mu maaso go. "Era nga zinsanze nze," Pawulo bw'atyo bwe yagamba nti, "bwe ssibuulira Njiri." Ku nkomerero y'olugendo lwe, n'agamba nti, "Sseekeka kubabuulira Kuteesa kwa Katonda kwonna nga bwe kwampebwa."

Nneerabira oluusi okwekkaanya ebintu ebimu, okuwaayo, okuwonga abaana.

Billy yagamba luli, nti jjuuzi, waliwo omusajja eyajja, n'agamba nti, "Mbaddenga nzija wano okumala emyaka ebiri, okuwongayo omwana wange."

382 Billy n'agamba nti, "Ekyo tokitwala bubi. Nze nnina omwana, wa mwaka gumu; naye, naye, tannaba kuwongebwayo. Kale ŋŋenda kulinda bulinzi okutuusa lw'anaakula ekimala ye yennyini nga asobola okwegenderayo, ndowooza."

Kale tukizuula ow'oluganda, mwannyinaze, si bwe kityo—si bwe kityo, mukiraba, Nze . . . Kiri kimu, tusaanye okuwongayo abaana baffe.

383 Tusaanye okubatiza buli omu. Ekidiba weekiri; amazzi gaagano. Bw'oba tonnaba kubatizibwa, kiki ekikuziyiza? Amazzi gaagano. Jangu kati. Tolinda budde kuziba; jangu kati. Waliwo abasajja abayimiridde wano abanaabatiza buli omu eyeenenyezza era akoze okwatula. Ne bw'oba obatiziddwa emirundi egiwera, bajja kukubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi. Mukiraba? Ekyo kye tuli.

384 Naye, mulabeeyo, Obubaka bumba ku mutima. Nga nteekwa okubufulumya. Ekyo kye kigendererwa kyange kyokka, nga sifuddeeyo ku kiki mukyala wange ky'agamba, abaana bange kye bagamba, omusumba wange ky'agamba, oba omuntu yenna ky'agamba. Ekikulu ye Mukama wange. Obwo mba nteekwa okubufulumya. Ekyo kye kigendererwa kyange kyokka.

385 Era kati, emirundi mingi, nneerabira okwanjula abaweereza. Ndowooza oba oli awo kiyinzika . . . muganda waffe,

Ow'oluganda Neville, omusajja ow'omuwendo. N'ab'oluganda abalala abali wano, tusanyuse okuba nammwe.

386 Tekiri nti tetukkiriziganya naawe, ow'oluganda, nti tugenderera okubaawukanako. Bangi ku mmwe abali wano oba oli awo muli babuulizi ba busatu. Tetwagala kubanyiigira. Tubaagala. Ssinga tubadde tetubaagala, ssinga ekyo mba ssikikkiriza, ssandivudde mu kkanisa eno okutuusa nga nfukamidde ku maviivi gange ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, ngolola."

387 Ssaagala mwoyo ogwo omuwaganyavu, ogw'okwefaako nzekka kwetabula na gwange. Njagala omwoyo gwange gubeere mulongoofu era nga mulungi, n'okwagalana kw'ab'oluganda, nga mutukuvu n'Omwoyo Omutukuvu. Kati, omuntu yenna bw'ankola ekikyamu, eyo si nsonga. Newankubadde nga nnandibadde n'eddembe okubeesasuza, ekyo ssikyetaaga mu bulamu bwange. Nedda, nja—njagala kuba na kwagala. Njagala mbeere mwetegefu okugolola nga nnina okwagala, okwagala okwo okugenda okuwa eky'okuddamu nga tutuuse emitala eri.

388 Ssigenderera bugenderezi kwefuula wa njawulo. Oba oli Mumesodisiti, Mubaputisiti, Mukatuliki, Mupulesibeteriyani, kyonna ky'oli, ebintu bino ssibyogera kubaawukanako, oba kubeewaanirako. Bwe nkola bwe ntyo, mba munnanfuusi era mba nsaanidde kubeera wano ku wolutaali, nneegayirire okutuusa lwe mbotola ne nkwaata ku Katonda.

389 Naye mbyogera, lwa kwagala, ate nga nnengera gye mugenda. Kati ate, kino ssikyogera ku lwange, era sseetulinkiriza bwetulinkiriza. Mbawa BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ago ge Mazima. Era mbaagala olw'ebyo byonna. Katonda abawe omukisa.

390 Kati nga bwe tuyimba ekitundu ekirala eky'oluyimba luno, leka tukikole, nga tetunnagenda. Twandyagadde obeere wano akawungeezi, bw'onooba osobodde. Bw'oba tosobodde, Katonda abeere naawe okutuusa lwe tulisisinkana. Tusaba busabi nti Katonda a—akuwe omukisa era akuwe ekisingayo obulungi mu nsi Ye, olaba.

Twalanga Erinnya lya . . .

Abafukeko Amafuta Mu Kiseera Eky'Enkomerero LUG65-0725M
(The Anointed Ones At The End Time)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga Jjulaayi 25, 1965, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org